Obukodyo bw'okusomesa

HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE.

Olusoma luno luli kitundu ku "**Harvestime International Institute,"** ng'enteekateeka egenderera okuyamba abakkiriza okufuna amakungula g'omwoyo agatuukiridde.

Omulamwa omukulu mu kutendekebwa kuno kwe kusomesa ekyo Yesu kyeyasomesa, ekyaleetera abavubi, abawooza n'abalala okufuuka abakristaayo ab'omugaso, abaatambula amawanga n'enjiri nga boolesa amaanyi.

Ekitabo kino ssomo ery'etongodde ku ago agasomesebwa, okuseeseetula abakkiriza okuviira ddala ku kwetaba nga bayita mu busigire, okw'ekubisaamu, okwetegeka n'okwekuɲɲaanya okutuuka ku kiruubirirwa eky'okubuulira enjiri.

© Harvestime international institute

http://www.harvestime.org

EBIRI MU KITABO

Enkozesa y'ekitabo kino…… 3
Ebyandikoleddwa abasomera mu bibinja…… 4

Ennyanjula y'olusoma…… 5

Ebigendererwa by'olusoma…… 6

1. Enyanjula ku Kusomesa…… 7
2. Omusomesa ava ewa Katonda: Ekiruubbirirwa…… 19
3. Omusomesa ava ewa Katonda: Obubaka -Ekitundu 1…… 33
4. Omusomesa ava ewa Katonda: Obubaka -Ekitundu 2…… 40
5. Omusomesa ava ewa Katonda: Enkola -Ekitundu 1…… 62
6. Omusomesa ava ewa Katonda: Enkola -Ekitundu 2…… 76
7. Ebikozesebwa mu kusomesa…… 99
8. Okwekenenya Abawuliriza…… 106
9. Okulaga ebigendererwa…… 125
10. Enteekateeka y'Emisomo…… 134
11. Okwekennenya…… 148
12. Okulonda ensoma…… 156
13. Okusomesa abayizi abatamanyi kusoma na kuwandiika……165
14. Okutendeka Abasomesa……170
15. Enyanjula ku Kubuulira……180
16. Okuteekateeka Okubuulira…… 188

Eby'okuddamu ku bibuuzo by'okwegezaamu…… 205

ENKOZESA Y'EKITABO KINO.

(Ensengeka y'ekitabo)

Buli ssomo lirimu bino:

Ebigendererwa: Bino by'oba osuubira okutuukako oluvannyuma lw'okusoma essuula. Bisomeemu nga tonnatandika ssomo.

Olunnyiriri olukulu: Luno olunnyiriri luba luteeka essira ku kintu ekikulu ekiri mu ssuula, osaana olukwate.

Ebiri mu ssuula: Soma ekitundu weeyambise Bayibuli ojulize ebyo ebitateereddwa mu kitabo kino.

Okwegezaamu: Funa omulimu gw'okwegezaamu oluvannyuma lw'okusoma essuula. Gezaako okuddamu ebibuuzo nga teweeyambisa Bayibuli yo yadde ekitabo kino. Bw'omaliriza okwegezaamu, genda ozuule ebiddibwamu ku ebyo ebikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.

Okweyongerayo okusoma: Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongera okusoma ekigambo kya Katonda, okulongoosa engeri gy'osoma n'okugiisa ebyo by'osomye mu bulamu bwo ne mubuweereza.

Ebigezo ebyakamalirizo: Bwoba nga weetabye mu lusoma luno, waweebwayo ebigezo eby'akamalirizo, era ku nkomerero y'olusoma luno oteekeddwa okubikola byonna bw'omala obikomyewo ku mutendera omulala okusuumuusibwa ku ddaala nga bwe kirina okuba.

EBINTU EBIRALA EBYETAAGIBWA.

Weetaaga Bayibuli eya King James version.

EBYANDIKOLEDDWA ABASOMERA MU BIBINJA.

OLUTUULA OLUSOOKA.

Okuggulawo: Mugguleewo na kusaba olwo mweyanjule. Funa ebyetagisa era owandiike abayizi.

Tegeka ebinaagoberewanga mu kibinja: Funayo anaakubiriza entuula ezo, obudde, ekifo, n'ennaku zokutuulirangako.

Okutendereza n'okusinza: Mwanirize okubeerawo kw'omwoyo omutukuvu mu musomo gwammwe.

Gabira abayizi ebitabo: Banjulire omutwe gw'ekitabo, ensengeka yaakyo n'ebigenderewa by'olusoma nga bwe kiba kirambikiddwa mu miko egisooka mu kitabo.

Tegeka omulimu ogusooka: Abayizi bajja kusoma essuula eziba zibaweereddwa era batwale ebyokwegezaamu nga tebanaddamu kutuula mulundi guddako. Obungi bw'essuula ez'okusoma mu buli lutuula bujja kusinziira ku buwanvu bwazo, ebirmu, n'obusobozi bw'ekibinja kyo.

OLUTUULA OLWOKUBIRI N'EZIDDIRIRA.

Okuggulawo: Musabe, yaniriza era owandiise abayizi abapya bonna era obagabire n'ebitabo. Abaliwo beewandiise. Mweweeyo akaseera k'okutendereza n'okusinza.

Okwejjukanya: Mubufunze bajjukize ku bye mwayigako mu lutuula olwayita.

Essomo: Nnyonyola buli kitundu ekiri mu ssuula, nga weyambisa emitwe egiri mu nnukuta z'ekyapa enkwafu nga bw'olambika. Buuza abalina ebibuuzo oba ensonga yonna ku bisomeseddwa. Giisa ebisomeseddwa mu bulamu bwabwe n'obuwereeza.

Okwegezaamu: Yita mu byokwegezaamu ebyaggwa. (**Weetegereze;** Bw'oba nga toyagala bayizi kulaba biddibwamu biri mu kitabo, empapula kwe biri osobola okuzijjamu mu kitabo).

Okweyongera okusoma: Bino bisobola okukolebwa omuntu kinoomu oba ng'ekibinja.

Ebibuuzo ebyakamalirizo: Bwe kiba ng'ekibinja kyo kiri kitundu ku lusoma luno, era ofuna ebigezo ebyakamalirizo ku lusoma luno lwenyini. Fulumiza buli muyizi omulimu ogugwe era otwale obuvunanyizibwaku bigezo ebyo okutuuka ku nkomerero y'olusoma.

ENNYANJULA Y'OLUSOMA

Omulamwa gw'omusomo guno guli "Obukodyo bw'okusomesa." "Okusomesa" kye kikolwa eky'okuyigiriza omuntu omulala. Okuyigiriza kwa Baibuli kuzingiramu okuwa okumanya n'okulaga engeri y'okussa mu nkola okumanya okwo mu bulamu obw'obuntu n'obuweereza. "Obukodyo" nkola ezikozesebwa okutuukiriza ekiruubirirwa, ekigendererwa. Mu magye, "Obukoyo" buyigiriza abajaasi engeri y'okukozesaamu ebyokulwanyisa byabwe okuba n'enkizo ku mulabe. Bwe kityo bwe kiri ne mu nsi ey'eby'omwoyo. Singa tussa mu nkola ebya Katonda enkola oba "obukodyo", tusobola okuwangula abalabe ab'omwoyo omuli ensi, omubiri ne Sitaani n'amaanyi ge gonna.

Mu "Obukodyo bw'okusomesa" ojja kuyiga engeri y'okukozesaamu ekyokulwanyisa ekinene eky'omwoyo. Ekyokulwanyisa ekyo ky'ekitala eky'Omwoyo nga kye kigambo kya Katonda (Abaefeso 6:17). Ojja kuyiga obukodyo bw'okubuulira n'okuyigiriza Ekigambo kya Katonda n'ekigendererwa eky'okuwangula omulabe. Omusomo guno gukozesa Ekigambo kya Katonda, Baibuli Entukuvu, ng'okubikkulirwa okuyigiriza kwonna kwe kwesigamye. Mu Baibuli, okuyigiriza omusomesa, essomo, n'enkola byonna birina okukwatagana ne Baibuli.

Okusomesa si kubunyisa bubunyisa mawulire oba ngigiriza kyokka. Abayizi balina okukusinkana Katonda, so si kumusomako busomi. Okusomesa kwe kutambuza [okubunyisa] byombi obulamu n'engeri y'obulamu. Obulamu obugenda okuweebwa abayizi bwe bulamu obupya mu Yesu Kristo okuyita mu kuzaalibwa obuggya mu by'omwoyo (Yokaana 3). Obulamu obulina okuweebwa bwe bw'o Bwakabaka bwa Katonda. Abayizi balina okusomesebwa engeri y'okubeera nga "bannansi" mu Bwakabaka buno, nga bayiga enkizo zebalina n'obuvunaanyizibwa bwebalina.

Ebiseera ebisinga, tubadde bamativu okwewola enkola z'ebyenjigiriza ezikoleddwa abantu mu kifo ky'okuyiga n'okussa mu nkola ekyo Ekigambo kya Katonda kye kiraga ku kuyigiriza. Omusomo guno gussa essira ku bubaka bwa Baibuli n'enkola z'okusomesa. Ojja kuyiga n'okussa mu nkola enkola z'omusomesa omukugu, Yesu Kristo. Ojja kutegeera emirimu gya Katonda Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu mu kusomesa.

Okulungamizibwa kuweebwa okwekenneenya abawuliriza, okulaga ebigendererwa, okuteekateeka omusomo, okukozesa enkola ez'enjawulo ez'okusomesa, n'okwekenneenya enjigiriza yo. Enkolagana wakati w'okusomesa n'okubuulira kwekenneenyezebwa era n'ebiragiro ne biweebwa ku kubuulira obubaka bwa Baibuli. Era ojja kuyiga engeri y'okutendeka abalala okuyigiriza n'engeri y'okukyusaamu okuyigiriza kwo okusinziira ku bantu abataasoma [abo abatasobola kusoma oba okuwandiika].

Bw'oba okola emisomo gya Harvestime International Institute mu nsengeka gye giteeseddwa, guno musomo gwakubiri ogw'ensoma oguyitibwa "Okukubisaamu," essomo liraga engeri y'okukubisaamu okubuulira abalala amazima ag'eby'omwoyo g'oyize. Emisomo emirala mu Misomo gino mulimu "Okukulaakulanya endaba y'ensi okusinziira ku Baibuli", "Enkola z'okukubisaamu", ne "Ennono z'Amaanyi".

EBIGENDERERWA BY'OLUSOMA

Bw'omaliriza omusomo guno ojja kuba osobola:

- Okunnyonnyola enjawulo eriwo wakati w'ekifo ky'omusomesa, ekirabo ky'okusomesa, n'ekiragiro eri abakkiriza bonna okuyigiriza.
- Okufunza ekiruubirirwa n'enkola z'omusomesa omukugu, Yesu Kristo.
- Okunyonnyola emirimu gya Katonda Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu mu kusomesa.
- Okukozesa enkola za Baibuli ez'okusomesa.
- Okunnyonnyola omulimu gw'omusomesa.
- Okuwandiika ebisaanyizo bya Baibuli eri abasomesa.
- Okwekenenya abawuliriza.
- Okulaga ebigendererwa by'okusomesa.
- Okusomesa essomo lya Baibuli.
- Okunnyonnyola enkolagana eriwo wakati w'okusomesa n'okubuulira.
- Okubuulira obubaka bwa Baibuli.
- Okukola n'okukozesa ebikozesebwa mu kuwulira n'okulaba.
- Okwekenneenye by'oyigiriza ne by'obuulira.
- Okutendeka abalala okusomesa.
- Okulonda oba okukola ensoma ya Baibuli.
- Okukwataganya enjigiriza yo n'abo abatamanyi kusoma na kuwandiika.

ESSUULA ESOOKA

ENNYANJULA KU KUSOMESA

EBIGENDERERWA:

Bw’omala essuula eno ojja kusobola:

- Okuzuula ekijuliza ky’endagaano empya ekiragirira abakkiriza okuyigiriza.
- Okunnyonnyola ebigambo "kusomesa," "omusomesa,” ne "okusomesa".
- Okunyonnyola lwaki twetaaga abasomesa.
- Okunnyonnyola enjawulo eriwo wakati w’ekifo ky’obukulembeze bw’omusomesa n’ekirabo eky’okwogera eky’okusomesa.
- Okuzuula ani alina okusomesebwa.
- Okulaba ebigendererwa bibiri ebikulu eby’okusomesa.
- Okuwandiika okulabula okuva mu Baibuli okuweebwa abasomesa.

ENNYIRIRI ENKULU:

> **Kale mugende muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu;**
>
> **Mubayigirize okukwata byonna bye nnabalagira: era, laba, ndi nammwe bulijjo, okutuusa enkomerero y’ensi. (Matayo 28:19-20)**

ENNYANJULA

Wali onnyonnyoddeko omuntu omulala ekintu kye yali tamanyi? Oba okulaga omuntu engeri y’okukolamu omulimu? Bwe kiba bwe kityo, wali osomesezaako.

Oyinza okuba nga weebuuza nti, "Lwaki nsoma essomo lino? Lwaki nkola omusomo ku “obukodyo bw'okusomesa?” Mu ssuula eno ojja kuyiga lwaki buli mukkiriza alina okuba omusomesa. Ojja kuyiga kye kitegeeza okusomesa, ebigendererwa ebikulu eby’okusomesa, lwaki abasomesa beetaagibwa, era ani alina okusomesebwa.

Ojja kuyiga enjawulo eriwo wakati w’ekifo ky’obukulembeze bw’omusomesa, ekirabo ky’okusomesa, . n’ekiragiro eky’awamu eri abakkiriza bonna okusomesa. Era ojja kuyiga obuvunaanyizibwa obw’amaanyi obw’okusomesa ng’oyiga okulabula okw’enjawulo okuva mu Baibuli.

OKULAGIRWA OKUSOMESA

Okuva ku ntandikwa y'ebyafaayo bya Baibuli, Katonda yalagira abantu be okuyigiriza Ekigambo kye:

> **Era ebigambo bino bye nkulagira leero, binaabeera mu mutima gwo:**
>
> **Era olibiyigiriza n'obunyiikivu eri abaana bo, n'obyogerako bw'otuula mu nnyumba yo, era bw'otambula mu kkubo era bw'ogalamira, ne bw'ogolokoka. (Ekyamateeka 6:6-7)**

Okuyigiriza Ekigambo kya Katonda bwali buvunaanyizibwa bwa buli mukkiriza mu biseera by'Endagaano Enkadde.

Oluvannyuma lw'okufa kwe n'okuzuukira kwe era nga tannadda mu Ggulu, Yesu Kristo yawa abagoberezi be ebimu ku biragiro ebikulu:

> **Kale mugende muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu;**
>
> **Mubayigirize okukwata byonna bye nnabalagira: era, laba, ndi nammwe bulijjo, okutuusa enkomerero y'ensi. (Matayo 28:19-20)**

Buli mugoberezi wa Yesu yalina okuyigiriza "amawanga gonna". Baali ba kukulembera abantu mu kwenenya era okubatizibwa mu Kristo n'oluvannyuma ne beeyongera okubayigiriza mu "bintu byonna" Yesu bye yali abayigirizza.

Abo bonna abaweereza Mukama balina okuba nga basobola okusomea abalala:

> **Era omuddu wa Mukama alina okuba...asaanira okuyigiriza...(2 Timoseewo 2:24)**

Abakkiriza bonna abakuze mu mwoyo balina okwenyigira mu kuyigiriza abalala. Pawulo yatereeza abakkiriza abamu kubanga baali tebakuze mu by'omwoyo era nga tebasobola kuyigiriza;

> **Newaakubadde nga kakaano mwandibadde musobola okuyigiriza abalala, kyetaaga okuddamu okubayigiriza, ebintu ebya bulijjo eby'amazima ebikwata ku kigambo kya Katonda. Mwetaaga mata so si mmere enkalubo ey'abakulu. (Abaebbulaniya 5:12)**

Abakkiriza bano baali tebakuze mu by'omwoyo okusobola okuyigiriza abalala. Baali bakyali bo bennyini mu bwetaavu bw'okuyigiriza okusookerwako [amata g'Ekigambo]. Buli mukkiriza alina okuyigiriza. Eno y'ensonga lwaki omulaka gw'okuyigiriza gukwata ku Bakristaayo bonna.

ENNYONNYOLA Y'OKUSOMESA

Ekigambo "okusomesa" kitegeeza okuyigiriza, okulaga, okwolesa, okutegeeza, okugaba okumanya, okutendeka n'okulungamya emisomo gy'omulala. "Omusomesa" y'oyo asomesa. "Okusomesa" kye kikolwa eky'okulagira n'okutendeka abalala.

LWAKI TWETAAGA ABASOMESA?

Okuyigiriza n'okubuulira abakkiriza abatuufu ze nkola Katonda z'alonze okutuuka ku mawanga n'Enjiri. Soma emboozi y'omulaawe [omukulembeze] Omuwesiyopiya mu Bikolwa 8:2640. Omusajja ono yali mu kifo ekituufu eky'omwoyo. Yali mu Yerusaalemi awali yeekaalu ennene ey'okusinzizaamu (Ebikolwa 8:27). Yaliwo olw'ekigendererwa ekituufu. Yali azze kusinza (Ebikolwa 8:27). Yali asoma ekitabo ekituufu. Yali asoma ekitundu ku kigambo kya Katonda mu Isaaya 53:7 (Ebikolwa 8:30). Naye yali akyetaaga omuntu amuyamba okutegeera. Yali yeetaaga omusomesa. Katonda yatuma Firipo amulagirire. Omulaawe yakkiriza Enjiri era n'abatizibwa mu mazzi.

Awatali basomesa, abantu abatalokolebwa balinga endiga ezitaliiko musumba. Tebategeere ekkubo ki lyebalina kukwta

> **Era Yesu, bwe yafuluma, n'alaba abantu bangi, n'akwatibwako okubasaasira, kubanga baali ng'endiga ezitalina musumba; n'atandika okubayigiriza ebintu bingi. (Makko 6:34)**

N'abakkiriza balina ebizibu nga tebayigiriziddwa bulungi. Katonda yagamba nti...

> **Abantu bange bazikirizibwa olw'obutaba na kumanya...(Koseya 4:6)**

EBIGENDERERWA EBIKULU

Waliwo ebigendererwa bibiri ebikulu eby'okubuulira n'okuyigiriza mu Baibuli: Okubuulira enjiri n'okufuuka abayigirizwa. Katonda akozesa abakkiriza abali mu Kkanisa ye okutuukiriza ebigendererwa bino.

Ekkanisa kibiina kya bantu abawulidde era ne baddamu omulanga gwa Katonda era nga bali bumu olw'okukkiriza mu Yesu Kristo. Kikolebwa abakkiriza bonna abatuufu abenenya okuva mu kibi era nga bakkiriza Yesu ng'Omulokozi.

Ekkanisa y'omu kitundu kibiina kya bakkiriza abategese mu kitundu ekimu okutuukiriza ebigendererwa bya Katonda mu kitundu ekyo. Buli Kkanisa ey'omu kitundu, kitundu ku mubiri gw'Endagaano Empya oguyitibwa "Omubiri gwa Kristo". "Omubiri gwa Kristo" ye Kkanisa ekoleddwa abakkiriza bonna emyaka n'ebiseera mu bitundu by'ensi byonna.

Ekkanisa eyitibwa "Omubiri gwa Kristo" kubanga y'engeri Katonda gy'ayitamu okutuukiriza ebigendererwa bye mu nsi leero. Yesu ye mutwe gw'Ekkanisa. Abakkiriza gwe mubiri gwe, abatuukiriza ebigendererwa bya Katonda mu nsi.

Ekigendererwa kya Katonda ekikulu mu nsi ekyogerwako mu kitabo ky'Abaefeso:

> **...Okusinziira ku kusiima kwe okulungi kwe yateesa mu Ye kennyini: Nti mu kiseera ky'ebiseera ebijjuvu Asobole okukuŋŋaana ebintu byonna mu Kristo...(Abaefeso 1:9-10)**
>
> **Mu ye tulina okununulibwa olw'omusaayi gwe, okusonyiyibwa ebibi, okusinziira ku bugagga bw'ekisa kye. (Abaefeso 1:7)**

Ekigendererwa kya Katonda buli muntu aleetebwe mu nkolagana ey'obuntu naye yennyini okuyita mu Yesu. Enkola ye ey'okutuukiriza ekigendererwa kino kwe kukozesa Ekkanisa:

> **Ku kigendererwa nti kaakano eri abaami n'obuyinza mu bifo eby'omu ggulu; kiyinza okumanyibwa Ekkanisa amagezi ga Katonda ag'enjawulo, Okusinziira ku kigendererwa ekitaggwaawo kye yagenderera mu Kristo Yesu waffe Mukama... (Abaefeso 3:10-11)**

Buli mukkiriza alina okugabana Enjiri ya Yesu Kristo n'okukulembera abalala mu nkolagana entuufu ne Katonda. Kino kiyitibwa "okubuulira enjiri".

Naye ddamu osome olunyiriri olukulu olw'essomo lino:

> **Kale mugende muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu;**
>
> **Mubayigirize okukwata byonna bye nnabalagira: era, laba, ndi nammwe bulijjo, okutuusa enkomerero y'ensi. (Matayo 28:19-20)**

Oluvannyuma lw'okukkiriza obubaka bw'Enjiri, abakkiriza abapya balina okuyigirizibwa "ebintu byonna" Yesu bye yalagira. Balina okuyiga engeri y'okubeera mu Bwakabaka bwa Katonda obupya kati bwe bali ekitundu. Ekika kino eky'okuyigiriza kiyitibwa "obuyigirizwa". Okubuulira enjiri n'okufuuka abayigirizwa bye bigendererwa ebikulu eby'Okuyigiriza n'okubuulira mu Baibuli.

TUSOMESA ANI?

Tusomesa ebibinja by'abantu bibiri ebikulu:

AMAWANGA GONNA:

Tulina okuyigiriza abatakkiriza. Buli muntu mu buli ggwanga alina okuwulira Enjiri. Tutuukiriza kino nga tuyita mu kuyigiriza n'okubuulira Ekigambo kya Katonda:

> **Kale mugende muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu. (Matayo 28:19)**

ABASAJJA ABEESIGWA:

Era tulina okuyigiriza abasajja n'abakazi "abeesigwa" abafuuka abakkiriza mu Yesu...

> **Mubayigirize okukwata byonna bye nnabalagira: era, laba, ndi nammwe bulijjo, okutuusa enkomerero y'ensi. (Matayo 28:20)**

Abantu bano balina okugenda mu maaso n'enkola eno nga bayigiriza abalala:

> **N'ebyo by'owuliddeko mu bajulirwa abangi, biyigirizenga abasajja abeesigwa, abalisobola n'okuyigiriza abalala. (2 Timoseewo 2:2)**

Buli muntu asomesebwa alina okuyigiriza abalala nabo abasobola okuyigiriza. Eno y'enkola y'okugenda mu maaso okuyigiriza okwekubisaamu amangu okubunyisa Enjiri mu nsi yonna:

Oyo ayigirizibwa mu Kigambo abuulire oyo ayigiriza mu byonna ebintu ebirungi. (Abaggalatiya 6:6)

EBIKA BY'ABASOMESA

Mu nsi mulimu abasomesa ba bika bingi. Mu masomero g'olukale mulimu abasomesa ku buli ku mutendera, okuva mu buto okutuuka mu myaka gy'a Matendekero aggawagulu. Ku buli mulimu waliwo abasomesa abasobola okusomesa abalala okukola omulimu oba obuweereza obwo obw'enjawulo. Naye bwe twogera ku basomesa mu kkoosi eno, tetwogera ku basomesa mu nkola y'ebyenjigiriza ey'ensi. Twogera ku basomesa Katonda beyateeka mu Kkanisa n'omulimu gw'okuyigiriza ogw'abakkiriza.

Wayiga dda nti abakkiriza bonna balina okuyigiriza abalala Enjiri n'okuyigiriza abakkiriza abapya [obuyigirizwa]. Ng'oggyeeko omulimu guno ogw'awamu ogw'okuyigiriza, Katonda awa abakkiriza abamu ebirabo eby'enjawulo eby'okuyigiriza:

Era Katonda yateeka abamu mu kkanisa, okusooka abatume, ne bannabbi; ekyokusatu abasomesa...(1 Abakkolinso 12:28)

Era yawa abamu...abasomesa... (Abaefeso 4:11)

Waliwo obusobozi bungi obw'enjawulo Katonda bw'awa obuyitibwa"ebirabo eby'omwoyo". Obusobozi buno busobozesa abakkiriza okutuukiriza ebigendererwa bya Katonda mu buweereza. Waliwo ebirabo bibiri eby'omwoyo eby'okusomesa. Waliwo ekifo ky'obukulembeze eky'omusomesa n'ekirabo eky'okwogera eky'okusomesa. Abalina ebirabo bino balina obusobozi obw'enjawulo obw'okubunyisa ekigambo kya Katonda obulungi mu ngeri nti abalala bayiga era ne bassa mu nkola ebyo ebisomesebwa. Obusobozi bwabwe obw'okusomesa busukka ku ekyo buli omukkiriza bweyandibadde nabwo olw'okubuulira enjiri n'okufuuka abayigirizwa. Baafukibwako amafuta era bawulira "okuyitibwa" oba okukubiriza okuyigiriza n'okubuulira Ekigambo kya Katonda.

Katonda ateeka abamu ku basomesa bano mu bifo by'obukulembeze okulung'amya ensonga z'ekkanisa. Ebikolwa by'Abatume 13:1-4 eraga ekifo ky'obukulembeze mu kusomesa. Abalala naddala Katonda yabafukako amafuta okuyigiriza, naye tebalina bifo bya bukulembeze mu Kkanisa. Basomesa busomesa, tebalung'amya nsonga z'akkanisa.

Si buli muntu nti alina ekifo ky'obukulembeze bw'okusomesa. Si buli muntu nti alina ekirabo eky'omwoyo eky'okusomesa. Pawulo yawandiika nti:

Bonna batume? Bonna bannabbi? Bonna basomesa? (1 Abakkolinso 12:29)

Eky'okuddamu mu bibuuzo bino kiri nti "Nedda". Si buli muntu nti alina ebirabo bino eby'omwoyo. Omubiri gwa Kristo gufaananako n'omubiri gw'omuntu. Buli muntu alina ekifo eky'enjawulo nga buli mmemba w'omubiri alina omulimu ogw'enjawulo:

Kubanga nga bwe tulina ebitundu bingi mu mubiri gumu, n'ebitundu byonna tebirina mulimu gw'egumu:

Kale ffe, nga tuli bangi, tuli mubiri gumu mu Kristo, era buli muntu alina kitundu ku mubiri ogwo:

Olwo nga tulina ebirabo ebyawukana okusinziira ku kisa ekituweebwa...oba abaweereza mu buweereza bwaffe...oyo ayigiriza, mu kuyigiriza. (Abaruumi 12:4-7)

Kikulu okuzuula ekirabo kyo eky'omwoyo kubanga Omubiri gwonna bwe guba gukola bulungi nga buli muntu ali mu kifo kye, ebigendererwa bya Katonda bituukirira:

Okuva ku ye omubiri gwonna ne gukwatagana bulungi era ne gunywezebwa olw'ekyo buli kiyungo gye kigabira, okusinziira ku kukola obulungi mu kipimo kya buli kitundu, kikula omubiri ne guzimbibwa mu kwagala. (Abaefeso 4:16)

Naye jjukira: Ne bw'oba tolina birabo bino eby'enjawulo eby'okuyigiriza, Katonda ayise bonna abakkiriza okuyigiriza Enjiri eri amawanga gonna mu kubuulira enjiri n'okutendeka abakkiriza abapya mu nkola y'okufuuka abayigirizwa.

TUSOMESA KI?

Ekigambo kya Katonda bwe buyinza enjigiriza zonna eza Baibuli kwe zeesigamiziddwa. Okubikkulirwa kwonna okw'Ekigambo kya Katonda kiteekwa okuyigirizibwa. Bw'oyigiriza Ekigambo kya Katonda tolina kumala kuyigiriza njigiriza zonna oba amawulire ag'enfubo. Olina okubuulira obulamu n'embala y'obulamu obwo. Obuulira obulamu bwa Yesu era n'oleeta abantu bonna mu kussa ekimu naye. Osomesa obulamu bw'Obwakabaka bwa Katonda abakkiriza abapya mwe bafuuka ekitundu. Ebitabo ebirala n'ebikozesebwa biyinza okukozesebwa mu kuyigiriza, naye bulijjo balina okukwatagana n'Ekigambo kya Katonda.

Gyebujjako mu musomo guno ojja kuyiga mu bujjuvu ebirimu mu njigiriza ya Baibuli nga bw'oyiga Yesu bye yayigiriza n'abakulembeze b'Ekkanisa abaasooka bye baagenda mu maaso n'okuyigiriza oluvannyuma lwa Yesu kuddayo Eggulu.

EBIGAMBO EBY'OKULABULA

Waliwo okulabula kwa Baibuli kwa mirundi essatu Katonda kw'awa ku kuyigiriza:

OKUSOMESA KUTEEKEDDWA OKWESIGAMISIBWA KU KIGAMBO KYA KATONDA, SSI KU NJIGIRIZA Z'ABANTU:

Okusinza kwabwe tekuliimu nsa: Kubanga bayigiriza bulombolombo bwabwe. (Makko 7:7)

Okuyigiriza amateeka g'omuntu, ebiragiro, n'enjigiriza "tebiliimu nsa." Kino kitegeeza nti tebasobola kutuukiriza kigendererwa kirungi kyonna. Enjigiriza ya Baibuli tesinziira ku magezi g'omuntu:

Ebyo nabyo tubyogera, so si mu kigambo amagezi g'omuntu kye gayigiriza; naye Omwoyo Omutukuvu by'ayigiriza; okugeraageranya ebintu eby'omwoyo ne eby'omwoyo. (1 Abakkolinso 2:13)

Amagezi ga Katonda gatuukiriza ebigendererwa bye mu bulamu bw'abo abayigirizibwa:

...Kristo mu ggwe, essuubi ery'ekitiibwa;

Oyo gwe tubuulira, nga tulabula buli muntu, era nga tuyigiriza buli muntu mu magezi gonna; tulyoke tuleete buli muntu atuukiridde mu Kristo Yesu. (Abakkolosaayi 1:27-28)

ABASOMESA BATEEKEDDWA OKUBEERA EKYO KYE BOSOMESA:

Kale ggwe ayigiriza omulala, toyigiriza ggwe kennyini? Ggwe oyo obuulira omuntu obutabba, ggwe obba? Ggwe agamba nti omuntu tayenda, ggwe okola obwenzi? Ggwe akyawa ebifaananyi, okola ssaddaaka? (Abaruumi 2:21-22) (Laba ne Matayo 5:19)

Abasomesa balina okubeera ebyo bye basomesa kubanga bajja kusalirwa omusango okusinziira ku bye basomeseza:

Baganda bange, abayigiriza tebasaanye kubeera bangi mu mmwe, kubanga mukimanyi nga ffe tulisalirwa omusango omunene okusinga ku balala. (Yakobo 3:1)

Abasomesa balina okuba n'okumanya okuva mu bumanyirivu bw'eKigambo kya Katonda. Kino kitegeeza nti balina okutegeera okuyita mu bumanyirivu so si kumanya bumanya bya mutwe mwokka ku ebyo bye basomesa. Pawulo ayogera ku abo aba…

Okwagala okubeera abasomesa b'amateeka; tebategeera wadde bye boogera, wadde ekyo kye bakakasa. (1 Timoseewo 1:7)

Okutegeera kujja lwa bumanyirivu n'okusa Ekigambo kya Katonda mu nkola mu bulamu bwo.

WAJJA KUBAAWO ABASOMESA AB'OBULIMBA:

Naye ne mu bantu mwalimu bannabbi ab'obulimba, nga bwe wanaabaawo abasomesa ab'obulimba mu mmwe, abaleeta obujeemu, n'okuvumirira, era nga beegaana Mukama eyabagula, ne baleeta ku bo bennyini okuyonoona. (2 Peetero 2:1)

Abamu ku basomesa bano ab'obulimba bajja kusikiriza abantu bangi kubanga boogera abantu bye baagala okuwulira:

Kubanga ekiseera kijja kujja nga tebagumiikiriza kuyigiriza kulungi; naye oluvannyuma okwegomba kwabwe balyekuŋŋaanyiza abasomesa, abalina amatu agasiiwa. Era balikyusa amatu gaabwe okuva ku mazima ne bakyukira enfumo. (2 Timoseewo 4:3-4)

Abasomesa bangi ab'obulimba bajja kuba n'ekigendererwa ekikyamu. Bagenda kusomesa okufunamu ssente:

Abalina okuziyizibwa emimwa gyabwe, kubanga boonona buli maka, nga bayigiriza ebintu ebitabagwanidde, balyoke beefunire amagaoba ag'obukuusa. (Tito 1:11)

Tolina kukkiriza njigiriza z'abasomesa ab'obulimba:

Naye newankubadde nga ffe, oba malayika okuva mu Ggulu, tubabuulira Enjiri endala yonna okuggyako eyo gye twababuulira, akolimirwe:

Nga bwe twagambye emabegako, bwentyo bwe ŋŋamba kati nate, singa wabaawo omuntu yenna abuulira Enjiri endala yonna gy'oli okusinga ekyo kye mwafuna, akolimirwe. (Abaggalatiya 1:8-9)

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika ennyiriri enkulu ng'ozijja mu mutwe gwo.

   ……
   ……
   ……..

2. Wandiika ekijuliza ky'e ndagaano empya ekiragira abakkiriza okuyigiriza.

   ……
   ……
   ……..

3. Nnyonnyola ebigambo bino:

Kusomesa:……
……

Omusomesa:……
……..

Okusomesa:……
……

4. Lwaki twetaaga abasomesa?

   ……
   ……
   ……

5. Nnyonnyola enjawulo eriwo wakati w'ekifo ky'obukulembeze bw'omusomesa n'ekirabo ky'okusomesa.

   ……
   ……
   .

6. Ekigambo kino kituufu oba kya bulimba? "Abakkiriza bonna tebalina kirabo oba kifo kya bukulembeze kyakusomesa, naye abakkiriza bonna balina okuyigiriza." Ekigambo kino ki……
   .

7. Ffe tulina okuyigiriza baani?

   ……
   ……
   ……

8. Ebigendererwa ki ebikulu ebibiri eby'okuyigiriza kwa Baibuli?

   ……
   ……

9. Wandiika okulabula kwa Baibuli okw'ebika ebisatu okukwata ku kusomesa okuteesebwako mu ssomo lino.

   ……
   ……
   ……

(Eby'okuddamu mu kwekebera biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. 2 Peetero essuula 2 n'ekitabo kya Yuda biraga ezimu ku mbeera z'omuntu kwe tusobola okutegeera abasomesa ab'obulimba.

2. Bw'oba tomanyi kirabo kya mwoyo Katonda ky'akuwadde, funa essomo lya Harvestime International Institute, "Obuweereza bw'Omwoyo Omutukuvu." Kijja kukuyamba okuzuula ekirabo kyo eky'omwoyo.

3. Omusomo gwa Harvestime International Institute, "Obubuulira Enjiri ng'ekizimbulukusa," gunnyonnyola engeri okubuulira enjiri mu ngeri y'okuzaala mu mwoyo, ng'ekizimbulukusa bwekibuna mu mugaati

4. Omusomo gwa Harvestime International Institute ogutuumiddwa "Enkola z'okukubisaamu."Gulaga mu bujjuvu engeri y'okuyigiriza abakkiriza abapya.

5. Soma ebyokulabirako bino wammanga eby'abasomesa mu ndagaano empya. Olowooza ani yandiba nga yalina ekifo ky'obukulembeze eky'omusomesa? Ani yandibadde n'ekyokwogera ng'ekirabo ky'okusomesa?

   -Apolosi: Ebikolwa 18:24-25

   -Akula ne Pulisikira: Ebikolwa 18:26

   -Pawulo: Ebikolwa 20:20-21, 27, 21:28

   -Tamanyiddwa: Ebikolwa 13:1

   -Peetero: Ebikolwa 5:28-29

6. Mu ssomo lino, oyize nti okuva ku ntandikwa y'ebyafaayo bya Baibuli Katonda yalagira abantu okuyigiriza Ekigambo kye. Weeyongere okusoma kwo ku ssomo lya "okusomesa" mu ndagaano enkadde ng'osoma ebijuliza bino wammanga mu Baibuli yo:

   Ekyamateeka 4:9,10,14; 6:9,20, 5:31; 11:19, 17:11, 20:18, 24:8, 31:19, 33:10

   Okuva 4:12, 15, 18:20, 24:12, 35:34

   Eby'Abaleevi 10:11, 14:57

   Zabbuli 119:99

   Engero 9:9, 16:23

   Mikka 3:11

2 Ebyomumirembe 17:7

Ezera 7:10

Abalamuzi 3:2, 13:8

1 Samwiri 12:23

2 Samwiri 1:18

1 Bassekabaka 8:36

2 Bassekabaka 17:27

7. Bino bye bimu ku bintu Katonda by'ayagala okutuyigiriza:

Zabbuli 18:34, 25:4-12, 27:11, 32:8, 34:11, 45:4, 51:13, 71:17, 86:11, 90:12, 94:10, 12

105:22, 119:12, 68, 99, 102, 104, 124, 135, 171, 143:10, 14, 2 Samwiri 22:3, Isaaya 2:3 28:9, 26, 48:17

1 Ebyomumirembe 25:7, Mikka 4:2

8. Soma ennyiriri zino ku kulagirwa:

Zabbuli 2:10

Engero 5:13; 1:2-8; 4:1,13; 6:23; 8:10,33 nga; 9:9; 10:17; 12:1; 13:1; 15:33; 19:20,27 19:20,27;

21:11; 23:12 ,23; 24:32

Isaaya 8:11

Lukka 1:4

Abaruumi 2:18

Abafiripi 4:12

2 Timoseewo 3:16

9. Waliwo ebivaamu eby'amaanyi olw'okugaana okuyigirizibwa kwa Katonda. Soma ennyiriri zino wammanga:

Engero 1:7, 5:12, 13,23, 13:18, 15:5,32, 16:22

Yeremiya 17:23, 32:33

Zabbuli 50:17

ESSUULA EY'OKUBIRI

OMUSOMESA AVA EWA KATONDA: EKIGENDERERWA

EBIGENDERERWA:

Bwomaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okunnyonnyola emirimu gya Katonda Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu mu kusomesa.
- Okulaga Yesu Kristo ng'omusomesa asinga obukulu, ekyokulabirako bonna kye balina okugoberera.
- Okuzuula engeri z'obuntu ezirina okweyoleka mu bulamu bw'omusomesa.
- Okunnyonnyola ekigendererwa kya Yesu ng'omusomesa eyava eri Katonda.
- Okufunza wa, ddi, era ani Yesu gwe yayigiriza.
- Okuwa ekijuliza kya Baibuli ekikakasa nti tusindikiddwa Yesu nga naye bweyali atumiddwa Katonda.
- Okuzuula ekigendererwa kyo ng'omusomesa ava eri Katonda.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Oyo yajja eri Yesu ekiro, n'amugamba nti Labbi, tukimanyi oli musomesa eyava eri Katonda: kubanga tewali muntu ayinza kukola byamagero bino ggwe by'okola, okuggyako Katonda ng'ali wamu naye. (Yokaana 3:2)

ENNYANJULA

Mu ssuula eno ojja kuyiga emirimu gya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu mu nsomesa ya Baibuli. Ojja kuyiga ebikwata ku bubaka bwa Yesu, "omusomesa ava eri Katonda". Ojja kuzuula ekigendererwa eky'obwakatonda eky'obutume bwo ng'omusomesa.

ABABAKA BA KATONDA MU KUSOMESA

Enjigiriza ya Baibuli eweebwa amaanyi abakozi ab'obwakatonda. Kino kitegeeza nti waliwo amaanyi ag'omwoyo emabega w'okuyigiriza ng'okwo. Si njigiriza ya muntu. Abakozi ab'obwakatonda ab'enjigiriza ya Baibuli be Katonda Kitaffe, Omwana Yesu Kristo, n'Omwoyo Omutukuvu.

KATONDA TAATA:

Wayize mu ssuula esembyeyo nti Katonda y'ateeka abakkiriza mu Kkanisa n'ebirabo by'omwoyo

ekirabo ne ofiisi y'okuyigiriza (Abaefeso 4:11). Mu kuyigiriza kwa Baibuli essomo erisomesebwa ly'erye'Ekigambo kya Katonda. Kino ojja kwongera okukimanya mu ssuula eddako ng'osoma obubaka bw'omusomesa obuva eri Katonda.

Katonda Kitaffe ye yatuma Yesu Kristo ku nsi okutuyigiriza ebimukwatako n'okuwa obulokozi eri abantu bonna:

> **Kubanga Katonda yayagala nnyo ensi, n'awaayo Omwana we omu yekka, nti buli amukkiriza talizikirizibwa, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo:**
>
> **Kubanga Katonda teyatuma Mwana we mu nsi okusalira ensi omusango; naye nti ensi okuyita mu Ye eyinza okulokolebwa. (Yokaana 3:16-17)**

YESU KRISTO:

Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, ye musomesa w'eby'omwoyo asinga obukulu mu biseera byonna. Yesu yasindikibwa Katonda kitaffe ku nsi:

> **Oyo yajja eri Yesu ekiro, n'amugamba nti Labbi, tukimanyi nti oli musomesa eyava eri Katonda: kubanga tewali muntu ayinza kukola byamagero bino ggwe by'okola, okuggyako Katonda ng'ali wamu naye. (Yokaana 3:2)**

Okuva Yesu bwe yasindikibwa ku nsi ng'omusomesa akiikirira Katonda, ye kyokulabirako eri buli musomesa wa Baibuli kyalina okugoberera. Yesu y'oyo asindika abakkiriza mu nsi ng'abasomesa:

> **Nga Kitange bwe yantuma, nange bwe ntyo mbatuma. (Yokaana 20:21)**
>
> **Awo Yesu n'ajja n'ayogera nabo nti, "Amaanyi gonna gampeereddwa mu." Mu ggulu ne ku nsi:**
>
> **Kale mugende muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu;**
>
> **Mubayigirize okukwata byonna bye nnabalagira: era, laba, ndi nammwe bulijjo, okutuusa enkomerero y'ensi. (Matayo 28:18-20)**

OMWOYO OMUTUKUVU:

Yesu bwe yakomawo mu Ggulu oluvannyuma lw'okufa kwe n'okuzuukira kwe, Omwoyo Omutukuvu yasindikibwa Katonda okubeera omusomesa mu bakkiriza. Omwoyo Omutukuvu abeera munda mu mwoyo gwo era akuyigiriza ebintu byonna ebya Katonda:

> **Naye Omubudaabuda, nga ye Mwoyo Omutukuvu, Kitaffe gw'alisindika mu linnya lyange, Alibayigiriza byonna, n'okubajukiza byonna bye mbagambye. (Yokaana 14:26)**

Emirimu emirala egy'Omwoyo Omutukuvu mu kusomesa gibikkuliddwa mu bitundu bino wammanga. Omu

Omwoyo Omutukuvu:

1. Awa okuyigiriza mu "bintu byonna" Yesu bye yayigiriza (Yokaana 14:26).
2. Akuyamba okujjukira by'oyiga (Yokaana 14:26).
3. Akulungamya mu mazima gonna (Yokaana 16:13).
4. Alangirira [alangirira] ebigenda okubaawo mu biseera eby'omu maaso mu nteekateeka ya Katonda (Yokaana 16:13).
5. Abikkula "ebintu ebizito" bya Katonda (1 Abakkolinso 2:10).
6. Ge magezi agali emabega w'okuyigiriza kwa Baibuli (1 Abakkolinso 2:13).
7. Akuyigiriza ky'olina okwogera mu mbeera ez'obuzibu (Lukka 12:12).
8. Akufukako amafuta okuyigiriza n'okuweereza (Lukka 4:18, 1 Yokaana 2:27).
9. Akusobozesa okusabira abayizi (Abaruumi 8:26).

Omwoyo Omutukuvu era akola mu bulamu bw'abo b'oyigiriza:

1. Nga bw'oyigiriza, Omwoyo Omutukuvu ge maanyi ag'omwoyo agasingisa aboonoonyi omusango era abaleetera okwanukula obubaka bw'Enjiri (Yokaana 16:7-11).
2. Omwoyo Omutukuvu ababikkulira Mukama waffe Yesu Kristo (Yokaana 16:14).
3. Omwoyo Omutukuvu abakulembera mu "kuzaalibwa omulundi ogw'okubiri" (Yokaana 3:5, 6, 8).
4. Ajja kubakulembera mu bulamu mu Mwoyo mu kifo ky'omubiri (Abaggalatiya5:16).
5. Ajja kujulira mu mitima gyabwe amazima agali mu kigambo kya Katonda (Ebikolwa 5:29-32).

OMUSOMESA OMUKULU

Yesu kye kyokulabirako abasomesa Abakristaayo kye balina okugoberera. Ye kyokulabirako mu kuyigiriza kwa Baibuli. Olw'ensonga eno, kikulu okuyiga byonna by'osobola ebimukwatako ng'omusomesa. Ka tusooke tulabe engeri mu bulamu bwa Yesu ezirina okweyoleka mu bulamu bw'abasomesa Abakristaayo:

EKIBAALA KY'OMWOYO OMUTUKUVU:

"Ekibala" ky'Omwoyo Omutukuvu kyali kyeyolekera mu bulamu bwa Yesu. "Ekibala" eky'omwoyo kitegeeza embala ennungi Omwoyo Omutukuvu z'ayagala okukulaakulanya mu bulamu bw'abakkiriza bonna:

...Ekibala ky'Omwoyo kwe kwagala, essanyu, emirembe, okugumiikiriza, obukkakkamu, obulungi, okukkiriza:

Obuwombeefu, okwefuga; awali ebyo tewali tteeka libiwakanya. (Abaggalatiya 5:22-23)

Soma ebitabo bya Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana era weetegereze buli mbala ku zino gye zaali zeeyolekera mu bulamu bwa Yesu. Buli musomesa w'Ekigambo kya Katonda ajjudde Omwoyo naye alina okuba n'embala zino ze zimu. Ebibala eby'omwoyo, so si birabo, bye bigezo ebya nnamaddala eby'obuweereza:

Abantu bonna ne beewuunya ne bagamba nti Ono si mutabani wa Dawudi? (Matayo 12:23)

ENDOWOOZA ZA YESU:

Ng'oggyeeko ebibala eby'omwoyo, Yesu era yali kyakulabirako eky'endowooza entuufu ezisaanidde okweyoleka mu bulamu bw'abasomesa b'Ekigambo kya Katonda. Ebyawandiikibwa bino wammanga biraga endowooza zino:

-Yesu yasaasira nnyo abantu n'ebyetaago byabwe: Matayo 15:32, Makko 1:32-35, 8:2-3, Lukka 10:54-56, 19:41

-Okusaasira kuno kwamuleetera okwegayiririra abo be yayigiriza: Matayo 11:21-24, 23:37-39

-Kino kyavaamu okweraliikirira emirimu gya Kitaffe: Lukka 2:49, 4:43, Yokaana 4:34, 9:4

-Yesu yalina endowooza etali ya kusalira musango abo be yayigiriza: (Makko 2:17, Yokaana 8:111).

Yakkiriza abantu we baali n'oluvannyuma n'abatuusa ku ddaala ly'okukkiriza we balina okubeera.

Teyavumirira Tomasi bwe yali abuusabuusa (Yokaana 20:24-29). Teyavumirira mufuzi oyo

eyalaba nga kyetaagisa Yesu ajje ewuwe okusabira muwala we (Matayo 9:18-26) newankubadde nga kyali kyalagibwa dda kino tekyetaagisa (Matayo 8:5-13).

Wadde nga Yesu teyavumirira, yali takkiriza kibi. Kino kitegeeza nti teyayingira mu ngeri yonna okukisiima oba okukibuusa amaaso: Matayo 11:21-24, 15:3-9, 12:12-13, Makko 10:17, Lukka 5:31-32, 19:45-46

-Yesu yalaga okwesiga Katonda olw'ebitasoboka: Makko 10:17, 11:22-24, Lukka 18:27

Yalaga obuvumu n'obuyinza mu kuyigiriza kwe: Matayo 21:2327, Makko 8:38, 11:24, 33, Lukka 5:24

-Ekisinga obukulu, yalina endowooza y'omuweereza eri abo be yaweereza: Matayo 20:25-28, 23:2-12, Makko 10:42-45, Lukka 22:25-27

EKIGENDERERWA KY'OMUKULU

Bwe twogera ku "kigendererwa" kya Yesu, twogera ku bino wammanga:

- Lwaki Yesu yayigiriza?
- Ddi era wa gye yayigiriza?
- Gweyayigiriza?
- Byeyayigiriza?
- Engeri gye yayigirizaamu?

Ka twekenneenye ensonga lwaki Yesu yayigiriza, ddi, wa, era ani. Essuula eziddako zijja kussa essira ku bubaka [ki] n'enkola [engeri] y'obutume bwe.

LWAKI YASOMESA:

Yesu yayigiriza kubanga Katonda yamulagira okukikola. Obubaka [ensonga oba ekigendererwa] kya Yesu efunzibbwa mu Byawandiikibwa bino wammanga:

> **Temulowooza nti nzize kuzikiriza mateeka oba bannabbi; Nze size kuzikiriza, naye okutuukiriza. (Matayo 5:17)**
>
> **Sajja kuyita batuukirivu, wabula aboonoonyi okwenenya. (Matayo 9:13)**
>
> **Temulowooza nti nzize kuleeta mirembe ku nsi: size kuleeta mirembe, naye ekitala. (Matayo 10:34)**

(Yesu yali ategeeza nti obubaka bwe bwandireese enjawukana; abamu bandibukkirizza ate abalala ne batakkiriza.)

> **Situmiddwa wabula eri endiga ezaabula ez'ennyumba ya Isiraeri. (Matayo 15:24)**
>
> **Kubanga Omwana w'Omuntu azze okulokola ekyo eky'abula. (Matayo 18:11) (Laba ne Lukka 19:10)**
>
> **Sajja kuyita batuukirivu, wabula aboonoonyi okwenenya. (Makko 2:17)**
>
> **Tugende mu bibuga ebiriraanyewo, nange ndyoke mbuulire; kubanga y'ensonga lwaki najja. (Makko 1:38)**
>
> **Kubanga Omwana w'omuntu tazze kuzikiriza bulamu bwa bantu, wabula okubalokola…(Lukka 9:56)**
>
> **N'abagamba nti Bw'atyo bwe kyawandiikibwa, era bwe kityo bwe kyagwanidde Kristo okubonaabona.n'okuzuukira mu bafu ku lunaku olw'okusatu;**

Era nti okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi bisaana okubuulirwa mu linnya lye mu mawanga gonna, okutandika ne Yerusaalemi. Era mmwe muli bajulirwa ku bintu ebyo. (Lukka 24:46-48)

Yesu n'abagamba nti, "Emmere yange kwe kukola by'ayagala oyo eyantuma, n'okumaliriza omulimu gwe. (Yokaana 4:34)

Kubanga nava mu Ggulu si kukola bye njagala, wabula by'ayagala oyo eyansindika. (Yokaana 6:38)

...Kino kye nnazaalibwa, era olw'ensonga eno najja mu nsi, nti nze alina okuwa obujulirwa ku mazima... (Yokaana 18:37)

Nzize ekitangaala eri ensi, buli anzikiriza alyoke temubeera mu kizikiza. (Yokaana 12:46)

Nze mbategeeza ebyo kitange bye yandaga... (Yokaana 8:38)

...Nzize balyoke bafune obulamu, n'okuba nabwo mu bujjuvu. (Yokaana 10:10)

DDI ERA WA WEYASOMESEZA:

Yesu yayigiriza ku lunaku lwa Ssabbiiti:

Ne bagenda e Kaperunawumu; era amangu ago ku lunaku lwa Ssabbiiti nayayingira mu kkuŋŋaaniro, nabayigiriza. (Makko 1:21) (Laba ne Lukka 4:31, 6:6, 13:10).

Yesu yayigiriza buli lunaku nti:

Era yayigirizanga buli lunaku mu yeekaalu... (Lukka 19:47)

Yasomesa mu bibuga ne mu byalo:

Tugende mu bibuga ebiriraanyewo, nange ndyoke mbuulire; kubanga y'ensonga lwaki najja. (Makko 1:38)

Yesu n'atambula mu bibuga byonna n'ebyalo byonna ng'ayigiriza… (Matayo 9:35) (Laba ne Matayo 11:1, Makko 1:38, 6:6, Lukka 13:22).

Yasomesa mu bifo eby'okusinza eddiini:

Yesu n'atambula mu Ggaliraaya yonna ng'ayigiriza mu makuŋŋaaniro gaabwe... (Matayo 4:23) (Laba ne Matayo 13:54, Makko 1:21, 6:2, Lukka 4:15, 6:6, 13:10, Yokaana 6:59, 18:20).

Awo bwe yayingira mu yeekaalu, bakabona abakulu n'abakadde b'abantu ne bajja gy'ali nga bw'ayigiriza... (Matayo 21:23) (Laba ne Matayo 26:55; Makko 12:35; 14:49; Lukka 19:47; 20:21; 21:37; Yokaana 7:14, 28; 8:2, 20).

Yasomesa wonna ne buli wamu:

> **N'afuluma nate ku lubalama lw'ennyanja; ekibiina kyonna ne kiddukira gy'ali, era nabayigiriza. (Makko 2:13) (Laba ne Makko 4:1 10:1, Lukka 5:3)**

B'ANI BEYASOMESA:

Yesu yayigiriza enkuyanja y'abantu:

> **Era bwe yalaba ebibiina, n'alinnya ku lusozi... N'ayasamya akamwa ke n'abayigiriza ng'agamba nti... (Matayo 5:1-2)**

(Laba ekitundu "Okweyongera Okusoma" mu ssuula eno okumanya ebirala ebikwata ku buweereza bwa Yesu eri abantu abangi).

Yesu yayigiriza abantu ssekinnoomu:

Laba Yokaana 3 ne 4 n'ekitundu "Okwongera Okusoma" mu ssuula eno okumanya ebikwata ku buweereza bwa Yesu eri abantu ssekinnoomu.

Yesu yayigiriza abasajja n'abakazi mu mitendera gyonna egy'abantu:

-Yayigiriza abagagga: Makko 10:17-22

-Yayigiriza abaavu: Lukka 4:18

Yasomesa emitendera gyonna egy'abantu: Omukazi Omusamaliya yali wa kikula kya wansi (Yokaana 4).

Nikodemo yali mufuzi era nga yali mu kibiina eky'oku ntikko (Yokaana 3).

-Yayigiriza abo ab'ekika kye:

> **Situmibbwa wabula eri endiga ezibula ez'ennyumba ya Isiraeri. (Matayo 15:24)**
>
> **...nga bayigiriza mu Bayudaaya wonna, okutandika okuva e Ggaliraaya okutuuka mu kifo kino.**
>
> **(Lukka 23:5)**

-Yasomesa abo ab'amawanga amalala. Laba Yokaana 4 Yesu gye yayigiriza omukazi Omusamaliya.

-Yasomesa abakulembeze b'eddiini:

> **Awo olwatuuka ku lunaku lumu, bwe yali ng'ayigiriza, ne wabaawo Abafalisaayo n'abannyonnyozi b'amateeka nga batudde awo, abaava mu buli kibuga eky'e Ggaliraaya ne Buyudaaya ne Yerusaalemi; n'amaanyi ga Mukama gaali naye okubawonya. (Lukka 5:17)**

-Yasomesa emyaka gyonna: Yayigiriza abafuzi abato (Makko 10:17-22) n'omusajja eyali alinze Emyaka 38 olw'ekyamagero (Yokaana 5:1-16).

-Obubaka bwe obw'okusomesa bwali eri ensi yonna, abantu okuva mu buli buwangwa, ekika, n'olulimi:

> **N'abagamba nti Nteekwa okubuulira Obwakabaka bwa Katonda mu bibuga ebirala era: kubanga kyenva ntumiddwa. (Lukka 4:43)**

Yesu yawa abayigirizwa be enjigiriza ey'enjawulo:

> **N'abayigiriza ku bintu bingi mu ngero, n'abagamba mu kuyigiriza kwe nti. (Makko 4:2)**

> **Awo Yesu n'asindika ekibiina, n'ayingira mu nnyumba: abayigirizwa ne bajja gy'ali nga bagamba nti Tubuulire olugero lw'engaano ey'omunsiko eyali mu nnimiro. (Matayo 13:36)**

Yesu yayigiriza abayigirizwa be eby'enjawulo kubanga be baali abasajja be yali atendeka obukulembeze mu Kkanisa.

Oluusi Yesu yagattanga ebibinja n'abiyigirizanga wamu: Laba Lukka 15:1-17:11.

"NANGE BWE NTYO MBATUMA".

Yesu yayogera ekigambo ekikulu ekikwata ku bagoberezi be ekikwata ku bakkiriza bonna ab'amazima.

Yagambye nti...

> **Nga Kitange bwe yantuma, nange bwe ntyo mbatuma. (Yokaana 20:21)**

Kino kitegeeza nti abakkiriza basindikibwa mu nsi n'obutume bwe bumu ne Yesu. Okufaananako Yesu, naffe bwe tuli basomesa "Abava eri Katonda". Tusobola okufunza mu bufunze obutume bwaffe mu kusomesa nga tuyita mu kyogerebwa kino: Nga Kitaffe bwe yatuma Yesu, naffe twatumibwa okutuukiriza ebigendererwa ebifaanagana. Ebigendererwa bye, bye bigendererwa byaffe. Nga bwe tulina ekiruubirirwa ky'ekimu ne Yesu, tusaanidde okugoberera ekyokulabirako kye mu ki, wa, ne ddi lwe tuyigiriza. Omulimu gwaffe eri abantu bonna, wonna, essaawa yonna. Era tulina okukkiriza Katonda okukulaakulanya engeri ez'omwoyo mu bulamu bwaffe ng'ezo eza Yesu. Weekenneenye essomo lino erikwata ku bigendererwa bya Yesu. Nga bw'okola, jjukira nti osindikibwa mu nsi ebuze ng'olina ekigendererwa ekifaananako bwekityo.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

   ……
   ……
   ……..

2. Katonda Kitaffe akola mulimu ki mu kusomesa?

   ……
   ……
   ……

3. Yesu Kristo akola mulimu ki mu kusomesa?

   ……
   ……
   ……

4. Mirimu ki egy'Omwoyo Omutukuvu mu kusomesa?

   ……
   ……
   ……..

5. Jjuza mu mabanga agalekeddwawo n'ebigambo ebituufu.

   ……..yali musomesa omukugu, ekyokulabirako bonna kye balina okugoberera.

6. Laga ezimu ku ngeri ennungi ez'obuntu ezirina okukulaakulanyizibwa mu bulamu bw'omusomesa.

   ……
   ……
   ……..

7. Funza ekigendererwa kya Yesu ng'omusomesa ava eri Katonda.

   ……
   ……
   ……..

8. Wandiika mu bufunze ku buli emu ku nsonga zino wammanga. Mu buweereza bwe ku nsi...

Yesu yayigiriza wa?

……

Yesu yayigiriza ddi?

……

Yesu yayigiriza ani?

……

9. Kiki ekijuliziddwa mu Baibuli ekikakasa nti twatuma Yesu nga bwe yali ku Katonda?

   ……..

10. Mu bufunze, maliriza ekigendererwa kyo ng'omusomesa ava eri Katonda.

    ……
    ……
    ……

(Eby'okuddamu ku bibuuzo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma bino wammanga okwongera okusoma ku buweereza bwa Yesu eri abantu abangi:

   Matayo: 5:1-2 7:28-29; 8:1-2 [omuntu kinnoomu wakati mu bungi] 8:16-17,34, 9:1-8,36-38, 11:7, 13:1-9, 14:13-23, 15:30-39, 17:14, 19:2, 20:29-34, 21:8-11, 22:23, 26:47

   Makko: 1:33-35, 45, 2:1-5,7-15, 20-21, 32-35, 4:1-36, 5:14-17, 21-43, 6:2-5,33-46,55-56, 7:24,3137, 8:19; 9:1427, 1427, 10:1, 46-52, 10:1,4652; 11:8-10, 14:43-52, 15:8

   Lukka: 2:45-52, 4:16-30, 40-44, 5:1, 15-16,18-26, 6:17-7:1, 7:11-18; 8:1,37,40, 56, 9:12- 12, 18,37, 12:1; 13:11-17; 18:35-43; 19:1-10,36-40; 22:47; 23:1

   Yokaana: 2:1-11, 4:39-42, 5:1,13; 6:5-15,22, 7:40, 8:1-9, 12:9, 12-13

2. Soma bino wammanga okwongera okusoma ku buweereza bwa Yesu eri abantu ssekinnoomu: Matayo: Essuula 8 (omugenge, omuweereza, nnyazaala wa Peetero, omuwandiisi); Essuula 9 (omusajja omulwadde w'okusannyalala, omukazi omulwadde, omwana); 12:9-13 (omusajja alina omukono ogwakala); 12:22 (omusajja eyaliko emuzimu); 15:21-28 (omukazi alina muwala wa dayimooni); 17:17-18 (omusajja n'omwana omulenzi alina dayimooni); 19:16-22 (omuvubuka omugagga); 22:34-40 (munnamateeka); 26:6-13 (omukazi ow'amafuta).

   Makko: 1:23-26 (omusajja mu kkuŋŋaaniro ng'alina omwoyo omubi), 1:40-45 (omugenge), 5:1-20 (Ekibinja ky'emizimu), 8:22-26 (omuzibe w'amaaso), 10:46-52 (Bartimayo omuzibe w'amaaso).

   Lukka: 7:11-17 (omufu); 8:2 (Maliya Magudaleene); 9:57-62 (abantu ssekinnoomu abandibadde abayigirizwa); 10:25-37 (munnamateeka); 10:38-42 (Maliza); 12:13-15 (ow'oluganda afaayo ku obusika); 13:10-17 (omukazi alina omwoyo ogw'obunafu); 13:23-30 (abuuza ebibuuzo atamanyikiddwa) 14:1-6 (omusajja alina obulwadde bw'amazzi); 19:1-10 (Zakaayo).

   Yokaana: 1:47-51 (Nasanyeeri); Essuula 3 (Nikodemo); 4:4-42 (Omukazi Omusamaliya), 5:1-16 (omulema e Bethesda), 8:1-11 (omukazi eyakwatibwa mu bwenzi); Essuula 9 (omusajja omuzibe w'amaaso okuva okuzaalibwa) Essuula 11 (Laazaalo, Maliza), 13:1-10; 21:15-25 (Peetero); 19:25-27 (Maama we), 20:11-18 (Maliya), 20:24-29 (Tomasi).

3. Yesu ayitibwa "omusomesa" emirundi 48 mu Njiri. Funa era ossaako akabonero ku biwandiiko bino ebijuliziddwa mu Baibuli.

4. Harvestime International Institute erina omusomo ogutuumiddwa "Obuweereza Bw'Omwoyo Mutukuvu." oguwa okuyigiriza okulala ku bukulu bw'Omwoyo Omutukuvu mu bulamu n'obuweereza.

5. Wayiga mu ssomo lino engeri Yesu gye yayigirizaamu ekiseera kyonna ne mu kifo kyonna. Kino kyaddiridde ennono zaa Katonda ez'Endagaano Enkadde ezaweebwa mu Ekyamateeka 6:6-7. Soma ekitundu kino mu Baibuli yo.

6. Soma ekipande kino wammanga ekyongera ku kutegeera kwaffe ku babaka ab'obwakatonda abali emabega w'enjigiriza ya Baibuli:

Embala y'okubikkulirwa

1 Abakkolinso 2:9-13

Eriiso bye litalabangako, n'okutu bye kutawulirangako	Obubaka obwo tebusinziira ku
N'omutima gw'omuntu kye gutalowoozangako Katonda	bu manyirivu bw'amuntu.
Byeyategekera abo abamwagala.	
Naye ffe Katonda yabitubikkulira mu Mwoyo, kubanga	Obukulu bw'omwoyo mu
Omwoyo anoonyereza ebintu byonna n'ebyomunda	kusomesa.
Ennyo ebya Katonda. Kubanga muntu ki ategeera	
Eby'omuntu omulala okuggyako omwoyo w'omuntu	
Oyo ali mu ffe? Noolwekyo ebintu bya Katonda tewali	
Abimanyi okuggyako Omwoyo wa Katonda.	
Era kaakano tetwafuna tetwafuna mwoyo wa ku nsi,	Obukulu bw'okubikkulirwa.
Wabula omwoyo eyava eri Katonda, tulyoke tumanye	
Ebintu katonda bye yatuwa obuwa.	
Era ne mu bigambo bye twogera so si mu kuyigirizibwa	Okubikkulirwa kuweebwa
Okw'amagezi g'abantu, naye mu bigambo Omwoyo	mu bigambo ebisomesebwa
By'ayigiriza, ebintu eby'omwoyo nga bikwatagana	Omwoyo Mutukuvu.
n'ebyomwoyo.	

1 Abakkolinso 2:1 -4:7

Ekitundu kyaffe:	**Ekitundu kya Katonda:**
tetujja na kwogera kwa maanyi oba amagezi,	
tuggumiza Kristo n'omusaalaba gwe	
tetwesigama ku magezi g'omuntu, wabula ku.	Okwolesebwa kwa
	amaanyi g'Omwoyo.
Eri abakkiriza abakuze mu twogera amagezi ag'omwoyo.	Ekyo ekibikkuddwa
	Katonda
	-Omwoyo abikkula ebintu
	Byonna ebitamanyiddwa muntu yenna
	-Agabana amazima ga Katonda
	Ag'ebuziba.
	-Ye yekka y'ategeera...
	ebirowoozo bya Katonda
	-Awa okumanya ku
	kisa kya Katonda
Amazima gano ag'omwoyo tugategeeza mu bigambo. . .	Nti Omwoyo ayigiriza
Tugasiima.	Nga tuyita mu kutegeera okw'omwoyo
Tulina ebirowoozo bya Kristo	
Tuli baweereza bokka.	Mukama gw'alina
	atuwadde omulimu
Abamu ku ffe tusimba, abamu bafukirira.	Naye Katonda y'awa okukula
Tetulina kyetuli ku lwaffe, bw'otugeraageranya ne	Katonda agaba enkula
Abo abasimba n'okufukirira bali kimu mu kigendererwa	Naye buli omu afuna eyiye

empeera okusinziira ku kukola kwe

Ekitundu kyaffe: **Ekitundu kya Katonda:**

Tuli bakozi wamu ne Katonda; muli nnimiro ye, ennyumba ye… Okusinziira ku mulimu gwa Katonda

Ye muzimbi eyassaawo omusingi (Kristo),

ate omulala n'aguzimbako.

buli omu alina okwegendereza engeri gy'aguzimbako . . . . . Olunaku lw'omusango lujja kugezesa
no muliro omulimu gwa buli muntu; Bwe
omulimu gwe we gu beerera
afuna empeera ye

Tuli yeekaalu ya Katonda . . . . . Omwoyo mwabeera olubeerera.

Amagezi g'ensi busirusiru eri Katonda; tetusobola

okwenyumiriza mu bantu naye buli kimu [eky'omwoyo] kyammwe

mu Kristo, mu Katonda tuli baweereza ba Kristo era abawanika

ku mazima ga Katonda, abalina okulaga nti tugwanidde okwesiga. Omulamuzi waffe yekka ye Katonda

Ye kennyini anaabikkula
ebigendererwa eby'ekyama gy'emitima
atuwe ekitugwanira.
Byonna bye tulina kirabo okuva eri
Katonda ekituggyako
okwenyumiriza.

ESSUULA EY'OKUSATU

OMUSOMESA AVA EWA KATONDA: OBUBAKA -EKITUNDU 1

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okufunza obubaka obukulu obwayigirizibwa Yesu Kristo.
- Okuwa ekijulizakya Baibuli ekifunza ebintu ebikulu eby'obubaka bw'Enjiri.
- Okukimanya nti abakkiriza balina okuyigiriza obubaka bwe bumu Yesu bwe yayigiriza.
- Okukiimanya nti okusomesa n'okubuulira kulina okuwerekerwako okwolesebwa kw'Amaanyi ga Katonda.
- Okuzuula nti Baibuli gwe musingi gw'okuyigiriza ku Bwakabaka bwa Katonda.

ENNYIRIRI ENKULU:

Era bwe mugenda, mubuulire nga mugamba nti Obwakabaka obw'omu Ggulu busembedde.

Muwonye abalwadde, mulongoose abagenge, muzuukize abafu, mugobe badayimooni: muweereddwa buwa nammwe muwenga buwa. (Matayo 10:7-8)

ENNYANJULA

Mu ssuula esembyeyo, oyize ku bubaka bwa Yesu obw'okuyigiriza nga kati buvunaanyizibwa bwa abakkiriza. Osomye engeri z'obulamu bwe ezirina okweyoleka mu bulamu bwo ng'omusomesa. Wayiga lwaki, ddi, wa era ani Yesu be yayigiriza. Mu ssuula eno n'eddako ojja kuyiga ebyo Yesu bye yayigiriza. Yesu teyalina bulamu bwe bwonna okutendeka abayigirizwa be. Yalina emyaka mitono nnyo, n'olwekyo okuyigiriza kwe yakussa ku bintu ebikulu ennyo. Ebirimu mu bubaka bwe lyelyandibadde essira ly'olina okussaako mu bubaka bwo obw'okusomesa.

OBUBAKA OBUKULU

Obubaka obukulu obwa Yesu busobola okufunzibwa mu sentensi emu: Yayigiriza ebintu byonna ebikwata ku bwakabaka bwa Katonda.

Abantu bonna babeera mu bwakabaka obw'obutonde obw'ensi eno. Babeera mu kibuga oba ekyalo ekibeera ekitundu ku eggwanga. Eggwanga eryo bwakabaka bwa nsi. Ng'oggyeeko obwakabaka obw'obutonde obw'ensi eno, waliwo obwakabaka bubiri obw'omwoyo. Buli muntu aba mutuuze mu bumu ku bwakabaka buno obubiri:

Obwakabaka bwa Sitaani oba Obwakabaka bwa Katonda. Abatakkiriza kitundu kya Bwakabaka bwa Sitaani. Sitaani yafuga obulamu bwabwe. Balina obulamu obutatya Katonda, obugwenyufu, obw'omubiri, obw'ekibi. Abo abeenenyeza ekibi ne bakkiriza Yesu ng'Omulokozi waabwe, kitundu kya Bwakabaka bwa Katonda. Katonda ye Kabaka waabwe era y'afuga obulamu bwabwe.

Enjiri y'Obwakabaka bwa Katonda kye kyali ekigendererwa ekikulu eky'obulamu bwa Kristo. Yatandika obuweereza obw'okunsi ng'alangirira okutuuka kw'Obwakabaka:

> **Okuva mu kiseera ekyo Yesu n'atandika okubuulira, n'okugamba nti, Mwenenye: obwakabaka bwe Ggulu buli kumpi. (Matayo 4:17)**

Yakomekkereza obuweereza bwe obw'oku nsi ng'ayogera ku "bintu ebikwata ku Bwakabaka":

> **Bwe yamala okubonyabonyezebwa ne yeeraga mu bo nga mulamu, mu bubonero bungi, ng'abalabikira ebbanga ly'ennaku amakumi ana, ng'ayogera eby'obwakabaka bwa Katonda (Ebikolwa 1:3)**

Wakati w'entandikwa n'enkomerero y'obuweereza bwe obw'oku nsi, Obwakabaka bwa Katonda bwe bwasinga okutunuulirwa mu kusomesa kwe. Yagamba nti:

> **Nteekwa okubuulira Obwakabaka bwa Katonda ne mu bibuga ebirala; kubanga y'ensonga lwaki natumibwa. (Lukka 4:43)**

Engero za Yesu zaali zisinga kukwata ku Bwakabaka. Ebyamagero bye byali biraga okwolesebwa kw'Obwakabaka bwa Katonda. Yesu yayigiriza abantu engeri y'okuyingira mu Bwakabaka okuyita mu kuzaalibwa omulundi ogw'okubiri (Yokaana 3). Kuno kwe kubuulira enjiri. Yesu era yayigiriza abantu engeri y'okubeera ekitundu ku bwakabaka bwa Katonda nga tukulaakulanya obulamu obw'Obwakabaka. (Okugeza, soma Matayo 5-7). Kino kiyitibwa obuyigirizwa.

Olw'obukulu bw'ensonga ekwata ku Bwakabaka bwa Katonda, Harvestime International Institute ewa omusomo ogutuumiddwa "Okubeera mu Bwakabaka." Bwoba tonnasoma musomo guno kikugwanira ogufune. Mulimu enjigiriza enzijuvu ku Njiri y'Obwakabaka.

Omusomo omulala ogusomesebwa Harvestime International Institute, "Emisingi gy'okukkiriza", guwa okuyigiriza ku mazima agasookerwako ["emisingi" egy'omwoyo] Obwakabaka kwe buzimbiddwa.

Bw'oba okola emisomo gya Harvestime mu nsengeka gye giteeseddwa, omazze okusoma emisomo gino n'okutegeera engeri y'okuyingira n'okubeera ekitundu ky'Obwakabaka bwa Katonda. Buno bwe bubaka bw'olina okubuulira n'okuyigiriza abalala.

EBINTU EBIKULU MU NJIRI

Waliwo olunyiriri mu Ndagaano Empya efunza obubaka bw'Enjiri obukulu:

Era ab'oluganda, mbabuulira Enjiri gye nabuulira mmwe, era gye mwafuna, era gye muyimiriddemu;

Era gye mulokokeramu, bwe muginywererako, naye bwe kitaba bwe kityo muba mwakkiririzza bwereere:

Kubanga nasooka kubawa bye nnafuna, bwe ntyo Kristo yafiirira ebibi byaffe ng'ebyawandiikibwa bwe bigamba;

Era nti yaziikibwa, era nti yazuukira ku lunaku olwokusatu okusinziira ku Ebyawandiikibwa. (1 Abakkolinso 15:1-4)

Ebintu ebikulu ebiri mu bubaka bw'Enjiri bye bino nti Yesu yafiirira ebibi byaffe okusinziira ku byawandiikibwa, Yaziikibwa, n'azuukira okusinziira ku Byawandiikibwa. Bw'oba obuulira oba oyigiriza Enjiri y'Obwakabaka, obubaka bwo bulina okubeeramu ensonga zino enkulu. Yesu ly'essira ly'obubaka bw'Enjiri. Enjigiriza ya Baibuli bulijjo erina okukwata ku kubuulira enjiri [engeri y'okuyingira mu Bwakabaka bwa Katonda] oba obuyigirizwa [engeri y'okubeera mu Bwakabaka bwa Katonda].

EKIGAMBO KYA KATONDA

Yesu yayigiriza obubaka bwa Katonda obw'amazima:

...Musomesa, tukimanyi nti oli wa mazima, era oyigiriza ekkubo lya Katonda mu mazima... (Matayo 22:16)

Yayigiriza enjigiriza:

Era n'ayigiriza ebintu bingi mu ngero n'abayigiriza ng'agamba... (Makko 4:2)

Ojja kuyiga nga bw'osoma enkola za Yesu ez'okuyigiriza nti yakozesa Ebyawandiikibwa eby'Endagaano Enkadde buli kaseera. Enjigiriza ya Baibuli erina okuzingiramu okubikkulirwa kwonna okw'Ekigambo kya Katonda, nga bwe guli omusingi ogw'okuyigiriza ekituyigiriza engeri y'okubeera mu Bwakabaka bwa Katonda:

Ebyawandiikibwa byonna biweebwa okuluŋŋamizibwa Katonda era biba bya mugaso eri enjigiriza, okunenya, okutereezebwa, okuyigirizibwa mu butuukirivu;

Omuntu wa Katonda alyoke abeere omutuukirivu, ng'alina byonna ebyeetagibwa okukola buli mulimu omulungi. (2 Timoseewo 3:16-17)

OKULAGIRWA ERI ABAKKIRIZA

Abakkiriza balagirwa Yesu okuyigiriza n'okubuulira obubaka bwe bumu: Enjiri y'Obwakabaka bwa Katonda. Yesu yagamba abagoberezi be nti:

Era bwe mugenda, mubuulire nga mugamba nti Obwakabaka obw'omu Ggulu busembedde.

Muwonye abalwadde, mulongoose abagenge, muzuukize abafu, mugobe badayimooni: muweereddwa buwa nammwe muwenga buwa. (Matayo 10:7-8)

N'abagamba nti Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri buli kitonde. (Makko 16:15)

Bulijjo enjigiriza ya Yesu yalimu okussa essira ku kubisaamu. Abo abaafuuka ekitundu ku bwakabaka bwa Katonda balina obuvunaanyizibwa obw'okuzaala n'okuleeta abalala mu Bwakabaka. Eno y'engeri Obwakabaka gye bwandiyongedde okukula n'okubuna ensi yonna. Abapya abakyuse bwakabaka balina okufuuka abayigirizwa. Omuyigirizwa ye muyizi w'omusomesa ayiga n'ateeka mu nkola by'ayiga. Abayigirizwa balina okufuuka abatume. Omutume y'oyo asindikiddwa n'obubaka obw'enjawulo ng'akiikirira oyo aba amusindise.

Olw'okuba muweereddwa buwa Enjiri okuva eri Yesu, olina okugigabana ku bwereere n'abalala. Engeri eno efunziddwa Omutume Paulo:

N'ebyo by'owuliddeko mu bajulirwa abangi, biyigirizenga abantu abeesigwa, abalisobola okuyigiriza abalala. (2 Timoseewo 2:2)

Kikulu okuba omwesigwa eri omulimu gw'okubunyisa Enjiri y'Obwakabaka kubanga bwe munaamaliriza omulimu ogwo, obwakabaka obw'ensi bujja kuggwaawo:

Era Enjiri eno ey'Obwakabaka ejja kubuulirwa mu nsi yonna okubeera obujulirwa eri amawanga gonna; awo enkomerero erijja. (Matayo 24:14)

OKWOLESA AMAANYI

Obubaka bw'Obwakabaka bwa Katonda si bwa kubeera bubaka bwa bigambo byokka. Erina okuwerekerwako amaanyi g'Obwakabaka. Yesu yagamba nti:

Omwoyo wa Mukama ali ku nze, kubanga yanfukako amafuta okubuulira Enjiri eri abaavu, Antumye okuwonya abamenyese emitima, okubuulira okununulibwa eri abawambe, n'okuddamu okulaba eri abazibe b'amaaso, okuteekebwa mu ddembe abo abafumitiddwa. (Lukka 4:18)

Obwakabaka bwa Katonda bwayolesebwa nga Yesu bwe yayigiriza:

Yesu n'atambula mu Ggaliraaya yonna ng'ayigiriza mu makuŋŋaaniro gaabwe, ng'abuulira Enjiri y'Obwakabaka, n'okuwonya endwadde eza buli ngeri mu bantu. (Matayo 4:23)

Noolwekyo oyo amenya etteeka erisembayo obutono, n'ayigiriza n'abalala okukola bwe batyo, y'alisembayo mu bwakabaka obw'omu Ggulu. (Matayo 5:19)

Yesu bwe yalagira abagoberezi be okubunyisa Enjiri y’Obwakabaka, yabagamba nti...

> **Muwonye abalwadde, mulongoose abagenge, muzuukize abafu, mugobe badayimooni: muweereddwa buwa nammwe muwenga buwa. (Matayo 10:8)**

Obubaka bw’Obwakabaka bwa Katonda bulina okuwerekerwako okwolesebwa kw’amaanyi ekikyusa obulamu bw’abantu. Olw’obukulu bw’essomo lino, Harvestime International Institute ewa omusomo ogutuumiddwa "Ennono z’amaanyi". "Obukodyo bw'okusomesa" bw'oyiga mu kkoosi eno bulina okugattibwa wamu n’okwolesebwa kw’amaanyi, n’olwekyo kikulu okusoma n’okussa mu nkola ennono ezisomesebwa mu misomo gyombi.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika ennyiriri enkulu okuva mu mutwe gwo.

   ……
   ……
   ……

2. Bubaka ki obukulu Yesu Kristo bwe yayigiriza?

   ……
   ……
   ……

3. Mpa ekijuliza kya Baibuli ekifunza ebintu ebikulu eby'obubaka bw'Enjiri.

   ……
   ……
   ……

4. Ekigambo kino kituufu oba kikyamu: Abakkiriza balina okuyigiriza n'okubuulira obubaka bwe bumu Yesu bwe yasomesa

   Ekigambo kye……..

5. Okusomesa n'okubuulira Enjiri kulina okuwerekerwako okwolesebwa kwa…….

6. Kitabo ki ekikulu eky'okuyigiriza ekisomesa ku Bwakabaka bwa Katonda?

   ……
   ……
   ……

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Funa omusomo gwa Harvestime International Institute ogutuumiddwa "Okubeera mu Bwakabaka" okwongera okusoma ku Bwakabaka obw’omwoyo Yesu bwe yayigiriza.
2. “Emisingi gy’okukkiriza" ssomo lya Harvestime International Institute erinnyonnyola amazima amakulu ku Njiri y’Obwakabaka bwa Katonda. Kikulu olifune.
3. Funa omusomo gwa Harvestime International Institute, "Ennono z'Amaanyi,” okusoma ebisingawo ku ngeri y’okwolesa amaanyi

ESSUULA EY'OKUNA

OMUSOMESA AVA EWA KATONDA: OBUBAKA -EKITUNDU 2

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okweyongera okusoma obubaka obwasomesebwa Yesu.
- Okukozesa essomo lino okugabana enjigiriza za Yesu Kristo n'abalala.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Kale buno bwe bubaka bwe twawulira okuva gy'ali, era bwe tubabuulira; nti Katonda musana, era mu Ye temuli kizikiza n'akatono. (1 Yokaana 1:5)

ENNYANJULA

Obubaka bwa Yesu obw'awamu bwali Njiri y'Obwakabaka. Naye biki ebyalimu mu bubaka Yesu bweyasomesa

ENGERI Y'OKUSOMA YESU BYEYASOMESA

1. Funa Bayibuli ey'ennukuta emmyufu. Eno ye Bayibuli erimu byonna Yesu bye yayogera ebikubiddwa mu langi emmyufu. Osobola okusoma enjigiriza ze mu bujjuvu ng'osoma byonna ebikubiddwa mu langi emmyufu mu bitabo bya Matayo, Makko, Lukka, Yokaana n'Ebikolwa by'Abatume essuula esooka. (Bw'oba tosobola kufuna Bayibuli ng'eyo, kozesa Baibuli eya bulijjo era osaze ku buli kimu Yesu kye yayogera.)
2. Soma Ebikolwa by'Abatume n'Ebbaluwa [Abaruumi okuyita mu Yuda] mu Ndagaano Empya. Okwetegereza abakkiriza bano bye baayigiriza nga batuukiriza omulimu gw'okuyigiriza ogwabaweebwa Yesu.
3. Kozesa ensengeka eno wammanga okusoma n'okuyigiriza Yesu bye yayigiriza.

OKUSOMESA EBYO YESU BYE YASOMA

Enteekateeka eno eraga ebiwandiiko ebikwata ku nsonga zonna Yesu ze yayigiriza mu kiseera ky'obuweereza bwe ku nsi. Enjigiriza zikuŋŋaanyiziddwa mu bibinja okusinziira ku nsonga ez'awamu.

Waliwo ebitabo bina ebikulu mu Baibuli ebiwandiika enjigiriza za Yesu. Bino bye bitabo bya Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana. Emirundi mingi enjigiriza emu eya Yesu eddibwamu mu bitabo byonna ebina. Ebijuliziddwa mu ssuula eno bitegekeddwa okugatta emboozi zino ezifaanagana.

Enteekateeka eno ejja kukuyamba okuyigiriza amazima amakulu Yesu ge yayigiriza. Ejja kuzimba okugabana obubaka bw'Enjiri Ye n'amawanga g'ensi.

Weetegereze: Olw'enkola y'okujuliza mu ssuula eno, temuliimu "Kwegezaamu" oba "Okweyongera okusoma."

OBWA KATONDA

KATONDA KITAFFE:

Matayo 11:27, 19:17, 26, 22:32, 23:9

Makko 12:26-27, 29, 10:18, 27

Lukka 10:22, 18:19, 27, 20:37-38

Yokaana 4:24, 5:17, 37, 6:46, 10:29, 14:28,31, 14:28,31, 15:8

OMWANA, YESU KRISTO:

Obutonde obw'obwakatonda:

Matayo 9:5-6, 10:32-33, 11:4-6, 27, 12:6, 41-42, 16:13,15,17,27, 16:13, 15, 17, 27, 21:42, 22:42-45, 23:10, 26:53, 64, 26:53,64, 27:11, 28:18

Makko 2:9-11, 28, 8:27,29, 12:10-11, 35-37, 14:62, 15:2

Lukka 5:23-24, 6:5, 7:22-23, 9:18,20, 10:22, 11:20, 31-32, 11:20, 31-32, 19:40, 20:17-18, 41-44, 22:69-70, 23:3

Yokaana 1:51, 3:13, 4:10, 26, 32, 10,26, 32; 5:17,19-23,26-27,30-32,34,36-37,39, 41, 6:27,29,35, 46, 51, 62, 7:17- 17, 18, 8:14, 1619, 23, 25, 29, 42, 50, 54-56, 58, 9:35,37, 10:25, 30, 34-38, 12:30,44-45 13:3132, 13:31-32, 14:1, 6, 7, 9-11, 20, 15:23, 16:15, 27-28, 16:15, 27-28, 17:1-3, 5, 8, 10-11, 21-24, 28-29, 18:36-37, 19:11

Obutonde bw'Omuntu:

Matayo 3:15, 8:20, 11:19, 26:10-13, 38-39, 42, 45, 27:46

Makko 14:7-9, 26, 34, 36, 41, 15:34

Lukka 7:34, 9:58, 22:28, 42, 24:39, 41

Yokaana 4:7, 12:7-8, 19:26, 28, 20:27, 21:5,12

Ekigendererwa kye:

Matayo 4:4, 5:17, 9:12-13, 10:34-36, 11:15, 15:26, 18:11-13, 21:33-40

Makko 1:38, 2:17, 4:21-22, 7:16, 27,12:1-9

Lukka 2:49, 4:18-19, 21, 23-27, 43, 5:31-32, 8:16,17, 11:30,33, 12:2-3,14,49,51-53, 13:32-33, 19:10, 20:9-16

Yokaana 3:19-21, 4:13,14, 34, 5:25,28-30, 6:38-40, 50, 55, 56, 58, 7:7,16, 8:12,26, 9:3-5,39, 10:1-

5,7,9-18,27-29, 11:4,9,10, 12:26, 27,47-50, 13:20, 18:15,16,37

Obuweereza bwe:

Matayo 9:15, 37, 38, 12:25-30, 20:28

Makko 2:19, 3:23-27, 10:45

Lukka 5:34, 11:1723

Yokaana 2:4, 3:11, 4:35-38, 12:35, 36

Ekifo Kye:

Matayo 10:29-30, 11:28-31

Lukka 4:18, 19, 8:52

Yokaana 6:37, 7:37, 10:9, 11:25,26, 11:25,26, 12:32, 14:1, 2, 6, 13, 14, 16, 27, 15:1,2,4-6,9-11,15-16,18,19, 16:1, 4, 23, 24, 33

OMWOYO OMUTUKUVU:

Matayo 10:19, 20, 12:31, 32, 12:31, 32, 28:19

Makko 3:28, 29

Lukka 12:10-12

Yokaana 3:8, 6:63, 16:711, 13, 14, 20:22

Ebikolwa 1:8

OBWAKABAKA BWA KATONDA N'EGGULU

Matayo 4:17, 5:20; 6:33; 7:21; 8:11; 10:7; 11:11-13; 13:3-8,11,18-33; 37-50,52, 16:28; 22:2-14; 25:14-30; 26:29

Makko 4:3-8, 11-20, 26-29, 9:1, 14:25

Lukka 8:5-15; 9:27; 10:11; 11:20; 12:31; 13:18-21,29,30, 13:18-21,29,30; 17:20,21, 17:20,21; 19:12-27; 21:31; 22:18

EKKANISA

Matayo 5:13-15; 12:48-50; 16:18,19; 18:17-20; 21:13; 23:16-21; 24:22,31

Makko 3:33-35; 11:17; 12:10; 13:20, 27

Lukka 8:21; 11:23; 12:32; 19:26

Yokaana 2:16; 4:23, 24; 13:35; 17:20,21, 17:20,21; 20:23

AMATEEKA, EBYAFAAYO, BANNABBI

Matayo 5:17, 18; 7:12; 8:4; 11:13; 21:42; 26:54

Makko 1:44; 12:10, 11, 12:10, 11; 14:21, 29

Lukka 5:14; 10:26,28, 10:26,28; 16:16,17,29-31, 16:16, 17,29-31; 17:14; 18:31; 21:22; 22:22,37, 22:22,37; 24:25,26,44,46

Yokaana 5:39, 45-47; 7:12, 19; 8:17,18; 10:34-36; 15:25

EKIGAMBO

Matayo 4:4; 7:24-27; 10:27; 11:15; 13:3-9, 19-23; 28:19, 20

Makko 4:3-9, 14-20, 23, 24, 13:31

Lukka 4:4, 18, 19, 43; 6:46-49, 8:58, 10-15, 18, 10:24

Yokaana 3:11; 5:24, 25, 28, 46,47, 6:63; 7:17,18; 8:14,31,32,38,45-57, 10:27; 12:47-50; 14:10,21,23-25; 15:7,10,12,14,15,17,20,22, 16:12,13,25,33, 16:12,13,25,33; 17:6-8,13,14,19,20,25,26; 18:20,37

EBISEERA BY'ENDAGAANO ENKADDE NE EMPPYA

"Ekiseera ekikadde" kitegeeza engeri Katonda gye yakolaganamu n'abantu mu kiseera ekyawandiikibwa mu ndagaano Enkadde. Kizingiramu amateeka ne ssaddaaka ez'enjawulo olw'ekibi ezoogerwako mu kitabo ky'Eby'Abaleevi.

"Ekiseera ekipya" kitegeeza engeri empya Katonda gye yakolaganamu n'abantu okuva mu kiseera ky'obuweereza bwa Yesu Kristo ku nsi. Kimanyiddwa nga ekiseera eky'ekisa ssaddaaka y'ekibi mweyakolebwa omulundi gumu olw'okufa kwa Yesu ku musaalaba.

NNABBI NG'ALANGIRIRA EKISEERA EKIPYA:

Omusajja ayitibwa Yokaana Omubatiza ye nnabbi eyatumibwa Katonda okulangirira eri abantu ekiseera ekipya. Yesu yayigiriza ebimukwatako mu bitundu bino wammanga:

Matayo 7:11; 11:7-11, 14, 18, 21:25

Makko 9:13, 11:30

Lukka 7:24-28, 33; 20:4

Yokaana 5:33, 35

ENJIGIRIZA KU BISEERA:

Enjigiriza za Yesu ezikwata ku biseera eby'endagaano n'empya n'enkadde zisangibwa mu bitundu bino wammanga:

Matayo 5:17; 11:27; 26:27, 28

Makko 14:24

Lukka 10:22; 16:16; 22:20

Yokaana 4:23; 5:25; 6:32, 33, 49, 58

1 Abakkolinso 11:25

ABAYIGIRIZWA

Yesu yalonda abasajja kkumi na babiri okubeera abayigirizwa be mu buweereza bwe obw'oku nsi.

ENJIGIRIZA EZ'AWAMU:

Enjigiriza zino wammanga zaaweebwa abayigirizwa ng'ekibinja:

Matayo 13:11,16,17,51; 16:8-11; 17:7; 18:18; 21:2,3; 23:10; 24:9; 26:38,40,45

Makko 4:11,12,35; 6:31; 8:17-20; 11:2,3; 13:9,11,13; 14:27,32, 34,41, 16:15

Lukka 8:10, 22; 10:2324, 19:30, 31, 21:14-19, 22:28-30,35,36, 38, 24:49

Yokaana 6:61,67,70; 12:30; 14:25,31 15:12,16-20,27; 16:2,3,27,32, 16:2,3,27,32; 20:21-23

ENJIGIRIZA EZ'ENJAWULO:

Enjigiriza zino wammanga zaatunuulirwa abayigirizwa abamu:

Peetero ne Andereya:

Matayo 4:19

Makko 1:17

Matayo:

Matayo 9:9

Makko 2:14

Peetero:

Matayo 16:17-19, 23; 17:25-27; 26:34

Makko 8:33; 14:30, 37

Lukka 5:4, 10; 22:31, 32, 34, 51

Yokaana 1:42; 13:7,8,10, 36, 38, 18:11; 21:15-19,22

Tomasi:

Yokaana 20:27, 29

Firipo:

Yokaana 14:9

Yuda Isukalyoti:

Yokaana 13:27

OKUTUMA ABAYIGIRIZWA

Ebigambo eby'enjawulo byayogerwa Yesu bwe yatuma abayigirizwa be okubuulira Enjiri y'Obwakabaka.

EBIGAMBI EBYAGAMBIBWA ABAYIZIRIZI EKUMI N'ABABIRI:

Matayo 10:5-42

Makko 6:10, 11

Lukka 9:3-5

EBIGAMBI EBYAGAMBIBWA ABAYIGIRIZWA ENSANVU:

Lukka 10:3-12, 16, 19, 20

OKUSABA KWA YESU

Ebijuliza bino bikwata ku ssaala za Yesu ezaawandiikibwa. Ng'oggyeeko okuyiga ebyo Yesu bye yayigiriza ku bikwata ku kusaba, kikulu okwekenneenya engeri gye yassa enjigiriza ze mu nkola mu bulamu bwe obw'okusaba.

Matayo 6:9-13; 11:25, 26, 11:25, 26; 26:36, 39,42

Makko 14:36

Lukka 10:21; 11:2-4; 22:42

Yokaana 11:41, 42; 17:1-26

EBYALIWO MU BULAMU BWA YESU

Yesu yayigiriza ebikwata ku bintu eby'enjawulo ebyali bigenda okubaawo mu bulamu bwe era n'akozesa ebiseera eby'enjawulo okubuulira abantu amazima ga Katonda. Mu bino mulimu bino wammanga:

OKUBONOONA N'OKUKEMEBWA:

Matayo 17:12; 13:57; 26:38

Makko 6:4; 9:12; 14:34

Lukka 4:24; 9:22; 17:25; 22:28; 24:46

EKIJJULO EKISEMBEYO:

Matayo 26:18, 26-29

Makko 14:13-15, 22, 24, 25

Lukka 22:8, 10-12, 15-20

1 Abakkolinso 11:24, 25

OKULIIBWAMU OLUKWE:

Matayo 17:22; 26:2, 21, 23-25, 46, 50, 55

Makko 14:18, 20, 21, 42, 48, 49

Lukka 22:21, 22, 48, 52, 53

Yokaana 13:18, 19, 26; 18:4, 5, 7,8, 23

OKUKOMEREBWA:

Lukka 9:44; 22:37

Yokaana 3:14; 8:28; 12:31, 32

EBIGAMBO KU MUSAALABA:

Matayo 27:46

Makko 15:34

Lukka 23:34, 43, 46

Yokaana 19:26, 27, 28, 30

OKUFA, OKUZUUKIRA, N'OKUDDAYO MU GGULU

Matayo 12:40; 17:19,22,23, 17:19,22,23; 20:18,19; 26:12,31,32

Makko 9:31; 10:33, 34, 14:8, 27, 28

Lukka 5:35; 9:22; 12:50; 18:31-33

Yokaana 2:19; 3:13; 6:62; 7:33,34 ,8:21; 10:17,18; 12:7,23,24; 13:33; 14:19,29; 16:5-7,16,19-22,25,26,32, 20:17

EBIGAMBO EBYAYOGERWA OLUVANYUMA LW'OKUZUUKIRA:

Matayo 28:9, 10, 18-20

Makko 16:15-18

Lukka 24:17, 19, 25, 26, 36, 38, 39, 41, 44, 46-49

Yokaana 20:15-17,19,21-23,26,27; 21:5,6,10,12,19,22

Ebikolwa 1:4, 5,7, 8

OBUNNABBI

Yesu yayigiriza bingi ku nsonga y'obunnabbi. Obunnabbi kwekubikkulirwa kw'ebintu ebitannabaawo. Buba bubaka obuva eri Katonda obukwata ku biseera eby'omu maaso. Ebyali mu bunnabbi Yesu bweyasomesa:

OKUJJA KWA YESU KRISTO OKW'OKUBIRI:

Matayo 24:6-47; 25:1-13; 26:64

Makko 2:20; 8:38; 13:7-36; 14:62

YERUSALEMU:

Matayo 5:34, 35; 23:37-39, 24:2

Makko 13:2

Lukka 13:34, 35; 19:42-44; 21:20-24; 23:28-31

Yokaana 4:21

ABAYUDAAYA:

Matayo 8:11,12; 10:6; 11:16-19; 15:24,26; 21:31,32, 21:31,32; 22:2-7

Makko 7:27

Lukka 7:31-35; 21:24; 22:67, 68

Yokaana 4:22; 7:19, 21; 8:37-47,49, 9:41; 10:26,32, 10:26,32; 18:20,36

ABAWANDIISI, ABAFARISAAYO, N'ABASADUKAAYO:

Matayo 12:34; 15:7-9,14; 16:6; 23:2-7,13-15,25-27,29-36

Makko 7:6; 8:15; 12:38-40

Lukka 11:39, 40-44, 46-52; 12:1; 20:46,47

Yokaana 5:42

BANAMAWANGA:

Matayo 8:11; 21:43; 22:8-10; 24:14; 28:19

Makko 13:10; 16:15

Lukka 13:29; 24:46, 47

Yokaana 10:16

BANNABBI AB'OBULIMBA N'ENJIGIRIZA EZ'OBULIMBA:

Matayo 7:15-18, 20; 24:4, 5, 11, 23, 24, 26

Makko 13:5, 6, 21, 22

Lukka 6:39, 43, 44; 17:1, 2, 22, 23; 21:8

Yokaana 10:1, 8

EKIBI:

Ennyonyola ennyangu ku kibi, kwe kusobya oba okumenya amateeka ga Katonda. Yesu yayigiriza ebikwata ku kibi:

SITANI N'EKIBI:

Matayo 4:10; 12:26, 27, 12:26,27; 13:19; 16:23; 25:41

Makko 3:23, 26; 4:15; 8:33

Lukka 4:8; 10:18; 11:18, 19; 22:31

Yokaana 8:34-36; 14:30

OKUVVOOLA:

Matayo 12:31, 32; 15:19

Makko 3:28, 29; 7:21, 22

Lukka 12:10

OKUBUUSABUUSA

Matayo 14:31; 17:17, 20

Makko 2:8; 9:19; 16:16

Lukka 9:41

Yokaana 3:11,12,18; 4:48; 5:38, 40,43-47, 6:64; 8:24,45-47, 12:47,48, 12:47,48; 15:22,24, 25 .

OBUNNANFUNSI

Matayo 6:2, 16; 15:7,8; 23:13-15, 25, 27-29

Makko 7:6; 12:40

Lukka 11:44; 12:1; 20:47

AMALALA:

Matayo 23:5-7, 12

Makko 7:21, 22; 12:38, 39

Lukka 11:43; 14:11; 20:46

OBUSUNGU:

Matayo 5:22

ETTEMU:

Matayo 5:21; 15:19; 19:17, 18

Makko 7:21; 10:19

Lukka 18:20

Yokaana 8:44

OBWENZI, OBUKABA, OBUGWENYUFU:

Matayo 5:27, 28, 32; 15:19; 19:9, 11,12,17,18

Makko 7:21, 22; 10:11, 12, 19

Lukka 16:18; 18:20

OKWAWUKANA MU BUFUMBO:

Matayo 5:31, 32; 19:8, 9

Makko 10:3, 5, 11, 12

Lukka 16:18

OBUBBI:

Matayo 15:19; 19:17, 18

Makko 7:21, 22; 10:19

Lukka 18:20

OMUJJULIZI OMULIMBA, OBULIMBA, OBUFERE:

Matayo 15:19; 19:17, 18

Makko 7:21, 22; 10:19

Lukka 18:20

Yokaana 8:44

EBIROWOZO EBIBI, ERISO EBBI, OBUBBI, OBUSIRUSIRU:

Matayo 6:23; 9:4; 15:19; 20:15

Makko 7:21, 22

Lukka 11:34

Okwegomba:

Makko 7:21, 22

Lukka 12:15-21

OKWAGALA EBINTU N'OKWAGALA ENSI:

Matayo 6:19-21, 24; 12:39; 13:3, 22; 16:4; 24:38,39

Makko 4:3, 7, 18, 19; 8:12

Lukka 8:14; 9:60; 10:41,42, 11:29; 14:1624, 16:19,13,15, 16:19,13,15; 17:2629, 17:26-29; 21:34

Yokaana 4:48; 6:27

OKULWAWO:

Okulwawo kitegeeza okulwawo okukola ekintu buli kiseera.

Matayo 24:45-51

Lukka 12:42-47; 13:25-28; 14:16-20

OKUSALAWO:

Matayo 7:15; 12:7

Makko 4:24

Lukka 6:37, 41, 42

Yokaana 8:7, 10, 11, 15

OBUKAKANYAVU BW'OMUTIMA:

Matayo 13:13-15; 15:14; 16:2, 3

Makko 4:12; 8:18, 21

Lukka 8:10; 12:54-56

OKUDDA EMABEGA:

Okudda emabega kitegeeza okukyuka okuva ku kugoberera Yesu.

Matayo 12:43-45

Lukka 11:24-26

OKUTYOBOOLA:

Okutyoboola bwe butawa kitiibwa ekintu ekitukuvu: Matayo 7:6

OKULANGIRIRA:

Matayo 10:14,15; 11:22, 23; 12:34, 41, 42, 13:13-15; 16:4; 18:7; 21:19; 23:13-15,25,27,29,33-36

Makko 6:11; 8:12; 11:14

Lukka 6:24-26; 9:5; 10:10-15, 11:29, 32, 42, 44, 46, 47, 49-52

OBUTUUKIRIVU

Yesu yamala ekiseera ekinene eky'obuweereza bwe obw'oku nsi ng'ayigiriza ku nsonga y'obutuukirivu, engeri omuntu bwalina okubeera mu nkolagana entuufu ne Katonda, n'abalala, ne ye kennyini.

OKUYITIBWA ERI BUTUKUVU:

Matayo 4:19; 8:22; 9:9; 14:29

Makko 1:17; 2:14; 4:24; 10:21; 19:21

Lukka 5:27; 9:59, 60, 18:22

Yokaana 1:38, 39, 43; 12:26; 21:19

OKUKKIRIZA:

Matayo 8:10, 13, 26; 9:22, 28, 29; 14:27; 15:18; 17:20; 21:22

Makko 4:40; 5:34, 36, 6:50; 7:29; 9:23; 10:52, 11:22-24; 16:16-18

Lukka 7:9, 50; 8:25, 48, 50, 17:6, 19; 18:8,42

Yokaana 3:18; 6:20,29; 7:38; 9:35; 11:15,25,26,40,42, 14:1,12; 16:31; 20:27,29

OBULOKOZI OKUYITA MU KUKIRIZA:

Makko 16:16

Yokaana 3:14-16, 18; 5:24; 6:40, 47, 11:25,26

OKWENENNYA:

Matayo 4:17; 21:28-32

Makko 1:15

Lukka 13:2-5; 15:4-32

OKUBATIZA:

Matayo 21:25; 28:19

Makko 11:30; 16:16

Lukka 20:4

Yokaana 3:5

Ebikolwa 1:5

OKUKYUSIBWA:

Matayo 9:16, 17

Makko 2:21, 22

Lukka 5:36-39

Yokaana 3:3, 5-8, 10

EBIKOLWA:

Matayo 5:16; 7:16-27; 12:33; 13:3,4, 8, 23, 13:3,4,8,23; 21:19

Makko 3:33-35; 4:3, 4, 8, 20, 11:14

Lukka 6:43, 44, 46-49; 10:30-37, 10:30-37; 13:6-9

Yokaana 7:17; 10:37, 38, 15:8,16

EBIRAGIRO EBIKULU:

Matayo 7:12; 22:37-40

Makko 12:29-31

Lukka 6:31

OKWAGALA:

Matayo 5:43-47; 7:12

Lukka 6:27, 28, 32-35

Yokaana 13:34, 35; 14:23, 24; 15:12, 13,17

OKWAGALA:

Matayo 5:42; 6:1-4; 19:21

Makko 10:21; 12:43, 44

Lukka 6:30,38; 11:41; 12:33,34, 12:33,34; 14:12-14; 16:9; 18:22; 21:3,4

OKUSONYIWA N'OKUTABAGANA:

Matayo 5:23-26; 6:14,15; 9:2,5,6; 16:18,19; 18:18,22-35

Makko 2:5, 9-11; 11:25, 26

Lukka 5:20, 23, 24; 6:37; 7:40-48; 12:58, 59, 17:3,4; 23:34; 24:46,47

Yokaana 20:23

OKUSAASIRA:

Matayo 5:7; 9:13; 18:15-17,27, 33

Lukka 6:36

OKWEWAGGULA:

Matayo 10:37-39; 16:24-26

Makko 8:34-37

Lukka 9:23-25; 14:26, 27-33, 14:26, 27-33; 17:33

Yokaana 12:25

OBUTUKUVU N'OBUTUUFU BW'OMUTIMA:

Matayo 5:8,27,28; 6:22-24; 9:4; 12:34,35, 12:34,35; 15:10,11,16-20

Makko 7:18-23; 10:15

Lukka 4:12; 6:45; 11:34-36, 41, 11:34-36,41; 16:13; 18:17

OBUTUKUVU N'OKWOGERA:

Matayo 5:33-37; 12:36, 37, 12:36, 37; 23:20-22

OKUWANGULA OMUBIRI:

Matayo 5:29, 30; 6:16-18, 17:21; 18:8, 9

Makko 9:29, 43-49

OBUGONVU N’OKUKAKANA

Matayo 26:39, 42; 28:19, 20

Makko 14:36

Lukka 22:42

Yokaana 7:17, 18; 8:29, 50, 14:15, 21, 14:15, 21; 15:14; 18:11

OKUGONDERA ABAKULEMBEZE:

Matayo 17:25-27; 22:19-21

Makko 12:15-17

Lukka 20:24, 25

OBWESIGWA N'OKUTUNULA:

Matayo 24:42-47; 25:13; 26:41

Makko 13:33-37; 14:38

Lukka 12:35-40, 42-44, 47, 48; 16:10-12; 21:36; 22:40, 46

OKUNYWERA N'OBUGUMIIKIRIZA:

Matayo 5:13; 10:22; 13:3-9, 18-23; 24:13

Makko 4:39, 13-20; 9:50, 13:13

Lukka 9:62; 14:34, 35

Yokaana 8:31, 32

OBUGUMIIKIRIZA:

Lukka 21:19

Ebikolwa 1:7

OBUVVUMU:

Matayo 8:26; 14:27; 17:7

Makko 4:40; 5:36; 6:50

Lukka 8:50

Yokaana 6:20

OBUTAZIYIZA:

Matayo 5:38-41, 43-45; 26:52

Lukka 6:27-30

OBWETOOWAZE N'OBWANGU:

Matayo 5:3,5; 11:25,26, 11:25,26; 18:3,4; 20:25-27; 23:8,11,12

Makko 9:33, 35; 10:15, 42-44

Lukka 9:48; 14:8-11; 18:14, 17; 22:25-27

Yokaana 13:7, 8, 10, 12-17

OKWESIGA OBUGABIRIZI BWA KATONDA:

Matayo 6:25-34

Lukka 12:6, 7, 22, 24-32

OKUSIIMA:

Matayo 8:4

Makko 1:44; 5:19

Lukka 5:14; 7:40-48, 50, 8:39; 17:17, 18

OKUGUMIIKIRIZA:

Makko 9:39-41

Lukka 9:50

OBUVUNAANYIZIBWA:

Lukka 17:7-10

OKUTUUKIRIZIBWA:

Matayo 5:48; 7:13, 14; 19:21

Makko 10:21

Lukka 6:40; 12:57; 13:24; 18:22

EBINTU EBIKULU:

Matayo 5:3-12; 11:6; 13:16

Lukka 6:20-23; 7:23; 10:23; 11:28

ENJIGIRIZA EZ'ENJAWULO

Yesu yasomesa ku nsonga endala enkulu ze twakuŋŋaanyizza wansi w'omutwe guno ogwa "Enjigiriza ez'enjawulo". Mu bino mulimu:

OKUTANANGIRA EKIBI:

Matayo 17:12; 20:18, 19, 28, 20:18, 19, 28; 26:24,31,39,42

Makko 9:12; 10:33, 34, 45, 14:21,24,36

Lukka 9:22,56; 13:34,35, era nga 13:34,35; 18:31-33; 19:10; 21:28; 22:19,22,37,42, 22:19,22,37,42; 24:26,44,46,47

Yokaana 3:13-16,18; 5:39; 6:38-40,51, 8:24,28,56, 10:7,9-11,15-18,36, 11:25,26, 11:25,26; 12:24,27,32,47, 13:7,8; 14:19; 15:13; 16:7,20,22,33, 16:7,20,22,33; 17:1-4,19-21,23; 18:11; 19:30, 1 Abakkolinso 11:24,25

OBWENKANYA WANSI W'OKUTANGIRIRA:

Matayo 20:1-15

OKUSABA:

Matayo 6:5-13; 7:7-11; 18:19,20; 21:22; 26:41

Makko 11:24; 14:38

Lukka 11:2-13; 18:2-8, 10-14; 22:40, 46

Yokaana 4:24; 14:13, 14; 15:7; 16:23, 24;

ENNUKUTA N'OMWOYO:

Matayo 15:3-8, 10, 11, 16-20; 23:16-26, 28

Makko 7:6-8, 14, 15, 18-23

Lukka 11:39, 40, 42, 44

Yokaana 6:63; 7:24

OKULONDEBWA:

Matayo 15:13; 20:23; 22:14; 24:22, 31

Makko 10:40; 13:20, 27

Lukka 18:7

Yokaana 6:37, 43-45, 64, 65; 15:16

OKWATULA KW'OKUKKIRIZA:

Matayo 10:32, 33

Makko 5:19; 8:38

Lukka 8:39; 9:26; 12:8, 9

OBUVUNANYIZIBWA BW'OBUNTU:

Matayo 13:12; 22:11-13

Makko 4:23-25

Lukka 8:18; 12:47, 48

Yokaana 9:41

OKUFUBA N'OKWEKULAAKULANYA:

Matayo 20:6; 25:14-30

Lukka 19:12-26

SSABBIITI:

Matayo 12:3-5, 8, 11, 12

Makko 2:25-28; 3:4

Lukka 6:3-5, 9; 13:15, 16; 14:3,5

OBUFUMBO:

Matayo 19:4-6; 22:30

Makko 10:69; 12:25

Lukka 20:34, 35

ABAANA:

Matayo 18:3-6, 10, 14; 19:14; 21:16

Makko 9:37, 42; 10:14, 15

Lukka 9:48; 18:16,17

ABAAVU:

Matayo 11:5; 19:21; 26:11

Makko 10:21; 14:7

Lukka 4:18, 21; 6:20; 14:13, 14; 18:22

Yokaana 12:8

ABAGAGGA:

Matayo 19:23, 24

Makko 10:23-25

Lukka 14:12; 16:19-31; 18:24, 25

OKUNAKUWALA:

Matayo 5:4; 10:38; 11:28; 16:24; 23:38,39, 23:38,39; 24:7,8; 26:38,39,42

Makko 4:16, 17; 8:34; 13:19; 14:34, 36

Lukka 6:21; 9:23; 14:27; 21:22-26; 22:42; 23:28-30; 24:38

Yokaana 12:27; 14:1, 27; 16:5, 6,20-22; 18:11

EMIREMBE N'OKUWUMMULA:

Matayo 9:22; 10:13; 11:28-30; 26:45

Makko 4:39; 5:34; 6:31; 9:50, 14:41

Lukka 7:50; 8:48; 10:5,6,41,42, 10:5,6,41,42; 12:29; 19:42; 24:36

Yokaana 14:1, 23, 27; 16:33; 20:19,21,26

ESSANYU:

Matayo 5:11; 6:17; 9:2; 13:44; 14:27; 18:12,13; 25:21,23

Makko 6:50

Lukka 6:21-23; 10:20; 11:36; 15:4-10, 32

Yokaana 4:36; 8:56; 13:17; 15:11; 16:20-22,24, 16:20-22,24; 17:13

AMAGEZI:

Matayo 7:24; 10:16; 11:15,25, 11:15,25; 13:51; 15:16; 16:2,3; 21:16; 24:45-47

Makko 4:12; 7:14, 16; 8:17, 18, 21

Lukka 6:47, 48; 8:10; 10:21; 12:42-44, 54-56, 16:1-8

Yokaana 8:12; 9:41; 12:46

OKUFA N'OLUSUKU LWA KATONDA:

Matayo 8:22; 9:24; 10:8,28; 16:28; 17:9,23; 22:32

Makko 5:39; 9:1, 31; 10:34, 10:34; 12:25-27; 14:34

Lukka 7:22; 9:27, 60, 12:4, 5, 20; 16:31; 18:33; 20:35-38; 23:43; 24:46

Yokaana 5:21,25,28,29; 6:39,40,49,58, 6:39,40,49,58; 10:17,18; 11:4,14; 12:24; 15:13

EBIGAMBI EBY'ENJAWULOTO ABANTU SSEKINOOMU

Ekibinja kino ekisembayo eky'enjigiriza za Yesu kya bigambo bya njawulo ebyayogerwa Yesu eri abantu ssekinnoomu mu kiseera kye eky'obuweereza bwe obw'okunsi.

Mulimu bino wammanga:

NASANAYILI:

Yokaana 1:47, 48, 50

OMUKAZI OMUSAMALIYA:

Yokaana 4:7, 16-18

ZAAKAYO, N'OMUKULU W'ABANTU:

Lukka 19:5, 9

ABASAJJA ABAZIBE B'AMAASO AB'E YERIKO:

Matayo 20:32

ABAWANDIISI ABABUUZA EBIBUUZO:

Makko 9:16

ABAANA BA ZEBIDDAAYO:

Matayo 20:21-23

Makko 10:36, 38-40

BAGANDA BA YESU:

Yokaana 7:6-8

OMWANDIISI OW'EBIBUUZO:

Makko 12:34

MARITA:

Lukka 10:41, 42

BAKABONA ABAKAKULU N'ABAKADDE:

Matayo 21:24, 25, 27

Makko 11:29, 30, 33

Lukka 20:3, 4, 8

ABAYIZI B'ABAFARISAAYI N'ABAKERODE:

Matayo 22:18

Lukka 20:23

KABONA OMUKULU:

Yokaana 18:21

PILAATO:

Yokaana 18:34

ESSUULA EYOOKUTANO

OMUSOMESA AVA EWA KATONDA: ENKOLA -EKITUNDU 1

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola okunnyonnyola engeri Yesu gye yakozesaamu enkola z'okusomesa zino wammanga:

- Ebyamagero
- Obuyinza
- Okwagala N'okusaasira
- Okukolagana N'okugeegenya.
- Okuddamu
- Okusigira
- Obutonde bw'ensi
- Ebirabibwako.
- Ennono y'okuyigira mu mitendera
- Okugabanya Abayizi mu bibinja

ENNYIRIRI ENKULU:

> **Yesu n'atambula mu bibuga byonna n'ebyalo byonna ng'ayigiriza mu makuŋŋaaniro gaabwe. n'okubuulira enjiri y'obwakabaka, n'okuwonya buli bulwadde n'abakonzibye bonna. (Matayo 9:35)**

ENNYANJULA

Oyize ddi, wa, lwaki, era biki Yesu bye yayigiriza mu buweereza bwe obw'oku nsi. Mu essuula eno n'eddako ojja kuyiga engeri Yesu gye yayigirizaamu. Emisomo gino gisinga kutunuulira nkola ze yakozesanga mu kusomesa. Enkola y'enteekateeka, obukodyo oba engeri y'okukola ekintu. Enkola za Yesu ez'okuyigiriza zijuliza engeri gye yayigirizaamu.

Emirundi mingi, Ekkanisa ebadde ematidde okukozesa enkola z'okusomesa ez'ensi okusinga ezo ebibikkuliddwa mu Kigambo kya Katonda. Enkola ezisinga obulungi ez'okuyigiriza Baibuli ze zino Yesu ze yakozesa era zaalaga nti zikola bulungi. Omusomo guno gussa essira ku nkola ez'awamu ezaali

ziwerekera okusomesa kwa Yesu. Essuula eddako ekwata ku nkola ezenjawulo ez'okuyigiriza mu bigambo.

EBYAMAGERO

Oyize nti obubaka bw'omusomesa bulina okuwerekerwako okwolesebwa kw'Amaanyi ga Katonda. Okwolesebwa kuno okw'amaanyi kusikiriza abantu okuwulira Ekigambo kya Katonda:

> **Ssabbiiti bwe yatuuka, n'atandika okuyigiriza mu Kkuŋŋaaniro, bangi abaamuwulira ne beewuunya nga bagamba nti Omuntu ono yaggya wa ebintu bino? Era magezi ki gano agamuweebwa, n'ebyamagero eby'enkanidde wano by'akola? (Makko 6:2) (Laba ne Matayo 13:54).**

Yesu yakozesa ebyamagero okuteekateeka emitima gy'abantu okufuna obubaka. Mu Yokaana 9 soma emboozi ya Yesu ng'awonya omusajja omuzibe w'amaaso okuva lwe yazaalibwa. Nga ekivudde mu kuwonya kwe obujulizi bw'amaanyi ga Katonda bwagenda mu baliraanwa be (9:8), abakulembeze b'eddiini (9:13), n'ab'omu maka ge (9:18). Mu Yokaana 9:41-10, 41 .Yesu yakozesa okuwonyezebwa okuyigiriza obubaka obuva eri Katonda eri abakulembeze b'eddiini.

Ebyamagero Yesu bya byasisinkana eby'etaago by'abantu. Bw'osoma ebisingawo ku ebyamagero mu kitundu "Okweyongera okusoma" mu ssomo lino, ojja kulaba engeri ebyamagero bye gye byasisinkana ebyetaago eby'omubiri, ebirabibwako, eby'enneewulira, eby'omwoyo, eby'endowooza, n'ebyobutonde. Ddayimooni zagobebwa, abafu bazuukizibwa, abalwadde ne bawona, abalumwa enjala ne baliisibwa, n'abo abeetaaga okununulibwa nebanunulibwa.

Tewali nkola nnene ey'okulaga n'okukakasa obubaka bwa Baibuli okusinga okwolesebwa kw'Amaanyi ga Katonda. Amaanyi gano gatuukiriza obwetaavu bw'omuntu era galeeta enkyukakyuka mu bulamu. Eno y'ensonga lwaki Yesu yakwasa abagoberezi be amaanyi ag'omwoyo:

> **Awo Yesu n'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri n'abatuma babiri babiri era n'abawa obuyinza okugoba emyoyo emibi ku bantu. (Makko 6:7)**
>
> **Era bwe mugenda, mubuulire nga mugamba nti Obwakabaka obw'omu Ggulu busembedde.**
>
> **Muwonye abalwadde, mulongoose abagenge, muzuukize abafu, mugobe badayimooni; muweereddwa buwa nammwe muwenga buwa. (Matayo 10:7-8)**
>
> **Ddala ddala mbagamba nti Akkiriza nze, emirimu gye nkola naye alikola; n'emirimu egisinga gino gy'alikola, kubanga ŋŋenda eri Kitange. (Yokaana 14:12)**

OBUYINZA

Yesu yayigiriza n'obuyinza. "Obuyinza" kitegeeza okukozesa amaanyi mu kuduumira. Ng'ebyamagero, okusomesa n'obuyinza kyasikiriza abawuliriza:

Ne beewuunya okuyigiriza kwe: kubanga yabayigiriza ng'omu eyalina obuyinza, so si ng'abawandiisi. (Makko 1:22) (Laba ne Matayo 21:23).

Abasomesa abamu ab'omulembe guno bakubiriza omusomesa okufuuka "omu ku kibinja" okusinga okusomesa okusomesa n'obuyinza. Naye Yesu yayigiriza n'obuyinza. Obuyinza bwa Yesu Katonda ye yabumuwa.

Nga tannadda mu Ggulu, Yesu yatuwa obuyinza obw'omwoyo:

Nga Kitange bwe yantuma [n'amaanyi n'obuyinza] bwe ntyo bwe mbatuma. (Yokaana 20:21)

Yesu yasuubiza obuyinza [amaanyi] eri abakkiriza okubasobozesa okuyigiriza n'okubuulira ng'abajulizi b'Enjiri:

Naye mmwe mulifuna amaanyi oluvannyuma lw'Omwoyo Omutukuvu okujja ku mmwe; muliba bajulirwa gye ndi mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya yonna ne mu Samaliya n'okutuukira ddala ku nkomerero y'ensi. (Ebikolwa 1:8)

Obuyigirize, ekifo mu bantu, oba obusobozi obw'obutonde si gwe musingi gw'obuyinza obuva mu Baibuli. Obuyinza bwaffe mu kusomesa buva eri Yesu Kristo.

OKWAGALA N'OKUSASIRIRA

Yesu teyavumirira abo be yayigiriza. Mu kifo ky'ekyo, yabalaga okwagala n'okusaasira. Omukazi eyakwatibwa mu bwenzi, Teyamusalira musango (Yokaana 8:11). Maliyamu bweyakozesa akawoowo ak'ebbeeyi okumufukako amafuta, Yesu teyamuvumirira olw'okwonoona kubanga kaali kasobola okutundibwa okuyamba abaavu. Yategeera ensonga eyali emabega w'ekikolwa kino era n'amuyisa mu ngeri ey'okwagala (Matayo 26:10-13).

Yesu yasaasira abazibe b'amaaso (Makko 10:46-62) n'abaana (Makko 10:13-16) nga abayigirizwa be bennyini tebafudeeyo. Yesu yayagala nnyo n'omuvubuka omugagga eyalondawo obugagga mu kifo ky'okumugoberera (Makko 10:17-22). Yesu yawonya okutu kw'omuserikale eyajja okumukwata (Lukka 22:50-51). Okusaasira kwa Yesu kwamuleetera okwegayiririra abantu be yali aweereza (Makko 6:34) n'ebibuga byabwe (Lukka 19:41).

1 Abakkolinso 13 eraga nti obuweereza bwonna [nga mw'otwalidde n'okuyigiriza] tebukola bulungi okuggyako nga bukoleddwa mu kwagala. Abasomesa balina okulaga okwagala, okufaayo, n'okusaasira abayizi oba si kyo "tebirina kyebigasa."

OKUKOLAGANA N'OKUGEEGENYA

Yesu bwe yayita abayigirizwa be, yalina ekigendererwa:

N'alonda kkumi na babiri mu abo be yafuula abatume babeerenga naye, era alyoke asobole basindikire okubuulira, N'okuba n'obuyinza okuwonya endwadde, n'okugoba badayimooni. (Makko 3:14-15)

Abayigirizwa baasooka kuyitibwa kubeera ne Yesu, okumuyigirako olw'ekyokulabirako kye yateekawo. Okumanya kwafunibwa mu kukwatagana nga tekunnategeerwa mu kunnyonnyola. Abayigirizwa

baali ba kubeera "ne" Yesu mu kukola okw'anamaddala. Tebalina kuba bawuliriza bokka abatalina kye bakola. Baali okwetegereza n'okwetaba mu buweereza bwe. Yesu yayolesa era n'alaga ebyo bye yayigiriza. Ekyokulabirako kye eky'okutambulira mw'ekyo kye yali abuulira y'emu ku nkola ennungi ey'okuyigiriza gy'osobola okugoberera.

Yesu yalaga abayizi be engeri y'okussa mu nkola enjigiriza ya Baibuli mu bulamu obwa bulijjo. Okusomesa ku kusaba, Yasaba. Okuyigiriza obukulu bw'Ebyawandiikibwa Yabijuliza. Okusomesa obukulu bw'okubunyisa Enjiri, Yagibunyisa. Okusobola okunnyonnyola amaanyi ga Katonda, yagolesa.

Obulamu obugolokofu obw'omusomesa bwongera obwesige obw'oku ntikko mu bubaka bwe. Omusomesa alina okuba n'enkolagana n'abayizi mu bulamu obwa bulijjo n'embeera z'obuweereza okusobola okuwa omukisa okuyiga nga tuyita mu kukwatagana.

OKUDDAMU

Okuva lwe yagamba abayigirizwa be nti "Mungoberere", Yesu yaleetera okuddamu obubaka bwe bweyayigiriza. Yagamba abasajja n'abakazi okujja gy'ali era beetike omusaalaba gwabwe (Makko 8:3435). Yabatuma okuwa okujulira mu maka gaabwe (Makko 5:19) n'abakulembeze b'eddiini (Lukka 5:14). Yagamba abamu okutunda obugagga bwabwe (Makko 10:21), okugenda okunaaba mu kidiba ky'amazi (Yokaana 9:7) n'ebiragiro ebirala ebifaananako bwe bityo.

Okusomesa kuba tekutuukiridde awatali bulamu obuva mu njigiriza. Olina okuyigiriza abayizi okuteeka mu nkola ebyo ebibasomeseddwa. Balina okufuuka abakozi b'Ekigambo, so si bawulize buwulize:

> **Naye mmwe mubeere bakozi b'Ekigambo, so si bawulizi bokka, nga mwelimba mwekka na mwekka:**
>
> **Kubanga omuntu yenna bw'aba awulira Ekigambo, n'atakigondera afaanana ng'omuntu eyeeraba mu ndabirwamu:**
>
> **Bwava mundabirwamu, amangwago ne yeerabira nga bw'afaananye:**
>
> **Naye oyo atunula enkaliriza mu tteeka ettuufu erituukiridde erireetera abantu eddembe, n'alinyiikiriririramu tajja kukoma ku kulijjukiranga kyokka, naye ajjanga kukola bye ligamba, era anaawebwanga omukisa mu buli ky'akola. (Yakobo 1:22-25)**

Okukula mu by'omwoyo tekupimibwa ku ebyo omuyizi by'awulira, wabula ku by'akola okuva mu by'awulira. Olina okusomesa abayizi basobole okulaba Ekigambo, so si kukiyigako buyizi.

Balina okutuuka okumanyira ddala Katonda, so si kumuyigako buyizi. Okuyiga kuzingiramu "okukola" nga kwotadde "n'okusomesa". Kino Yesu yakiraga mu buweereza bwe:

Ekiwandiiko eky'olubereberye, munange Teefiro, nakutegeeza ebintu byonna okuva Yesu lwe yatandika okukola emirimu gye n'okuyigiriza. (Ebikolwa 1:1)

Yesu yagamba nti:

Kale buli anaamenya amateeka gano amatono, n'ayigiriza n'abalala okukola bwe batyo, y'alisembayo mu bwakabaka obw'omu ggulu. (Matayo 5:19)

Yayigiriza abayigirizwa be "okukola" nga kwotadde "n'okuyigiriza":

Abatume ne bakuŋŋaanira awali Yesu, ne bannyonnyola byonna bye bakola ne bye baayigiriza. (Makko 6:30)

Omukisa gw'okuddamu okuva mu bayizi bulijjo gulina okuweebwa ng'osomesa. Ojja kuyiga ebisingawo ku kino mu Ssuula ey'Ekkumi, "Okuteekateeka Essomo". Naye omulanga gw'okuddamu tegulina kusinziira ku nneewulira. Yesu yakiraga bulungi nti okuddamu eri Enjiri kitwala omuwendo mungi:

Awo bwe yamala okuyita abantu gy'ali wamu n'abayigirizwa be, n'ayogera gye bali nti Buli ayagala okungoberera, yeefirize, yeetike musaalaba gwe, angoberere.

Kubanga buli ayagala okulokola obulamu bwe alibufiirwa; naye buli anaafiirwa obulamu bwe ku lwange n'Enjiri, alibulokola (Makko 8:34-35)

OKUSIGIRA

Okuva ku ntandikwa y'ebiseera, Katonda yakwasa abantu obuvunaanyizibwa. Yabawa emirimu gamba ng'okutuuma ebisolo amannya, n'okuzimba essanduuko, weema, yeekaalu, ne bbugwe. Yesu naye yasigira abayigirizwa be enteekateeka ez'eby'omwoyo. Yabagamba okuliisa ebibinja (Matayo 14:16). Yabatuma okubuulira Enjiri n'okuwonya abalwadde (Matayo 10:9-10). Yabasuubira okwekubisaamu mu by'omwoyo (Yokaana 15).

Yesu yateekateeka abayizi okutwala ekifo ng'azeeyo mu Ggulu. Mpola mpola, Yabasigira obuvunaanyizibwa bwe obw'obuweereza, okuyigiriza, n'okubuulira. Olina okuyigiriza ng'olinga ateekateeka buli muyizi okudda mu kifo kyo. Okusobola okubateekateeka obulungi, olina okubawa emirimu n'obuvunaanyizibwa ku Kigambo ky'obeesigisiza.

Ng'omusomesa, olina okuba n'ebiruubirirwa eby'omwoyo eri abayizi bo. Olina okuteekateeka emisomo ne pulojekiti ezigenda okubayamba okutuukiriza ebigendererwa bino. Okukwasa obuvunaanyizibwa bw'obuweereza kikulu nnyo ku mutendera guno

OBUTONDE BW'ENSI

Yesu yakozesa embeera y'obutonde mwe yasanga abantu okubayigiriza eby'omwoyo. "Obutonde" kizingiramu eby'omubiri, ez'embeera z'abantu n'ez'obuwangwa, n'ez'omwoyo ezeetoolodde omuntu. Kye kitundu omuntu mw'abeera, mw'akolera, era mw'aweerereza.

Yesu yafuula buli mbeera ey'okuyiga ekitundu ku bulamu obwa nnamaddala. Yayigiriza abantu mu bifo we babeeranga, webaakoleranga, n'okuweerereza. Katonda akyagenda mu maaso n'okutuyigiriza mu mbeera z'obulamu ez'obutonde ng'ayita mu bizibu n'okusoomoozebwa kwe twolekagana nakwo buli lunaku. (Eno y'enkola ya Harvestime International Institute. Y'ensonga lwaki omusomo guno gujja wennyini w'obeera n'okolera.)

Yesu teyeesigamanga kubuulira mu kifo kimu, mu kibiina kya Ssabbiiti, oba ku kituuti kwokka. Nga bwe mwayize mu ssuula eyokubiri, Yakozesa omukisa gwa buli nsisinkano ey'akaseera obuseera okusomesa. Wonna gyeyalinga, yasomesa. Yesu yakozesa embeera z'obulamu okuyigiriza eby'okuyiga. Bwe yatuuka webakungubagira, Yazuukiza omuntu mu bafu (Lukka 7:11-15). Yesu bwe yali alumwa ennyonta, Yawa obubaka ku mazzi amalamu (Yokaana 3). Bwe yalaba omukazi omwavu ng'aleeta ekiweebwayo kye mu yeekaalu, Yabuulira obubaka ku kugaba (Makko 12:41-44).

Abantu bayiga bulungi bwe kikwatagana n'embeera gye babeera. Bye bayiga birina okuba nga bya mugaso bikola ku bizibu bye balimu. Obubaka bulina okuweereza ebyetaago byabwe eby'enjawulo. Bw'okwataganya amazima g'Ekigambo kya Katonda n'obulamu obwa bulijjo, ekyo kiyitibwa "okuteeka mu nkola." Ossa mu nkola by'oyize mu mbeera z'obulamu obw'abulijjo.

Embeera ng'ezo zaawukana okusinziira ku buwangwa n'abawuliriza. Eno y'ensonga lwaki olina okumanya abayizi bo okusobola okukozesa Ekigambo mu bulamu bwabwe. Ojja kuyiga ebisingawo ku kino mu misomo egyaddirira egyatuumibwa "Okwekenenya Abawuliriza" ne "Okuteekateeka emisomo".

EBIRABWAKO

Yesu yakozesa ebintu ebirabika okulaga enjigiriza ye. "Ekirabwako" kye kintu, akabonero oba ekikolwa ekiraga ekyo ekisomesebwa. Ekyokulabirako, Yesu bwe yali ayagala okuyigiriza abantu endowooza y'abaana okumusembeza n'okuyingira mu Bwakabaka...

> **Naddira omwana omuto n'amussa wakati waabwe, n'amusitula mu mikono gye n'abagamba nti:**
>
> **Buli anaasembeza omu ku baana ng'abo mu linnya lyange, aba asembezezza nze. N'oyo asembezza nze aba tasembezza nze nzekka, wabula aba asembezezza n'oyo eyantuma. (Makko 9:36-37)**

Yesu bwe yannyonnyola amakulu g'okufa kwe yakozesa obubonero bw'omugaati n'omwenge (Makko 14:22-25). Yesu bwe yayagala okuyigiriza essomo erikwata ku buweereza obw'obwetoowaze yanaaza ebigere by'abayigirizwa (Yokaana 13:1-17). Yesu yakozesa ebintu ebirabika ng'ebimuli (Matayo 5:28) n'ebinyonyi (Matayo 5:26) okulaga ekyokulabirako ky'ekyo kye yali ayagala okuyigiriza. Essuula ey'omusanvu mu kitabo kino, "Ebirabwako," eraga ebikozesebwa mu kulaba by'osobola okugula oba okukola, okusinziira ku buwangwa bwo, eby'ensimbi, n'okubeerawo kw'ebikozesebwa. Naye ne bw'oba tolina ssente wadde okufuna obuyambi obwo, osobola okubikozesa okuva mu bikwetoolodde okulaga eokusomesa kwo. Yesu teyalina ssente za kugula bikozesebwa ng'ebyo. Yakozesanga ebintu ebyangu okuva mu butonde.

ENNONO Y'OKUYIGIRA MU MITENDERA

Yesu yakitegeera nti abayizi be baali basobola okuyiga ebintu bingi mu mitendera. Olw'ensonga eno, yategeka okusomesa kwe okutuuka ku ddaala lye baali basobola okumutegeera obulungi:

> **Era n'engero nnyingi bwe zityo n'ayogera nabo Ekigambo, nga bwe baali okusobola okukiwulira. (Makko 4:33)**
>
> **Nkyalina bingi bye njagala okubagamba, naye temuyinza kubigumiikiriza kaakano. (Yokaana 16:12)**

Buli kibinja ky'abayizi na buli muntu kinnoomu ayigira ku mutendera gwa njawulo. Obusobozi bw'abayizi okuyiga kukosebwa ebintu bingi eby'enjawulo. Ebisingawo ku nsonga eno ojja kubiyiga mu Ssuula ey'omunaana, "Okwekenenya Abawuliriza."

OKUKOLA EBIBINJA BY'ABAYIZZI

Yesu yakyusa enjigiriza ye okusinziira ku bibinja by'abayizi eby'enjawulo.

EKIBIINA EKINENE:

Yesu yakozesa enkola y'okusomesa bwe yali ayigiriza abantu abangi. Teyakkirizza kutaataaganyizibwa oba okuddiramu abantu okutuusa ng'essomo liwedde. Kino kirungi ku bibinja ebinene. Okubuulira ebiseera ebisinga kwekukozesa enkola eno. Laba Matayo 5-7 okufuna ekyokulabirako.

EBIBIINA EKITONO:

Emirundi egisinga mu bibinja ebitonotono Yesu yakkiriza abawuliriza okwetabamu. Ebyokulabirako laba Makko 8:10- 12, 14-21, 27-30.

ABANTU SSEKINOOMU:

Yesu yakozesa enkola ey'okunyumya n'abantu ssekinnoomu. Yayogera nabo nebabuuza era naddamu ebibuuzo byabwe. Enkola eno yali efaananako nnyo emboozi eya bulijjo wakati w'abantu babiri. Ebyokulabirako laba Yokaana 3 ne 4.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo

   ……
   ……
   ……

Ku buli kimu ku bino wammanga, funza by'oyize mu ssomo lino. Yesu yakozesanga atya...

2. Ebyamagero:

   ……
   ……

3. Obuyinza:

   ……
   ……

4. Okwagala n'Okusaasira:

   ……
   ……

5. Enkolagana n'okugeegenya:

   ……
   ……

6. Okuddamu:

   ……
   ……

7. Okusigira:

   ……
   ……

8. Obutonde bw'ensi:

   ……
   ……

9. Ebirabika:

……
……..

10. Ennono y’okuyiga mu mitendera.

……
……

11. Okugabanya Abayizi mu bibinja:

……
……..

(Eby’okuddamu bikuweereddwa ku nkomerero y’essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Yongera okusoma ku byamagero bya Yesu ebyaweereza obwetaavu by'abantu

EBYAMAGERO BY'OKUZUUKIZA ABAFU

-Omwana omu yekka owa nnamwandu, nga bwe baali bamutwala mu ntaana: Lukka 7:11-16

-Muwala wa Yayiro, omufuzi wa Yeekaalu: Makko 5:22-24, 35-43, Matayo 9:18- 26, Lukka 8:41, 42, 49-56

-Laazaalo, bwe yali amaze ennaku nnya ng'afudde: Yokaana 11:3244

-Omubiri gwe yennyini, olunaku olwokusatu okuva lwe yaziikibwa: Lukka 24:1-7, Yokaana 19:42-20:14,

Makko 16:9-11

EBYAMAGERO BY'OKUGOBA ZI DDAYIMOONI

Omusajja, ow'omwoyo omubi: Makko 1:2326; Lukka 4:3337

-Omudayimooni eyali muzibe w'amaaso era nga musiru: Matayo 12:22-23; Makko 3:19-30, Lukka 11:14-23

-Abasajja bombi baalina eggye ly'emizimu, nga bakambwe nnyo: Matayo 8:28-34, geraageranya Lukka 8:26-39ne Makko 5:1-20

-Kasiru: Matayo 9:32-35

-Muwala w'omukazi Omusulofoyiniikiya: Makko 7:2430; Matayo 15:2228

-Omulenzi omulalu, abayigirizwa nga balemeddwa: Matayo 17:14-21, geraageranya Makko 9:14-39; Lukka 9:37-43

-Sitaani eyali kasiru: Makko 9:14-26

EBYAMAGERO BY'OKWONYA

-Mutabani w'omusajja ow'ekitiibwa, ow'omusujja: Yokaana 4:46-54

-Nnyazaala wa Peetero, ow'omusujja: Makko 1:29-31, Matayo 8:14-17; Lukka 4:38-39

-Omusajja ajjudde ebigenge: Makko 1:40-45; Matayo 8:2-4; Lukka 5:12-16

-Omusajja eyasannyalala: Makko 2:3-12; Matayo 9:1-8: Lukka 5:17-26

-Omusajja atalina maanyi eyali abonyaabonyezebwa emyaka amakumi asatu mu munaana: Yokaana 5:1-16

-Omusajja eyali yakala omukono: Makko 3:1-5, Lukka 6:6-10, geraageranya Matayo 12:9-13

-Omuweereza w'omukulu w'ekitongole, ow'okusannyalala: Matayo 8:5-13, Lukka 7:1-10

-Omukazi ow'ekikulukuto: Makko 5:25-34, Lukka 8:43-48; Matayo 9:20-22

-Okulaba kuzzeemu eri abasajja babiri: Matayo 9:27-31

-Okuwulira n'okwogera bikomezeddwawo eri omusajja: Makko 7:32-37

-Eyaddizibwa okulaba: Makko 8:22-26

-Okulaba okuweebwa omusajja eyazaalibwa nga muzibe: Yokaana 9

-Omukazi eyali amaze emyaka kkumi na munaana ng'abonyaabonyezebwa: Lukka 13:11-17

-Omusajja, ow'entumbi: Lukka 14:1-6

-Abasajja kkumi, ab'ebigenge: Lukka 17:11-19

-Omusabiriza eyaddamu okulaba: Lukka 18:35-43, geraageranya Matayo 20:29-34

-Okulaba kukomezeddwawo eri Batulumaayo: Makko 10:46-52, geraageranya Matayo 20:29-34

-Okutu kwa Maliku [oba Marcus], omuweereza wa kabona asinga obukulu: Lukka 22:50-51

EBYAMAGERO BY'OBUGABIRIZI

Amazzi agafuulibwa omwenge: Yokaana 2:111

-Ekitimba kya Peetero nga kijjudde ebyennyanja ebiyitiridde ennyo: Lukka 5:1-11

-Abasajja enkumi ttaano, ng'oggyeeko abakazi n'abaana, baaliisibwa: Matayo 14:15-21; Makko 6:35-44, Lukka 9:12-17, Yokaana 6:5-14

-Abasajja enkumi nnya, ng'oggyeeko abakazi n'abaana, baaliisibwa: Matayo 15:32-39; Makko 8:1-10

-Ekyennyanja kiwa ssente z'omusolo: Matayo 17:27

Ebyennyanja ebingi: Yokaana 21:614

EBYAMAGERO BY'OKUSALIRA OMUSANGO

-Embizzi zidduka wansi mu kifo ekiwanvu ne ziyingira mu nnyanja, ne zibbira mu mazzi: Matayo 8:30-32

-Omutiini gwakala: Matayo 21:18-21; Makko 11:12-14, 20-24

EBYAGERO BY'OKUNUNULIBWA

-Yenunula okuva mu balabe be: Lukka 4:30

-Empewo n'ennyanja bigondera ekigambo kye: Makko 4:37-41; Matayo 8:23-27; Lukka 8:22-25

-Peetero yalokolebwa, ng'agezaako okutambulira ku nnyanja, nga Yesu bwe yali atambula: Matayo 14:28-31, Makko 6:45-52

-Empewo ekoma, era ekibya ne kituuka mangu ku lukalu: Yokaana 6:21; Makko 6:51-52

-Abo abatumibwa okumukwata bagwa emabega: Yokaana 18:4-6

EBYAMAGERO EBITAAKOLEBWA KRISTO, NAYE OKUKAKASA OBWAKATONDA BWE:

-Obulagirizi bw'Abagezigezi okuva mu mmunyeenye okutuuka e Besirekemu: Matayo 2:1-9

-Obubonero mu kubatizibwa kwe: Matayo 3:16-17, Makko 1:9-12, Lukka 3:21-23

-Obubonero mu kukyusibwa kwe: Matayo 17:1-14, Lukka 9:28-37; Makko 9:1-14

-Eky'okuddamu mu kusaba kwe: Yokaana 12:28-30

-Obubonero bwe yafa: Matayo 27:45-53

-Obubonero bwa kuzuukira kwe: Matayo 28:2; Makko 16:4

-Obubonero mu ku kuddayo kwe mu ggulu: Makko 16:19; Lukka 24:50-51; Ebikolwa 1:6-12

2. Bw'oba omaze omulimu 1 waggulu, woba osomye ebyamagero byonna Yesu bye yakola okuwerekera okuyigiriza kwe. Kati soma ebitabo bya Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana era oyige ennono endala ez'awamu n'enkola za Yesu ez'okuyigiriza. Wandiika eby'okulabirako by'ozudde mu kipande kino wammanga:

Obuyinza: Ebyokulabirako Mu....

Matayo **Mark** **Lukka** **Yokaana**

Okwagala n'Okusaasira: Eby'okulabirako Mu....

Matayo **Mark** **Lukka** **Yokaana**

Okukolagaba N'okugeegenya: Eby'okulabirako Mu....

Matayo **Mark** **Lukka** **Yokaana**

Okuddamu: Ebyokulabirako Mu....

Matayo **Mark** **Lukka** **Yokaana**

Okusigira: Ebyokulabirako Mu....

Matayo **Mark** **Lukka** **Yokaana**

Obutonde bw'ensi: Eby'okulabirako Mu....

Matayo **Mark** **Lukka** **Yokaana**

Ebirabika: Ebyokulabirako Mu....

Matayo **Mark** **Lukka** **Yokaana**

Ennono z'okuyiga mu mitendera: Ebyokulabirako Mu....

Matayo **Mark** **Lukka** **Yokaana**

Okugatta Abayizi mu Bibinja: Ebyokulabirako Mu....

Matayo	Mark	Lukka	Yokaana
Abantu ssekinnoomu			
Ebibinja Ebitono			
Abantu Abangi			

ESSUULA EYOOMUKAAGA

OMUSOMESA AVA EWA KATONDA: ENKOZESA -EKITUNDU 2

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okufunza engeri Yesu gye yakozesaamu enkola zino wammanga ez'okuyigiriza:
- Ekimanyikiddwa okudda ku kitamanyikiddwa
- Ekyawamu okudda ku birondobemu
- Ebikwatibwako
- Ebibuuzo n'eby'okuddamu
- Engero.
- Ebyafaayo.
- Okukozesa Ebyawandiikibwa
- Ebyawukana.
- Ebizibu.
- Ebiriwo

OLUNYIRIRI OLUKULU:

> **Naddayo mu kibuga ky'ewaabwe n'ayigiriza mu kkuŋŋaaniro lyabwe. N'abeewunyisa ne bagamba nti, yaggya wa amagezi n'ebyamagero ebyo? (Matayo 13:54)**

ENNYANJULA

Okusomesa kwa Yesu okusinga kwali kwa bigambo. Waliyo ekijuliza ng'awandiika obubaka bwe (Yokaana 8:6). Essuula eno essira esinga kulissa ku nkola entongole ez'okuyigiriza mu bigambo Yesu bye yakozesa.

EKIMANYIKIDDWA OKUDDA KU KITAMANYIDDWA

Yesu yakozesa ebimanyiddwa okuyigiriza ebitamanyiddwa. Yakozesa eby'edda okuyingiza ebipya. Yatandika n'amazima abantu ge baali bamanyi nga bategeera, oluvannyuma n'agazimbirako okuyigiriza amazima ge batamanyi.

Okugeza, Yesu yatera okwogera amazima okuva mu mateeka g'Endagaano Enkadde, n'alyoka abikkula amazima amapya. (Laba Matayo 5:17-48).

Okusomesa kulina okuvaamu okutegeera. Okubikkula amazima amapya nga tuzimbira ku ago agamanyikiddwa edda eri omuwuliriza y'engeri ennungi ennyo ey'okutuukiriza ekiruubirirwa kino. Kikulu abantu bategeere n'ebirowoozo byabwe obubaka kubanga...

Kubanga nga bw'alowooza mu mutima gwe, bw'atyo bw'ali... (Engero 23:7)

EBY'AWAMU OKUDDA KU BIRONDOBEMU

Katonda abikkula okumanya mu kubikkulirwa okweyongera buli kiseera. Ava ku kumanya kw'awamu okudda ku birondobemu. Okubikkulirwa okwawamu kukolebwa, olwo ne kwongerwako ebikwata ku nsonga ezirondobeddwamu. Ekyokulabirako, ekisooka: Okulagula okwawamu okw'Omulokozi kwaweebwa mu Olubereberye 3:15. Oluvannyuma, nga bannabbi b'Endagaano Enkadde baawandiika, Katonda yabikkula ebisingawo nnyo ebikwata ku Mulokozi ajja.

Mu Yokaana 6:35 Yesu yabikkula amazima ag'awamu nti ye mugaati gw'obulamu. Mu Yokaana 6:51-58 Yesu yagaziya amazima gano. Yawa ebisingawo ku mubiri gwe ng'omugaati gw'obulamu omuntu gw'alina okulya bwe baba nga bagenda kufuna obulamu obutaggwaawo. Yesu yakozesa enkola eno ey'okuyigiriza, ennono gy'osobola okugoberera ng'osomesa.

EBIKWATIBWAKO

Yesu yakozesa ebintu ebya bulijjo n'obubonero abawuliriza be bwe baali bamanyidde okuyigiriza mu amazima ga Baibuli. Yakozesa amalanga g'oku ttale n'ebinyonyi okuyigiriza okulabirira kwa Katonda (Matayo 6:26-30). Yakozesa envuba n'okukungula okulaga obwetaavu bw'abakozi okutuuka ku batalokolebwa (Yokaana 4:35 ne Matayo 4:19).

Yesu yakozesa omugaati ogumenyese ng'akabonero k'omubiri gwe ogwamenyese ate n'omwenge ng'akabonero k'omusaayi gwe (Lukka 22:19-20). Yakozesa okunaaza ebigere by'abayigirizwa okulaga obuweereza obw'obwetoowaze mu bukulembeze (Yokaana 13:1-17). Yesu yayita omwana omuto ng'ekyokulabirako eky'obwetoowaze n'okwesiga ekyetaagisa okuyingira mu Bwakabaka bwa Katonda (Makko 10:1316). Yakozesa obubonero bungi okulaga Obwakabaka bwa Katonda, omuli engero z'akatimba, ensigo, omuddo n'eŋŋaano, ekizimbulukusa, mukene, nebirala bingi.

Ebikwatibwako bwe bikozesebwa, birina okuba ebintu oba obubonero obwa bulijjo omuyizi bwamanyi.

EBIBUUZO N'EBYOKUDDAMU

Yesu yakozesanga ebibuuzo n'eby'okuddamu emirundi mingi mu kuyigiriza kwe. Emirundi mingi, Yesu yabuuzanga ekibuuzo okuleetera abawuliriza be okulowooza. Ebiseera ebisinga yali yeetaaga

okuddibwamu (Matayo 16:13-16). Emirundi egimu Yesu yabuuza ekibuuzo ekyasigala nga tekiddiddwamu. Ekigendererwa kwe kuleetera abawuliriza balowooza era n'okusalawo bo bennyini (Lukka 10:25-37; Makko 10:17-18).

Oluusi ebibuuzo bye byali mu ngeri y'ekizibu eky'okulowoozaako (Matayo 21:25-27). Ebiseera ebirala yabuuzanga ekibuuzo okusitula endowooza (Matayo 5:13). Oluusi emboozi ye yonna yali ya bibuuzo ebiddiriŋŋana (Matayo 16:9-12). Emirundi mingi Yesu yaddamu ebibuuzo abantu bye baabuuza mu ngeri y'okubuuza ekibuuzo ekirala (Matayo 9:14-15; 12:10-11; 15:1-3; 21:23-25).

Yesu yakozesa ebibuuzo mu ngeri ez'enjawulo. Osobola naawe okubikozesa mu ngeri zino:

- Okwanjula olusoma: Matayo 21:28
- Okugoberera olusoma: Matayo 21:40
- Okujjukira ebimanyiddwa: Makko 2:25-26
- Okukwata ku muntu ow'omunda w'abawuliriza: Matayo 23:17
- Okutonda okukkiriza: Makko 8:29
- Okunnyonnyola embeera: Makko 10:3
- Okunenya okuwakanyizibwa: Makko 2:25-26
- Okukubiriza okwongera okulowooza oba okunoonyereza: Matayo 6:25-31
- Lowooza ku bikolwa eby'enjawulo: Matayo 9:5
- Funa okutegeera kw'abayizi: Matayo 16:15

Omusomesa asobola:

- Buuza ebibuuzo mu kibiina kyonna.
- Buuza ekibuuzo ky'omuyizi omu.
- Wandiika ebibuuzo ku mpapula z'okusoma oba ez'okugezesa.

Abayizi basobola:

- Buuza omusomesa ebibuuzo.
- Okubuuza ebibuuzo buli omu ekya munne.
- Okuleeta ebibuuzo okuva mu kunoonyereza kwabwe ku kigambo kya Katonda.

Osobola okukozesa amagezi gano okukuyamba okubuuza ebibuuzo ebirungi:

-Buuza ekibuuzo kimu omulundi gumu. Ebibuuzo ebisukka mu kimu bitabula omuyizi.

-Oluvannyuma lw'okubuuza ekibuuzo, sirika. Linda omuyizi addemu.

-Goberera ekibuuzo eky'awamu n'ebibuuzo ebirondebemu ku nsonga y'emu.

-Ddamu eby'okuddamu ebiweebwa abayizi. Teesa ku by'okuddamu. Toswaza muyizi awa eky'okuddamu ekikyamu.

-Buuza ebibuuzo "ebiggule" okusinga "ebiggaddwa." Ekibuuzo ekiggaddwa kyekyo eky'aggala eky'okuddamu ekyangu nti "ye" oba "nedda." Ebibuuzo ebiggaddwa tebikubiriza muyizi kwongera kulowooza n'okusoma. Kino ky'ekyokulabirako ky'ekibuuzo ekiggaddwa:

"Yesu yafa ku musaalaba?"

Ekibuuzo kino kyetaaga eky'okuddamu kya "YE" kyokka. Ekyokulabirako ky'ekibuuzo ekiggule:

"Lwaki Yesu yafiira ku musaalaba?"

Ekibuuzo kino kyetaaga okuddamu okusinga ku "YE" oba "NEDDA." Kireetera abayizi okwongera okulowooza ebikwata ku kufa kwa Yesu. Basobola okuddamu n'eby'okuddamu bingi:

"Kubanga kino kye kyali ekigendererwa Katonda kye yamutuma mu nsi."

"Olw'okwagala kwe eri ensi yonna."

"Okulokola abantu okuva mu kibi."

"Olw'okuwona kwaffe awamu n'obulokozi bwaffe."

"Ku lw'ebibi byange eby'obuntu."

Buli kimu ku by'okuddamu bino kiyinza okuvaamu okwongera okukubaganya ebirowoozo ku kufa kwa Yesu ku musaalaba.

Ekitundu "Okweyongera Okusoma" mu ssuula eno kikuwa omukisa okumanya ebisingawo ku bibuuzo bya Yesu n'engeri y'okukozesaamu ebibuuzo mu kusomesa kwo.

ENGERO

Olugero eba mboozi ekozesa ekyokulabirako okuva mu nsi ey'obutonde okulaga amazima ag'omwoyo. Amakulu amatuufu ag'ekigambo "olugero" kwe "okugeraageranya." Mu ngero, Yesu yakozesa ekyokulabirako eky'obutonde era n'akigeraageranya ku mazima ag'eby'omwoyo. Olugero mboozi ya nsi erimu amakulu ag'omu ggulu.

Yesu yatera okukozesa engero ng'engeri y'okuyigirizaamu:

Era n’engero nnyingi bwe zityo n’ayogera nabo Ekigambo, nga bwe baali basobola okukiwulira. (Makko 4:33)

Engero zirina okunnyonnyolwa okusobola okutegeerwa:

Naye teyayogera nabo awatali lugero: era bwe baali bokka,Yannyonnyola abayigirizwa be ebintu byonna. (Makko 4:34)

Lumu abayigirizwa baabuuza Yesu lwaki yayigiriza ng’akozesa engero. Yaddamu nti:

...Kubanga kyabaweebwa okumanya ebyama by’Obwakabaka bw’Eggulu, naye bo tekyabaweebwa. (Matayo 13:11) (Laba ne Lukka 8:10).

Abantu abalina ebirowoozo eby’omwoyo bategeera engero ez’eby’omwoyo. Abo abalina ebirowoozo eby’omubiri tebasobola:

Naye omuntu ow'obutonde takkiriza bintu bya Mwoyo wa Katonda: kubanga busirusiru gy’ali; so tayinza kubimanya, kubanga bikeberwa mwoyo. (1 Abakkolinso 2:14)

Omusajja alina endowooza y’eby’omwoyo y’oyo eyazaalibwa omulundi ogw’okubiri mu by’omwoyo. Soma Yokaana 3 okufuna okunnyonnyola ku "okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri".

Engero Yesu ze yayigiriza zaali zikwata ku bintu abamuwuliriza bye baali bamanyi. Bw’oba osomesa, osobola kozesa engero Yesu ze yayigiriza naye osobola n’okutonda engero ez’omulembe ku nsonga abakuwuliriza ze bamanyi.

Olw’okuba obuwangwa bwawukana, engero ezitegeerekeka abantu mu North America ziyinza obutategeerebwa bantu mu Australia, Afirika, Asiya, Latin America, ne Bulaaya. Buli kibinja ky’abantu kirina okuba n’engero ezikwatagana n’ebyo bye bayitamu. Okumanya okusingawo ku nsonga eno ey'engero laba ekitundu "Okwongera Okusoma" mu ssomo lino.

EBYAFAAYO

Okufaananako engero, ebyafaayo z’emboozi eziraga amazima ga Baibuli. Naye ebyafaayo ziba mboozi nga ezaaliwo. Ekyokulabirako, emboozi ya Lazaalo n’omugagga yali ntuufu nga yaliyo mu byafaayo. Laazaalo n’omugagga bombi baali bantu ba ddala.

Osobola okukozesa ebyafaayo Yesu bye yakozesa okuyigiriza amasomo. Laba ekitundu "Okwongera Okusoma" ku essuula eno okufuna ebyokulabirako ebirala eby’ebyafaayo Yesu bye yakozesa. Osobola n’okukozesa ebyafaayo by’omulembe guno. Kozesa ebyokulabirako okuva mu by’oyitamu mu by’omwoyo. Kozesa ebyafaayo by’abakulembeze b’omulembe guno ab’eby’omwoyo okulaga amazima agali mu Baibuli.

OKUKOZESA EBYAWANDIIKIBWA

Mu kiseera ky'obuweereza bwa Yesu, Endagaano Enkadde yokka ye yali ewandiikiddwa. Yesu yali amanyi Ebyawandiikibwa eby'Endagaano Enkadde era yabikozesa nnyo mu kuyigiriza kwe. Genda mu katundu k'o "Okweyongera okusoma, weekenneenye ebimu ku byawandiikibwa by'Endagaano enkadde Yesu byeyakozesa.

Kikulu okukozesa ekigambo kya Katonda mu kuyigiriza kwo kubanga ekigambo kye kyekisinga okukola obulungi mu kutuukiriza ebigendererwa eby'omwoyo:

> **Bwe kityo Ekigambo kyange ekiva mu kamwa kange bwe kiri: Tekiriddayo bwerere naye kirikola ekyo kye njagala era kirituukiriza ekyo kye nakituma. (Isaaya 55:11)**

EBYAWUKANA

Yesu yakozesa ebyawukana bingi mu kuyigiriza. Enjawulo esobola okukolebwa ng'ebintu bibiri bikontana oba byawukana ku buli kimu. Ekyokulabirako, Yesu yalaga enjawulo wakati w'ekirungi n'ekibi, ekitangaala n'ekizikiza, abagagga n'abaavu okulaga amazima ge yali ayigiriza.

Ebyawukana bisobola okukozesebwa okuyigiriza enjawulo mu by'omwoyo. Osobola okukola ebyokulabirako Yesu bye yagabana n'abayizi be. Soma enjawulo Yesu ze yakozesa mu "Okweyongera Okusoma" ak'essomo lino.

EBIZBU

Yesu yakozesa ebizibu by'obulamu obwa bulijjo okuyigiriza. Okulowooza n'okuyiga okwa nnamaddala bitera kutandika nga waliwo ekizibu. Ekyokulabirako, "Omunyonyozi" w'amateeka yalina ekizibu okwebuuza ani alina eddembe okusonyiwa ebibi (Makko 2:7).

> **Abawandiisi n'Abafalisaayo baalina ekizibu ku ngeri Yesu gye yakwataganamu n'abasolooza b'omusolo n'aboonoonyi (Makko 2:16).**

Yesu yakozesa buli kimu ku bizibu bino okuyigiriza amazima amakulu ag'eby'omwoyo. Ku byokulabirako ebirala eby'okukozesa ebizibu mu kusomesa, laba ekitundu "Okwongera Okusoma" mu ssuula eno.

EBIRIWO

Yesu yakozesanga ebyabangawo ng'ekitundu ku mbeera eza bulijjo mu bulamu okuyigiriza eby'okuyiga. Yakozesa okujja kw'omukazi okusena amazzi ku luzzi okusomesa essomo ku mazzi amalamu (Yokaana 4). Yesu bweyanenyezebwa olw'okulya ekijjulo n'Abafalisaayo, yakozesa okunenya okwo nayigiriza olugero lw'abo abantu ababiri ababanja (Lukka 7:36-50).

Laba ekitundu "Okwongera Okusoma" mu ssuula eno okufuna ebyokulabirako ebirala eby'okukozesa ebiriwo ng'enkola y'okusomesa.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo

   ……
   ……
   ……..

Wandiika mu bufunze enkola zino wammanga ez'okuyigiriza Yesu ze yakozesa:

2. Ekimanyiddwa okudda ku kitamanyiddwa:

   ……
   ……..

3. Ekyawamu okudda ku birondobemu:

   ……
   ……

4. Ebikwatibwako:

   ……
   ……..

5. Ebibuuzo n'eby'okuddamu:

   ……
   ……

6. Engero:

   ……
   ……

7. Ebyafaayo:

   ……
   ……

8. Okukozesa ebyawandiikibwa:

   ……
   ……

9. Ebyawukana:

   ……
   ……

10. Ebizibu:

    ……
    ……

11. Ebiriwo:

    ……
    ……

OKWEYONGERA OKUSOMA

Emirimu gino wammanga gijja kuwa okunoonyereza okulala ku buli ssomo eryogedwako mu ssomo lino.

EKIMANYIDDWA OKUDDA KU KITAMANYIDDWA

Soma ebiwandiiko bino wammanga Yesu mwe yakozesa ebimanyiddwa okuyigiriza ebitamanyiddwa:

Matayo: 5:17-48; 12:3-8, 38-42, 12:3-8, 38-42; 16:5-12

Makko: 2:23-28; 7:9-13; 8:17-21; 10:17-20

Lukka: 4:16-21; 6:3-5; 11:29-32; 13:1-5, 15-16, 24:44-48

Yokaana: 3:1415; 5:33-36, 46-47, 6:32-33, 7:2124; 8:39-59, 10:3438

EKY'AWAMU OKUDDA KU KIRONDOBEMU

Ekimu ku byokulabirako ekisinga obulungi eby'okuyigiriza okuva ku bya byawamu okutuuka ku birondobemu kisangibwa mu Yokaana 6:35. Yesu annyonnyola endowooza ey'awamu ey'okufa kwe ku musaalaba. Awa ebikwata ku nsonga ebitongole mu Yokaana 6:35-58. Mu Matayo Yesu awa ebikwata ku kufa kwe okwawamu mu Matayo 9:43-45, naye abayigirizwa be tebaabitegeera. Yannyonnyola ebisingawo mu Matayo 18:31-34, era ku nkomerero ne bategeera bwe yamaliriza okusomesa ku nsonga eno mu Matayo 22:15-23.

Osobola okufuna ebyokulabirako ebirala ebiraga engeri Yesu gye yakozesaamu enkola eno mu kuyigiriza kwe?

EBIKWATIBWAKO

Soma ebijuliza bino wammanga Yesu we yakozesa ebintu oba obubonero okuyigiriza amazima ag'eby'omwoyo. Kola ekipande okulaga amazima ag'eby'omwoyo Yesu ge yali ayigiriza. Emitwe gy'ekipande kyo girina okuba bwegiti:

Ebikwatibwako/Akabonero **Okujuliza** **Amazima ge yali asomesa**

Kozesa bino wammanga okumaliriza ekipande kyo:

Matayo: Okuvuba 4:19; omunnyo 5:13; ekitangaala 5:14-16; ebinyonyi 6:26; amalusu 6:28-33; akasasiro n'ekisiki 7:1-5; emiryango 7:13-14; emisege n'endiga 7:15; ebibala 7:16-20; ennyumba ebbiri

7:24-27; ebibe n'ebinyonyi 8:20; engoye n'omwenge 9:16-17; amakungula 9:37-38; endiga n'emisege 10:16; enkazaluggya 10:29-31; ekikoligo 11:28-30; ensigo n'ettaka 13:1-43; eky'obugagga 13:44,52; luulu 13:45-46; akatimba 13:47-50; okusimba 15:10-14; embeera y'obudde 16:1-4; omwana 18:1-6; endiga 18:12-14; engamiya n'empiso 19:23-26; omuti gw'ettiini 21:18-22; ejjinja 21:42-44; ennusu 22:15-22; enkwale n'eŋŋamira 23:24; ebikopo n'amasowaani 23:25-26 entaana 23:27; endiga n'embuzi 25:31-33; omugaati n'omwenge 26:26-29

Makko: Ebyennyanja 1:16-18; ensigo n'ettaka 4; omugaati n'embwa 8:25-30; omunnyo 9:50; abaana 10:13-16; engamiya n'empiso 10:23-27; ennusu 12:13-17; omugaati n'omwenge 14:22-25

Lukka: Ebyennyanja 5:9-10; engoye n'amaliba g'omwenge 5:36-39; emiti 6:43-45; ennyumba bbiri 6:48-49; ettaka n'ensigo 8; amakungula 10:2; abaana b'endiga n'emisege 10:3; ekitangaala 11:3336; 11:3940 era nga; essowaani n'ebikopo; entaana 11:44; enkazaluggya 12:6-7; enkovu 12:22-24; amalusu 12:27-31; embeera y'obudde 12:54-57; akasigo 13:17-19; ekizimbulukusa 13:20-21; entalo n'eminaala 14:26-33; omunnyo 14:34-35; endiga 15:1-7; ffeeza 15:8- 8, 10; ensigo ya kaladaali 17:6; omwana 18:16-17; ejjinja 20:17-18; ennusu 20:20-26; omugaati n'omwenge 22:19- 22; emitiini 21:29-33

Yokaana: Empewo 3:8; amazzi 4:13-14, 7:37-38; okukungula 4:35; ekitangaala 8:12, 9:5, 12:46; omusumba 10; kasooli ow'eŋŋaano 12:23-24; engassi n'amatabi 15; omukazi azaala 16:19-21; okuliisa endiga 21:15-17; okunaaza ebigere 13:1-17

EBIBUUZO N'EBY'ODDAMU

Soma ebijuliza bino wammanga Yesu mwe yakozesa ebibuuzo n'eby'okuddamu ng'engeri y'okuyigiriza:

Matayo: 5:13, 46,47; 6:25-31; 7:3,4,9-11,16,22, 8:26; 9:4,5,15,28; 10:25,29, 10:25,29; 11:7-9,16; 12:4,5,11,12,26,27,29,34,48, 13:27,28,51, 13:27,28,51; 14:31; 15:13,16,17,34, 16:3,811,13,15,26, 17:17,25; 18:12,33; 19:5,17; 20:6,13,15,21,22,32, 21:16,25,28,31,40,42, 22:12,18,22, 23 31,32,42-45 23:17,19,33, 23:17,19,33; 24:2,45; 25:37-39,44 26:10,40,50,53-55, 27:46

Makko: 2:8,9,19,25,26; 3:4,23,33, 4:13,21,30,40, 5:30,39, 6:38; 7:18,19; 8:5,12,17-21,27,29,36,37 9:16,19,21,33,50, 10:3,18,36,38,51, 11:3,17,30, 12:911,15,16,24,26,35,37, 13:2; 14:6,14,37,48, 14:6,14,37,48; 15:34

Lukka: 2:49; 5:22,23; 6:4,9,32-34,39,41,42,46, 7:24-26,31,42,44, 8:25,30,44, 9:18,20,25,41, 19:18,20,25,41; 10:26,36, ne 10:26,36; 11:5,6,11-13,18,19,40, 12:6,14,17,20,24-26,28,42,49,51,56,57,13:2,4,7,15,16,18,20;14:3,5,28,31,34;15:4,8;16:2,3,5,7,11,12;17:79,17;8:7,8,19,41; 19. 31;20:3,4,13,15,17,23,24,41,44 22:11,27,35,46,48,52, 23:31; 24:17,19,26,38,41

Yokaana: 1:38,50; 2:4; 3:10,12; 5:6,44,47, 6:5,61,62,67,70, 6:5,61,62,67,70; 7:19,23; 8:10,43,46, 10,43,46; 9:35; 10:32,34,36 11:9,26,34,40, 12:27; 13:12,38; 14:9,10; 16:5,19,31, 16:5,19,31; 18:4,7,11,23,34, 18:4,7,11,23,34; 20:15; 21:5,15-17,22,23

ENGERO

Essomo	**Okujuliza**
Akasasiro n’ekisiki:	Lukka 6:37-43
Ebizimbe ebibiri:	Matayo 7:24-27, Lukka 6:47-49
Abaana mu katale:	Matayo 11:16, Lukka 7:32
Ababanja ababiri:	Lukka 7:41
Omwoyo omubi:	Matayo 12:43-45, Lukka 11:24-26
Okufumiitiriza kw'omugagga:	Lukka 12:16
Omutiini omugumba:	Lukka 13:6-9
Omusizi:	Matayo 13:3-8; Makko 4:3-8; Lukka 8:5-8
Omuddo:	Matayo 13:24-30
Ensigo:	Makko 4:26
Empeke ya mukene:	Matayo 13:31-32, Mark 4:31, 32, Lukka 13:19
Ekizimbulukusa:	Matayo 13:33, Lukka 13:21
Omumuli:	Matayo 5:15, Makko 4:21; Lukka 8:16, 11:33
Akatimba:	Matayo 13:47, 48
Eky’obugagga ekikusike:	Matayo 13:44
Eky’obugagga eky’omuwendo:	Matayo 13:45, 46
Nnannyini nnyumba:	Matayo 13:52
Obufumbo:	Matayo 9:15; Makko 2:19, 20, Lukka 5:34,35
Ekyambalo eky’ebiraka:	Matayo 9:16, Makko 2:21; Lukka 5:36
Eccupa z’omwenge:	Matayo 9:17; Makko 2:22; Lukka 5:37
Amakungula:	Matayo 9:37, Lukka 10:2
Omulabe:	Matayo 5:25 Lukka 12:58
Ababanja ababiri abatasobola kusasula:	Matayo 18:23-35

Omusamaliya omulungi:	Lukka 10:30-37
Emigaati esatu:	Lukka 11:5-8
Omusumba ow’amazima:	Yokaana 10:1-16
Omulyango omufunda:	Matayo 7:14, Lukka 13:24
Abagenyi:	Lukka 14:7-11
Ekyeggulo ky’obufumbo:	Matayo 22:2-9, Lukka 14:16-23
Ekyambalo ky’embaga:	Matayo 22:10-14
Omunaala:	Lukka 14:28-30
Kabaka ng’agenda mu lutalo:	Lukka 14:31
Essomo	**Okujuliza**
Endiga eyabula:	Matayo 18:12, 13 Lukka 15:4-7
Ekitundu kya ssente ekyabula:	Lukka 15:8, 9
Omwana eyazaawa:	Lukka 15:11-32
Omuwanika atali mwenkanya:	Lukka 16:1-9
Nnamwandu eyalemerako:	Lukka 18:25
Omufalisaayo n’omuwooza:	Lukka 18:10-14
Ofiisi y'omuweereza:	Lukka 17:7-10
Abakozi mu nnimiro y’emizabbibu:	Matayo 20:1-16
Ttalanta:	Matayo 25:14-30; Lukka 19:11-27
Abatabani ababiri:	Matayo 21:28
Abalimi abatemu:	Matayo 21:3343; Makko 12:19; Lukka 20:9-16
Omutiini:	Matayo 24:32; Makko 13:28; Lukka 21:29-30
Nnannyini nnyumba alindirira:	Matayo 24:43; Lukka 12:39
Omusajja ali mu lugendo olw’ewala:	Makko 13:34
Empisa z’abaweereza babiri:	Matayo 24:45-51; Lukka 12:4246

Abawala embeerera ekkumi:	Matayo 25:1-12
Abaweereza abalindirira:	Lukka 12:36-38
Omuzabbibu n’amatabi:	Yokaana 15:1-6

Kati funayo engero z:

a) Londa amazima mu Baibuli oba essomo ly’oyagala okuyigiriza.

b) Lowooza ku mbeera, oba ekyokulabirako ekimu omuwuliriza ky’anaategeera.

c) Nga okozesa ekyokulabirako kino, tonda olugero [emboozi] olulaga amazima ga Baibuli gooyagala okusomesako.

Jjukira: Olugero luno lulina okulaga amazima agalina okuyigirizibwa. Emboozi y’okunyumyako obunyumya tekola. Eteekwa okukwatagana n’Ekigambo kya Katonda oba nga kiraga ekyokulabirako.

EBYAFAAYO

Soma ebyokulabirako bino wammanga eby’ebyafaayo by’emisango. Osobola okufunayo ebirala mu kuyigiriza kwa Yesu?

Ebyafaayo:	**Ekijuliziddwa**
Yokaana Omubatiza:	Matayo 11:7-19; Lukka 7:24-25
Laazaalo n’omugagga:	Lukka 16:19-31

Kati funayo ebyafaayo byo. Lowooza ku kintu ekimu ekituufu ekibaddewo ekiraga amazima agali mu Baibuli. Ekyokulabirako, omanyiiyo omuntu eyakkiriza Yesu nga nnamala naafira mu kabenje? Oyinza okukozesa "ebyafaayo" bye okulaga obubaka nga “Leero lwe lunaku Lw'obulokozi.”

Biki by’ofunye ku bubwo ebiraga amazima agali mu Baibuli? Buulira ku “byafaayo byo" (era kiyitibwa obujulizi bwo obw'obuntu). Kozesa obulamu bw’abakulembeze ab’omwoyo abakulu mu biseera eby’omulembe guno nga ebyafaayo. Obulamu bwabwe bwalaga butya amazima agali mu Kigambo kya Katonda?

OKUKOZESA EBYAWANDIIKIBWA

Soma ebijuliziddwa bino wammanga Yesu we yakozesanga Ebyawandiikibwa mu kuyigiriza kwe:

Ekyaliwo mu ndagaano Empya	**Ekyajulizibwa mu Endagaano Enkadde**
Matayo 4:4:	Ekyamateeka 8:3

Matayo 4:7:	Ekyamateeka 6:16
Matayo 4:10:	Ekyamateeka 6:13
Matayo 5:21:	Okuva 20:13; Ekyamateeka 5:17
Matayo 5:27:	Okuva 20:14; Ekyamateeka 5:18
Matayo 5:31:	Ekyamateeka 24:1,3
Matayo 5:33:	Eby'Abaleevi 19:12; Okubala 30:2, Ekyamateeka 23:21
Matayo 5:38:	Okuva 21:24; Eby'Abaleevi 24:20; Ekyamateeka 19:21
Matayo 5:43:	Eby'Abaleevi 19:18
Matayo 9:13, 12:7:	Koseya 6:6
Matayo 11:10:	Malaki 3:1
Matayo 13:14,15:	Isaaya 6:9,10
Matayo 15:4:	Okuva 20:12; Ekyamateeka 5:16
Matayo 15:4:	Okuva 21:17; Eby'Abaleevi 20:9
Matayo 15:8, 9:	Isaaya 29:13
Matayo 19:4:	Olubereberye 1:27, 5:2
Matayo 19:5:	Olubereberye 2:24
Matayo 19:18, 19:	Okuva 20:12-16; Ekyamateeka 5:16-20
Matayo 21:16:	Zabuli 8:2
Matayo 21:42:	Zabuli 118:22
Matayo 21:13:	Isaaya 56:7; Yeremiya 7:11
Matayo 22:32:	Okuva 3:6
Matayo 22:37:	Ekyamateeka 6:5
Matayo 22:39:	Eby'Abaleevi 19:18
Matayo 22:44:	Zabuli 110:1
Matayo 26:31:	Zakaliya 13:7

Matayo 27:46:	Zabuli 22:1
Lukka 22:37:	Isaaya 53:12
Lukka 23:46:	Zabuli 31:5
Lukka 4:18:	Isaaya 61:1, 2
Yokaana 10:34:	Zabuli 82:6
Yokaana 13:18:	Zabuli 41:9
Yokaana 15:25:	Zabuli 35:19, 69:4

EBYAWUKANA

Soma bino wammanga Yesu mwe yakozesa enjawulo mu kuyigiriza kwe:

Matayo:

Essuula 5-7 Okubuulira ku Lusozi kukozesa enjawulo nnyingi.

9:12	Omulamu/mulwadde
9:13	Abatuukirivu/aboonoonyi
9:16	Olugoye olukadde/olugoye olupya
9:17	Omwenge omukadde/omwenge omupya
10:26	Ebikkiddwa/bibikkuliddwa
10:27	Ekizikiza/ekitangaala
10:28	Omubiri/omwoyo
10:32-33	Yatula/okwegaana
10:34	Emirembe/ekitala
12:33	Omuti omulungi/omuti ogwonoonese
12:35	Omuntu omulungi/omuntu omubi
12:37	Ebigambo ebiwa obutuukirivu/ebigambo ebivumirira
13:12	Abo abalina/abo abatalina
13:13	Abo abalaba era abawulira/abo abatalaba

13:30	Eŋŋaano/omuddo, ettaka eddungi/ebbi
13:47-50.	Ebyennyanja ebirungi/ebibi; omubi/obwenkanya
15:25	Lokola obulamu/fiirwa obulamu
18:23-35	Abo abasonyiyibwa/abo abatasonyiyibwa
16:19-18:18	Okusiba/okusumulula
19:30	Ekisooka/ekisembayo
20:16	Abayitiddwa/abalondeddwa
20:25-28	Omuweereza/omuddu
21:28-30	Omwana eyakola/omwana atakola
21:42	Ejjinja/ejjinja ery'oku nsonda eryagaaniddwa
23:11	Ekisinga obukulu ye muweereza
23:12	Okugulumizibwa/okukakanyizibwa
23:24	Ensigo/engamiya
23:25-28	Ebweru ne munda mu ssowaani
24:40-41	Abo abatwaliddwa n'abalekebwa.
25:1-4	Abawala embeerera abagezi/abawala embeerera abasirusiru
25:29	Awadde/tatwala
Mark:	
2:17	Omulamu/omulwadde, omutuukirivu/omwonoonyi
2:19-20	Abasiiba/abo abatasiiba
2:21	Engoye enkadde/engoye empya
2:22	Omwenge omukadde/omwenge omupya
2:27	Ssabbiiti eri omuntu/omuntu ku lwa Ssabbiiti
3:4	Mukole ebirungi oba ebibi ku Ssabbiiti
2:4	Ettaka eddungi/ettaka ebbi

4:12	Okulaba n'okuwulira/obutalaba n'okuwulira
4:22	Ebintu ebikusiddwa/ebintu ebibikkuliddwa
4:25	Awadde/teyatwala
4:31-32	Ensigo entono/ekimera ekisinga obunene
4:40	Okutya/okukkiriza
7:6-13	Enjigiriza/ennono
7:14-15	Munda/wabweru
8:33	Ebintu bya Katonda/Eby'abantu
8:35	Taasa obulamu/fiirwa obulamu
9:40	Ku ffe/ku lwaffe
9:50	Omunnyo omulungi/omunnyo omubi
10:43-44	Ekisinga obunene/ekitono,Omukulu ye muweereza
11:27-33	Okubatiza kwa Yokaana? kwa Ggulu oba bantu?
12:17	Kayisaali/Katonda
12:27	Katonda w'abafu/Katonda w'abalamu
12:44	Okugaba okuva mu bungi/okugaba okuva mu bbula
14:38	Omwoyo/omubiri
Lukka:	
5:31	Omulamu/mulwadde
5:32	Abatuukirivu/aboonoonyi
5:36	Engoye empya/engoye enkadde
5:37-38	Omwenge omupya/omwenge omukadde
Essuula 6	Enjawulo nnyingi mu ssuula eno
7:20-21	Yokaana Omubatiza/Yesu
7:47	Okwagala ennyo/kitono

8:17-18	Ekyama/ekyeyoleka; alina/talina
9:24	Funa obulamu/fiirwa obulamu
9:48	Ekitono/ekisinga obunene
9:56	Okusaanyaawo/okutaasa

Essuula 10: Engeri y'okweyisaamu mu kibuga ng'oyanirizibwa ne bw'oba nga toyanirizibwa.

11:23	Naye/okumulwanyisa
11:34	Eriiso eddamu/eriiso eddwade
11:35	Ekitangaala/ekizikiza
11:39	Ebweru muyonjo/munda si muyonjo
12:2-3	Ebikisiddwa/ebibikkuliddwa
12:8-9	Okwatula/okwegaana
12:47-48	Emiggo mitono/emiggo emingi
12:51	Emirembe/enjawukana
13:9	Ebibala ebirungi/ebibala ebibi
13:30	Ekisembayo/ekisooka
14:8-11	Okugulumizibwa/okukakanyizibwa
14:12-14	Abagagga/abaavu
14:30	Tandika naye tasobola kumalako
14:34-35	Omunnyo/omunnyo ogutalina kawoowo
15:4-10	Ebuze/ezuuliddwa
15:1132	Omwana omulungi/omwana omubi
16:10-12	Omwesigwa mu bitono/omwesigwa mu bingi
16:13	Bakama babiri
16:15	Abantu bamussaamu ekitiibwa, so si Katonda
16:19-20	Omugagga/ omwavu

17:33	Noonya obulamu/fiirwa obulamu
17:3436	Omu yatwaliddwa/Omu yasiggala
18:10-14	Okwawukana kw'abasajja babiri nga basaba
19:12-27	Okwawukana ku ngeri abantu gye bakozesaamu Ttalanta
19:46	Ennyumba y'okusaba/empuku y'ababbi
20:17-18	Ejjinja/ejjinja ery'oku nsonda eryagaanibwa
20:38	Katonda w'abafu/Katonda w'abalamu
21:14	Ebirabo by'abagagga/abaavu
22:25-30	Ekisinga obunene/ekitono
23:31	Omuti ogwa kiragala/omuti omukalu

Yokaana:

3:6	Abazaalibwa mu mubiri/omwoyo
3:12	Ebintu eby'oku nsi/eby'omu ggulu
3:17	Si kuvumirira wabula okulokola
3:19-21	Ekitangaala /ekizikiza
4:13-14	Amazzi amalamu/ag'obutonde
5:24	Okufa eri obulamu
5:29	Okuzuukira okulungi/okubi
6:32-33	Omigaati gwa Musa/Omigaati gwa Katonda
6:63	Omwoyo/omubiri
7:18	Ekitiibwa kyaffe/Ekitiibwa kye
7:24	Emisango ebiri
8:12	Ekitangaala/ekizikiza
8:23	Mu nsi eno/si wa nsi
8:35	Omuweereza/omwana

8:47	Okuwulira/obutawulira
9:39	Abazibe b'amaaso/abalaba
10:1-18	Omusumba omulungi/omubbi
10:25-29	Endiga zange/endiga endala
10:37-38	Kola mulimu/ so si mirimu
12:24-35	Awonya obulamu/afiirwa obulamu
12:35-36, 46	Ekitangaala/ekizikiza
12:47	Okusalawo/okutaasa
13:16	Omuweereza/Mukama
14:12	Emirimu/emirimu eminene
14:23-24	Okukuuma/obutakuuma bikolwa
14:27	Emirembe gya Katonda/emirembe gy'ensi
15:2	Emizabbibu egibala ebibala/emizabbibu egitabala
15:15	Abaweereza/emikwano
15:19	Eby'ensi/si bya nsi
16:20-22	Ennaku yafuuka essanyu
20:27	Abatalina kukkiriza/abakkiriza
20:29	Abo abalaba era abakkiriza/abo abatalaba
21:18.	Okwawukana ku Peetero bwe yali akyali muto era nga mukulu.

EBIZIBU

Soma ebijuliza bino wammanga Yesu we yakozesanga ebizibu mu kuyigiriza kwe:

Abantu	**Ebizibu byabwe**
Abawandiisi (Makko 2:7).	Ani ayinza okusonyiwa ebibi?
Abawandiisi n'Abafalisaayo (Makko 2:16)	Okukwatagana kwa Yesu n'abasolooza omusolo era

	Abonoonyi.
"Abo" (Makko 2:18)	Lwaki abayigirizwa tebasiiba
Abafalisaayo (Makko 2:24).	Okukuuma Ssabbiiti.
Abawandiisi (Makko 3:22).	Engeri Yesu gye yagobamu badayimooni.
Bannakibuga banne (Makko 6:2,3)	Ensibuko y'amaanyi ga Yesu.
Abawandiisi n'Abafalisaayo (Makko 7:5).	Lwaki abayigirizwa tebaakwata nnono.
Abafalisaayo (Makko 8:11).	Baali baagala akabonero.
Peetero, Yakobo,Yokaana (Makko 9:11)	Okujja kwa Eriya.
Abayigirizwa (Makko 9:34.)	"Ani asinga?"
Abantu	**Ebizibu byabwe**
Yokaana n'abalala (Makko 9:38).	Okugumiikiriza abakozi abalala.
Abafalisaayo (Makko 10:2).	Okwawukana.
Omufuzi omuto omugagga (Makko 10:17).	Okusikira obulamu obutaggwaawo.
Yakobo ne Yokaana (Makko 10:37).	Atudde ku mukono gwe ogwa ddyo ne ogwa kkono.
Bakabona abakulu, abawandiisi n'abakadde (Makko 11:28).	Obuyinza bwa Yesu.
Abafalisaayo n'Abakerodiya (Makko 12:14)	Omusolo ogwaweebwa Kayisaali.
Abasaddukaayo (Makko 12:23).	Okuzuukira
Omuwandiisi (Makko 12:29).	Etteeka erisooka.
Peetero, Yakobo, Yokaana ne Andereya (Makko 13:4).	"Ebintu bino binaabaawo ddi?"
Abamu ku kijjulo kya Simooni (Makko 14:4).	Okwonoona amafuta.
Kabona asinga obukulu (Makko 14:61).	Oba Yesu yeeyita Kristo.

EBYABANGAWO

Soma ebyabangawo mu bulamu, Yesu bye yakozesanga okuyigiriza:

Ebyabangawo	**Omugaso gwakyo**	**Eky'okujuliza**
Okuzuula abasuubuzi mu yeekaalu.	Okuyonja Yeekaalu.	Matayo 21:12-13; Makko 11:15-17
Nikodemo yajja gy'ali	N'ayigiriza okuzaalibwa okuggya	Yokaana 3:121
Okusisinkana omukazi Omusamaliya.	Okukyusa obulamu.	Yokaana 4:1-42
Omugenge yajja gy'ali.	Okutukuza omubiri ogw'omubiri.	Matayo 8:1-4; Makko 1:40-45; Lukka 5:1214
Okuleeta omusajja omulema	Okuwony okw'omwoyo N'okwomubiri	Matayo 8:5-13; Lukka 7:1-10
Yalaba omusajja ng'agalamidde. Ku kidiba kye Besuseida.	Okuwona mu mubiri.	Yokaana 5:1-9
Okwemulugunya kw'Abafalisaayo ku bayigirizwa olw'okunoga kasooli ku Ssabbiiti.	Okuyigiriza eby'amazima ku nkolagana y'omuntu ne Ssabbiiti	Matayo 12:1-8; Makko 2:23-28; Lukka 6:1-5
"Okulaba enkuyanja"	Okubuulira ku Lusozi	Matayo 5 okutuuka ku 7
Okulya ne Simooni Omufalisaayo.	Ababanja bombi.	Lukka 7:41
Okujja kw'amaama	Okuyigiriza kwe obukulu	Matayo 12:46-50

n’abooluganda be.	bw’enkolagana ey’omwoyo.	Makko 3:31-35; Lukka 8:19-21
Ekibuuzo ky'abayigirizwa, "Lwaki oyogera gye bali mu ngero?"	Okuyigiriza ebikwata ku byama by’obwakabaka.	Matayo 13:10-17
Abayigirizwa basaba okunnyonnyolwa olugero lw’engaano	Enjigiriza ekwata ku abaana ab’omubi	Matayo 13:36-43
"Lwaki mukama wo alya n'abasolooza b’omusolo?"	Okuyigiriza ku balamu n'abalwadde	Matayo 9:10-13."

ESSUULA EYOOMUSANVU

EBIKOZESEBWA MU KUSOMESA

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno onooba osobola:

- Okunyonnyola "Ebikozesebwa mu kusomesa."
- Okunyonnyola ebikozesebwa mu kuwulira n'okulaba.
- Okunyonnyola obukulu bw'ebikozesebwa mu kuwulira n'okulaba.
- Okutondawo ebikozesebwa mu kuwulira n'okulaba.
- Okwekenenya ebikozesebwa mu kusomesa.

ENNYIRIRI ENKULU:

> **N'addira omwana n'amuteeka wakati mu bo: era bwe yamala yamukwata mu mikono gye, N'abagamba. Buli alisembeza omu ku baana abo mu linnya lyange, ansembeza: era buli ansembeza, tasembeza nze, wabula oyo eyantuma. (Makko 9:36-37)**

ENNYANJULA

Mu ssomo lino ojja kuyiga ku bikozesebwa eby'enjawulo ebiyinza okukozesebwa ng'osomesa. Oyinza obutaba na mukisa kufuna byonna eby'ogeddwako mu ssuula eno olw'eyo gy'obeera n'embeera yo ey'ebyensimbi. Kubanga emisomo gya Harvestime International Institute gikozesebwa mu bifo bingi, essuula eno eteekeddwamu eri abo abasobola okufuna ebintu ng'ebyo. Tutaddemu ku bikozesebwa mu kusomesa by'osobola okukozesa awatali kusasula ssente oba ebyuma eby'enjawulo.

EBIKOZESEBWA MU KUSOMESA

Ebikozesebwa mu kusomesa ky'ekintu ekikuyamba okusomesa essomo. Eno y'ensonga lwaki kiyitibwa "Ekiyamba." Ekikozesebwa mu kusomesa kiyinza okuba omulimu oba pulojekiti eyamba abayizi okutegeera amazima agamu aga Baibuli. Ekikozesebwa mu kusomesa era kiyinza okuba ekintu ekiyinza

okulabibwa, okuwulirwa, oba okukwatibwako. Ekintu ng'ekyo kiyitibwa "ekintu ekiyamba mu kuwulira n'okulaba".

Ekigambo "Audio" kitegeeza okuwulira. Ekigambo "Visual" kitegeeza okulaba. "Ekikozesebwa Eky'eddoboozi n'okulaba" bwe ekintu ekiyinza okulabibwa, okuwulirwa oba okukwatibwako era ekiyamba mu kuyiga. Oluusi obuyambi buba amaloboozi gonna, gamba ng'okukwata kaseti. Oluusi kiba kirabika ddala, gamba ng'ekifaananyi ekiraga amazima. Ebiseera ebirala, byombi bya maloboozi n'ebirabika bigattibwa mu bikozesebwa mu kusomesa nga mu firimu oba vidiyo n'amaloboozi.

OBUKULU BW'EBIKOZESEBWA MU KUSOMESA

Ebikozesebwa mu kusomesa bikulu kubanga okulaba, okuwulira, n'okukola ze ngeri enkulu ze tuyigiramu. Okunoonyereza okw'enjawulo kukoleddwa okulaga nti tujjukira:

...10% ku bye tuwulira,

...50% ku bye tulaba,

...70% ku bye tukola,

...ne 90% ku bye tulaba, bye tuwulira, bye twogera, ne bye tukola.

Olw'ensonga eno, kikulu abasomesa okugatta ebikozesebwa mu kuwulira, ebirabika, n'ebikozesebwa mu kusomesa.

EBIKA BY'EBIKOZESEBWA MU KUSOMESA

Bino bye bimu ku bikozesebwa by'osobola okukozesa mu kusomesa:

EBINTU EBYA BULIJJO:

Osobola okukozesa ebintu ebya bulijjo mu bikwetoolodde okulaga essomo. Yesu yakozesa ebintu bingi ng'ebyo ng'ebikozesebwa. Yakozesa ebimuli, emimuli, ebinyonyi, ebyennyanja, ensigo, eŋŋaano, abaana, n'amayinja okulaga byeyali asomesa.

EBIFAANANYI:

Muno mulimu ebifaananyi, ebitundu by'empapula z'amawulire, ebifaananyi by'ebitabo ne magazini.

VIDIYO KASETI

Video-cassettes ne DVDs bifaananyi ebitambula ebirina amaloboozi ebyetaagisa pulojekita ez'enjawulo (Ebyuma ebikasuka amaloboozi) oba kompyuta okulagibwa.

KASETI Z'AMALOBOOZI, CD, ne MP3:

Kaseti z'amaloboozi, CD, ne MP3 bikwata amaloboozi. Zisobola okuzannyibwa ku bikozesebwa mu kukwata amaloboozi, kompyuta, n'ebyuma eby'enjawulo ebya MP3.

EBINTU EBYOKUNOONYEREZA MU BAYIBULI:

Kubiriza abayizi okukozesa enkulukze za Baibuli, atalaasi, ebitabo ebisomesa ebigambo ebya Baibuli bwebiba nga w'ebiri. Bajja kuyiga ebisingawo ku ssomo ly'oyigiriza ate nga bakulaakulanya obukugu obw'omugaso mu kuyiga Baibuli.

EBIKOLWA EBIKOLEBWA KOMPYUTA:

Maapu, ensengeka, ebigambo mu nnyimba, Ebyawandiikibwa, n'ennyanjula za power point ziyinza okuteekebwa ku kompyuta oba ekyuma ekiraga ebifanaanyi okusobola okubilaba mu kusomesa.

PULOJEKITI:

Abayizi bawe pulojekiti okunyweza bye bayize. Bayinza okukuba maapu oba ekifaananyi, okuzimba ekintu kyonna [nga weema y'Endagaano Enkadde], wandiika lipoota, oba tonda ekipande. Pulojekiti z'obuweereza ez'omugaso zisobola okuteekebwamu gamba ng'okubuulira abalala, okukyalira abalwadde, okuliisa abalumwa enjala, n'ebirala Pulojekiti zikubiriza abayizi "okukola Ekigambo" mu kifo ky'okubeera abawulize kyokka.

MAAPU:

Maapu ziyamba abayizi okutegeera ebitundu by'ensi ebyo ebyaali mu Bayibuli webyabeera. Abayizi basobola okusoma maapu oba okukuba maapu ezikwata ku ssomo.

ENGENDO Z'OKUSOMA:

Engendo z'okusoma kye kintu ekirala ekirungi ennyo ekiyamba okuyigiriza. Abayizi basobola okugenda mu Kkadiyirizo lya Baibuli, ekkomera, n'ebirala, okuyiga ebisingawo ne/oba okukozesa bye baayiga edda.

EBIPANDE N'EBIBA:

Tonda ekipande oba ekiba okulaga essomo. Ekipande kiyinza okuwandiika ensonga enkulu eziri mu ssomo oba olunyiriri lw'okujjukira Ebyawandiikibwa. Ebiba bikozesebwa okugeraageranya.

EMIZANYO, PAZO:

Ekirowoozo ekirungi ennyo eky'okukola n'abaana kwe kutondawo emizannyo ne pazo okunyweza okusomesa. Ekyokulabirako, wandiika buli kigambo eky'ekiwandiiko ky'Ebyawandiikibwa ku kaadi ez'enjawulo era obitabule. Abayizi baziteeke mu nsengeka entuufu. Kino kijja kuyamba mu kukwata olunyiriri mu mutwe.

AKAZANNYO:

Abayizi basobola okuzannya katemba ku ssomo lya Baibuli eribadde lisomesebwa. Kino okukikola, abayizi batwala emirimu gy'abantu ab'enjawulo mu ssomo n'okuzannya emboozi ya Baibuli.

EBIPOOLI:

Ebipooli y'engeri endala ey'okuzannyamu emboozi za Baibuli. Ebipooli biba bifaananyi bitonotono eby'abantu oba ebisolo ebiyinza okukozesebwa okuzannya katemba mu mboozi. Ziyinza okutondebwa mu bbaasa, olugoye, n'ebikozesebwa ebirala.

EMBAAWO Z'ENNONO OBA EMBAAWO ENZUNGU:

Embaawo z'ennono oba embaawo enzungu bye bipande ebibikkiddwako ekizigo eky'enjawulo ekikusobozesa okuziwandiikako, okubijjako, era n'oddamu okuwandiikako mu kifo ky'ekimu. Omusomesa asobola okukozesa embaawo okusobola okuwandiika ebigambo ebikulu, ennyiriri, oba ensengeka z'essomo. Era zisobola okukozesebwa okukuba ebifaananyi n'ebifaananyi eby'okulabirako. Abayizi bayinza n'okukozesa embaawo zino ku bigendererwa bye bimu n'omulimu gw'okuyiga.

OBUPAPULA OBUTONO

Buno buba bitundu bya mpapula oba kaadi ebiyinza okukwatibwa mu ngalo zo n'obikozesa mu kusomesa ng'ebikozesebwa abayizi ng'ekintu ekiyamba okuyiga. Okugeza, osobola okukola obupapula buno oba kaadi ez'ennyiriri z'okujjukira. Oludda olumu lusobola okuwandiikibwako olunyiriri. Oludda olulala luyinza okuba n'ebyo Bayibuli by'ejuliza. Bw'olaga Bayibuli ejuliziddwa, ekibiina kyogere olunyiriri olutuufu. Bw'obalaga olunyiriri olwo, balina okuwa ekijuliziddwa ekituufu okuba mu Baibuli.

ENYIMBA:

Ennyimba zisobola okukozesebwa ng'ekintu ekiyamba kusomesa. Kozesa oluyimba olugamba nga:

- Lukwatagana n'essomo ly'ogabanye.
- Luleetera okuddamu ky'osabye mu ssomo. Okugeza, okuleetera okukkiriza Enjiri singa eyo yebadde nsonga y'omusomo.
- Lukwatagana n'omwoyo gw'essomo: Musanyufu n'essanyu oba okusinza mu kimpowooze.

OBUJULIZI:

Obujulizi bw'abayizi oba abagenyi busobola okukozesebwa okulaga ekyokulabirako ky'essomo. Okugeza, singa okusomesa essomo kuli kukusumululwa, omuntu awe obujulizi ku kusumululibwa kwe.

OKUKWATA MU MUTWE:

Okukwata ennyiriri, emboozi mu mutwe, kiyamba nnyo abayizi okujjukira Baibuli eby'okuyiga.

OKUGEZESA:

Abayizi basobola okugezesebwa okunyweza bye bayize. Ekigezo kiyinza okuba eky'omu kamwa oba mu buwandiike. Oluvannyuma lw'okugezesebwa, wekenneenya ebintu byonna abayizi bye balinamu obuzibu.

OKUNYUMYA EMBOOZI N'OKWEKENNEENYA:

Bw'oba osomesa baana bato, bakirize banyume emboozi mu bigambo byabwe oluvannyuma lw'omusomo. Abantu abakulu basobola okufunza essomo. Weekenneenye essomo nga oyita mu kukubaganya ebirowoozo, ebibuuzo n'okuddamu.

ENSIBUKO Y'EBIKOZESEBWA MU KUSOMESA

Osobola okwekolera ebimu ku bikozesebwa mu kuyigiriza. Ebirala osobola okubigula mu maduuka. Bw'oba tolina nsimbi oba okufuna obuyambi obwo, kozesa ebintu ebyangu okuva mu bikwetoloode nga tekyetaagisa bikozesebwa oba ssente.

Yesu teyalina ssente za bikozesebwa wadde ebintu byonna okwekolera ebikozesebwa mu kuyigiriza, naye ate yabikozesa emirundi mingi ng'alonda ebintu okuva mu butonde bw'ensi okulaga ebyo byeyasomesa. Oyinza okwewola ebikozesebwa mu kuwulira n'okulaba n'ebikozesebwa ebyetaagisa okuva mu bammemba b'ekkanisa yo, amakanisa amalala, amaterekero g'ebitabo, essomero lya gavumenti ery'omu kitundu, oba ekitebe ky'amadiini.

OKWEKENNEENYA EBIKOZESEBWA MU KUSOMESA

Kozesa olukalala luno wammanga okwekenneenya ebikozesebwa mu kusomesa:

1. Ekikozesebwa oba omulimu gukwatagana n'omusomo? Kiyamba okunnyonnyola oba kyeyoleka bulungi?
2. Kisaanidde ku ddaala ly'emyaka gye kigendereddwamu?
3. Kisaanidde okugulibwa ensimbi ezo, obudde n'omuwendo okugikola bw'oba osazeewo kukola ekyo ekiyamba mu kuwulira n'okulaba?
4. Kiyamba kitya okutuukiriza ebigendererwa by'oteereddewo mu musomo?
5. Kitegeerekeka bulungi era kyangu okutegeera?

Jjukira: Ebikozesebwa mu kusomesa biba ebyo...ebiyamba. Tobyesigamako byokka. Obwesige bwaffe buli mu Kigambo kya Katonda ekikozesebwa Omwoyo wa Katonda okukola emirimu gya Katonda mu bulamu bw'abayizi.

Omulimi omulungi akozesa ebikozesebwa ebisinga obulungi by'alina okusimba ennimiro ze. Naye akimanyi nti eba nsigo, si ebikozesebwa bye, bye bireeta amakungula.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika ennyiriri enkulu okuva mu mutwe.

   ……
   ……
   ……

2. Ekiyamba mu kusomesa kye ki?

   ……
   ……
   ……

3. Ebikozesebwa mu kuwulira n'okulaba bye biruwa?

   ……
   ……
   ……

4. Lwaki ebikozesebwa mu kuwulira n'okulaba bikulu?

   ……
   ……
   ……

5. Yesu yakozesa kika ki eky'ebikozesebwa mu kuwulira n'okulaba?

   ……
   ……
   ……

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Kolayo ekikozesebwa mu kuwulira n'okulira ku ssomo ly'oteekateeka okusomesa.

2. Weekenneenye ebikozesebwa by'okoze ng'okozesa olukalala oluweereddwa mu ssomo lino:

- Ekikozesebwa oba omulimu gukwatagana n'omusomo? Kiyamba okunnyonnyola oba kyeyoleka bulungi?
- Kisaanidde ku ddaala ly'emyaka gye kigendereddwamu?
- Kisaanidde okugulibwa ensimbi ezo, obudde n'omuwendo okugikola bw'oba osazeewo kukola ekyo ekiyamba mu kuwulira n'okulaba?
- Kiyamba kitya okutuukiriza ebigendererwa by'oteereddewo mu musomo?
- Kitegeerekeka bulungi era kyangu okutegeera?

ESSUULA EYOOMUNAANA

OKWEKENNEENYA ABAWULIRIZA

EBIGENDERERWA:

Bw’omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okunyonnyola “Okwekenneenya abawuliriza.”
- Okunnyonnyola obukulu bw’okwekenneenya abawuliriza.
- Okufunza emitendera gy’okwekenneenya abawuliriza.
- Okufunza embala z’ebibinja by’emyaka eby’enjawulo.

ENNYIRIRI ENKULU:

Naye Yesu teyeewaayo gye bali, kubanga yali amanyi abantu bonna.

Kubanga yamanya bw’afaanana, nga tekyetaagisa kubuulira muntu kyali. (Yokaana 2:24-25)

ENNYANJULA

Nga tonnatandika kusomesa kikulu okwekenneenya abakuwuliriza, okuteekawo ebigendererwa, n’okuteekateeka essomo. Essomo lino linnyonnyola engeri y’okwekenneenyaamu abawuliriza. Essuula ebbiri eziddako zikwata ku kuteekawo ebigendererwa n’okuteekateeka emisomo.

OKWEKENNEENYA ABAWULIRIZA

"Abawuliriza" kye kibinja ky'abantu b'ogenda okusomesa. "Okwekenenya" ekintu kwe kukisomako mu bulambulukufu, okwekenneenya obulungi engeri zaakyo, okusoma ebitundu by’ekintu kyonna. Okwekenenya abawuliriza kitegeeza okusoma n’obwegendereza embala oba engeri z’ekibinja ky’abantu ky’oteekateeka okusomesa.

OBUKULU BW'OKWEKENNEENYA

Okwekenenya abawuliriza kikulu kubanga okuyiga kukosebwa ebintu bingi omuli olulimi, obuyigirize, obuwangwa, obusobozi bw'omubiri, okukula mu by'omwoyo, ekikula, embeera y'obufumbo, embeera z'abantu, omutendera gw'ebyenfuna, ebyetaago by'omuntu, n'emyaka.

Bw'oteekenneenya bawuliriza kiyinza okukuviraako okusomesa abantu abato mu myaka oba abakulu mu myaka ebyo ebyandisaanye okubasomesebwa, saako n'obukulu bwabwe mu by'omwoyo. Oyinza obutakozesa lulimi lwe bategeera. Oyinza obutakwataganya misomo ku mutendera gyabwe olw'embeera z'abantu n'ebyenfuna oba ku byetaago byabwe eby'obuntu.

Tosobola kumanya buli kintu ku buli muntu mu boosomesa. Naye osobola okulowooza ku ki abasinga obungi kyebali era n'osaba Omwoyo Omutukuvu akuyambe okutuukiriza ebyetaago byabwe ssekinoomu.

Yesu yategeera abawuliriza be. Yali amanyi empisa n'obulamu bw'omuwuliriza we kubanga yali omu ku bo. Yesu yali alina amagezi g'obwa Katonda okumanya ebyetaago byabwe:

> **Naye Yesu teyeewaayo gye bali, kubanga yali amanyi abantu bonna.**
>
> **Kubanga yamanya bw'afaanana, nga tekyetaagisa kubuulira muntu kyali. (Yokaana 2:24-25)**

Katonda asobola okukulaga ebintu ebikwata ku bawuliriza naye era osobola okukulaakulanya obukugu obumu obw'omugaso obusobola okukuyamba mu kitundu kino. Omutume Pawulo yakola kino:

> **Naye Pawulo bwe yategeera ng'abamu abali mu lukiiko Basaddukaayo, ate abalala Bafalisaayo, n'ayogera mu ddoboozi ery'omwanguka eri olukiiko nti, Abooluganda ndi Mufalisaayo, mutabani w'Omufalisaayo; Kaakano mpozesebwa lwa kubanga nzikiriza nga waliwo okuzuukira kw'abafu. (Ebikolwa 23:6)**

Pawulo bwe yaweerezanga Abayudaaya, yaggumiza embeera ye ey'Ekiyudaaya. Bwe yayogera n'Abaruumi n'amawanga amalala, yakyusa enkola ye. Pawulo yali amanyi obukulu bw'okwekenneenya abawuliriza be, okwogera nabo mu lulimi lwabwe, n'okukozesa enkola ng'ebatuukirako bulungi:

> **Naye Pawulo n'agamba nti Ndi musajja Muyudaaya ow'e Taluso…era mbeegayirira, munzikirize njogere eri abantu...**
>
> **Awo bwe baawulira ng'ayogera nabo mu lulimi olw'Olwebbulaniya, ne basirika nnyo, n'agamba nti... (Ebikolwa 21:39 ne 22:2)**

ENGERI Y'OKWEKENNEENYA ABAWULIRIZA

Gino gy'emitendera egisobola okukuyamba okwekenneenya abawuliriza b'oteekateeka okusomesa:

1. Saba Katonda akubikkulire eby'omwoyo, ebirowoozo, eby'omubiri, n'eby'omubiri n'ebyetaago byabwe:

Omuntu yenna ku mmwe bw'abulwa amagezi, asabe Katonda agabira abantu bonna nga teyejjusa: era galimuweebwa. (Yakobo 1:5)

2. Tugambibwa okwegomba [okunoonya] ebirabo eby'omwoyo (1 Abakkolinso 12:31). Saba Katonda ebirabo eby'omwoyo eby'ekigambo eky'amagezi n'ekigambo eky'okumanya. Ebirabo bino biwa okumanya kw'obwakatonda mu bantu n'ebizibu byabwe nga bigattiddwa wamu n'ekigambo eky'amagezi okubayamba. Ekirabo eky'okutegeera emyoyo nakyo kiyamba. (Okwongera okusoma ku bino birabo by'omwoyo, laba omusomo gwa Harvestime International Institute, "Obuweereza Bw'Omwoyo Omutukuvu").

3. Weetegereze era okwatagana n'abayizi bo. Ojja kuyiga bingi ng'olaba era ng'obeera nabo. Soma ebitabo by'Enjiri era weetegereze engeri Yesu gye yeetegerezaamu enneeyisa y'abayigirizwa be n'engeri kino gye kyakwata ku kuyigiriza kwe.

4. Bw'oba oweereza mu ggwanga eryawukana ku lyo, yiga byonna by'osobola ku bantu ng'obabuuza ebibuuzo, okwetegereza, n'okusoma ebitabo ebikwata ku buwangwa.

5. Bwe kiba kisoboka, bakyalire ko mu maka gaabwe. Ojja kuyiga bingi ng'olaba ebibeetolodde.

6. Bw'oba osomesa baana, manya bazadde baabwe. Buuza abazadde ebyetaago eby'enjawulo eby'abaana n'okukolagana n'abazadde mu bitundu bino.

7. Kozesa ekitabo ekilungamya ku kwekenneenya abawuliriza ekiweereddwa mu kitundu ekisigadde mu ssomo lino.

EKIRUNGAMYA KY'OKWEKENNEENYA ABAWULIRIZA

Kozesa ekirungamya kino okwekenneenya abawuliriza. Okuyiga kukosebwa ensonga zino wammanga:

OLULIMI:

Omuyizi alina okutegeera olulimi essomo mwe lisomesebwa. Bwe kitaba ekyo, omuvvuunuzi arina okukozesebwa.

Weekenneenye Abakuwuliriza:

-Boogera olulimi lwe lumu naawe?

-Mulimu abatayogera lulimi lwo? Bwe kiba bwe kityo, omuvvuunuzi ajja kuba yetaagisa.

OBUYIGIRIZE:

Obuzibu bw'omusomo bulina okutereezebwa okusinziira ku ddaala ly'obuyigirize bw'abasinga obungi. Abayizi abamu bayinza okuba nga basomyeko ate abalala nga tebasomangako. Abamu bategeera mangu okusinga ku balala.

Weekenneenye Abakuwuliriza:

-Obuyigirize bw'abayizi obw'awamu buli ki? Tebaasoma, ba pulayimale, ba Ssekendule, oba ba mutendera gwa ttendekero?

-Olina abayizi abalina obuzibu mu kusoma? Bwe kiba bwe kityo, kiki era ojja kukolagana otya nabo?

EBY'OBUWANGWA:

Obuwangwa bukosa enkola y'okuyiga. Omusomesa alina okukozesa ebyokulabirako ebitegeerwa mu buwangwa obwo. Obuwangwa bukosa engeri gye tulowoozaamu n'engeri gye tulabamu ensi etwetoolodde. Abantu bayiga bulungi ng'emisomo gikwatagana n'embeera gye balimu. Obuwangwa bwe busalawo eky'okuddamu ekituufu. Okugeza, obuwangwa obumu tebuliimu nnyo nneewulira. Abalala baba ba nneewulira. Engeri abayizi gye baddamu eri Enjiri emirundi mingi bakosebwa obuwangwa bwabwe.

Mu buwangwa obumu tekikkirizibwa mukazi kuyigiriza musajja oba musajja kuyigiriza mukazi. Obuwangwa obulala bwetaagisa abasomesa okufuna okukkirizibwa okuva eri omukadde oba omukulembeze w'ebika nga tebannasomesa. Oyinza okwetaaga okukyusakyusa mu ngeri gy'oyambala oba endabika yo okusobola okukkirizibwa.

Kikulu okutegeera n'okukola mu ekyo obuwangwa kye bwetaaga, kasita tekikosa nnono za byawandiikibwa oba okukosa ennyanjula y'obubaka bw'Enjiri.

Weekenneenye Abakuwuliriza:

-Buwangwa ki obukiikiriddwa?

-Mu ngeri ki obuwangwa gye bunaakosa engeri yo ey'okusomesa?

-Obuwangwa bunaakwata butya ku nkola y'omusomo gwo?

-Obuwangwa bunaakosa mu ngeri ki okuddamu okuva mu bayizi?

-Ojja kwetaaga okutereeza enkola yo ey'okusomesa oba endabika yo okukkirizibwa mu buwangwa buno?

OBUSOBOOZI BW'OMUBIRI:

Obusobozi bw'omubiri busobola okukosa okuyiga. Ekyokulabirako, omusomesa atasobola kuwulira wadde okulaba alina okukyusa mu nkola ze ez'okusomesa.

Weekenneenye Abakuwuliriza:

-Abalina obuzibu mu kulaba n'okuwulira bazze mu maaso.

-Kakasa nti ebikozesebwa mu kulaba binene ekimala okulabibwa.

-Kozesa omuvvuunuzi eri bakiggala [olulimi lwa bakiggala], bwe kiba kisoboka.

-Oyinza okwetaaga okutegeka obuyambi obw'enjawulo eri abo abalina obulemu obulala mu mubiri.

-Basabire olw'amaanyi ga Katonda bawonyezebwe.

OKUKULA MU BY'OMWOYO:

Abakuwuliriza bayinza okuba abatakkiriza, abakkiriza abapya, abakkiriza abakuze mu by'omwoyo oba bonna ab'ekika bino ebisatu. Pawulo alabula nti abantu abamu si beetegefu okulya "ennyama ya Kigambo" [amazima g'ekigambo ag'ebuziba]. Abantu balina okuliisibwa "amata" g'Ekigambo [amazima agasookerwako] nga tebannagenda mu buziba obukwata ku Baibuli (I Abakkolinso 3:12).

Weekenneenye Abakuwuliriza:

-Abasinga obungi banaaba batakkiriza? Kino osanga kyandibadde kirungi mu lukungaana olunene mu kibuga ku Kuluseedi. Obubaka bwo bulina okutunuulira abatakkiriza.

-Abawuliriza abasinga bakkiriza bapya? Bwe kiba bwe kityo, bajja kwetaaga okuyigirizibwa mu misingi egisookerwako egy'okukkiriza.

-Abasinga obungi banaaba bakkiriza? Kino kiyinza okuba ekirungi ng'okoze olw'enjawulo oluggulewo eri bokka bammemba b'ekkanisa. Naye tolowoozangako nti buli muntu mukkiriza. Wanga abantu omukisa okwenenya n'okukkiriza Yesu ng'Omulokozi.

-Kiki ky'omanyi ku ddaala lyabwe mu kukula okw'omwoyo?

KIKULA:

Oba abawuliriza bonna basajja oba bonna bakazi oba kikula kyabwe ekitabuddwa kiyinza okukosa okusomesa. Okugeza, eky'okuyiga ku buvunaanyizibwa bwa Baibuli obw'abaami okwagala bakyala baabwe kyandibadde kituukirawo nnyo ku basajja okusinga abakazi.

Weekenneenye Abakuwuliriza:

-Bonna banaaba ba musajja?

-Bonna banaaba ba bakazi?

-Kinaaba kikula ky'abakazi n'abasajja?

EMBEERA Y'OBUFUMBO:

Abafumbo balina ebizibu n'ebyetaago eby'enjawulo okusinga abantu abali obwannamunigina, abaawukanye, oba bannamwandu. Abantu abalina abaana basisinkana ebizibu ebimu abafumbo abatalina baana bye batafuna.

Weekenneenye Abakuwuliriza:

Weekenneenye abakuwuliriza omanye bameka:

-Abawuulu

-Abafumbo abalina abaana

-Abafumbo abatalina baana

-Bannamwandu n'abaana

-Bannamwandu nga tebalina baana

- Yayawukana n’ataddamu kuwasa/kufumbirwa, akuza abaana bokka

-Yayawukana n'ataddamu kufumbirwa/kuwasa, talina baana

-Yanoba n'addamu okufumbirwa, talina baana

-Yanoba n'addamu okufumbirwa n'abaana

EMBEERA Z’ABANTU N’OMUTENDERA GW’EBYENFUNA:

Teekateeka okusomesa kwo okusinziira ku mutendera gw’ebyenfuna n’embeera z’abantu ogukiikirirwa abawuliriza abasinga obungi. Yesu yaweereza mu ngeri ya njawulo eri omukazi eyali ku luzzi (Yokaana 4) okusinga bwe yaweereza eri Nikodemo (Yokaana 3). Omukazi yali wa kibiina kya byanfuna ekya wansi. Nikodemo yali wa mu kibiina kya waggulu.

Pawulo yagamba nti tulina okuba abeetegefu okukyusakyusa okusobola okubunyisa Enjiri:

> **...Nnafuulibwa byonna eri abantu bonna, nsobole okulokola abamu. (1 Abakkolinso 9:22) (Laba n’ennyiriri 19-21).**

Weekenneenye Abakuwuliriza:

Omutendera gw’ebyenfuna ogwawamu guli gutya? Ba waggulu, ba wakati, oba ba kikula kya wansi mu by’enfuna? Balina obwetaavu obw’amaanyi obw’ensimbi?

-Bakola mirimu ki? Abayizi, abakozi mu buweereza, mu bizinensi, abakugu, baawummula, bakyala b’awaka, abakozi, tebatalina mirimu?

-Babeera wa? Ebibuga, ebyalo, ebitundu ebyesudde, ebitundu ebyavu, ebitundu eby’omutindo ogwa wakati oba ogwa waggulu. Basengukira yo? Tebalina webabeera?

EBYETAAGA BY’OMUNTU:

Kikulu okumanya ebyetaago by’abawuliriza eby’omubiri, eby’obwongo, eby’omwoyo, eby’enneewulira. Kino kikulu mu kufaayo, okuteeka mu nkola okuddamu.

Weekenneenye Abakuwuliriza:

Bino bye bimu ku byetaago n’ebizibu by’abantu ebitera okubaawo:

Ebyetaago by'Omwoyo:

- Obulokozi
- Okukakasa obulokozi
- Okutukuzibwa/obutukuvu
- Okubatizibwa mu mazzi
- Okubatiza Omwoyo Omutukuvu
- -Okuwona n'okusumululwa
- Okukula mu mwoyo: Okugeza ebirabo by’Omwoyo, ebibala by’Omwoyo, okumanya Katonda byayagala, okukola ku bizibu by’obulamu, okukola ku kugezesebwa, entalo, okusaba, okuzaala mu by’omwoyo, n’ebirala.

Ebyetaagiso by’embeera:

- Okutya
- Okubeera obw’omu
- Okwennyamira n'okuggwaamu amaanyi
- Obukaawa
- Obutasonyiwa
- Endowooza y'omuntu gyeyerabamu
- Obusungu, ebizibu ebirala eby’empisa
- Obukyayi
- Okwesalira omusango
- Obuggya
- Obujeemu

Ebyetaago mu by'ensimbi:

- Ssente ezitamala kutuukiriza byetaago ebisookerwako
- Betaaga emirimu

Ebyetaago by'omubiri:

- Endwadde
- Obuzibu mu buzito bw’omubiri
- Obuzibu mu ndabika

Ebizibu eby'enjawulo:

- Okwawukana mu bufumbo
- Emize gy'okwetta
- Obugwenyufu
- Okuggyamu embuto
- Ebiragala
- Sigala
- Omwenge
- Eby’obusamize
- Endowoza etali ntuufu
- Okunyigirizibwa n’emizimu
- Ennaku/okukolagana n'okufa
- Olugambo, okwemulugunya, okukolima, ebigambo ebivvoola
- Ebibiina eby'obulimba
- Emize n’enkola embi
- Okutendeka abaana

EMYAAKA:

Ebisomesebwa n’obuzibu bw’omusomo birina okutereezebwa okusinziira ku myaka gy’abayizi. Okutereera n’obusobozi bw’okuyiga byawukana okusinziira ku myaka. Abantu abasomye engeri abantu gye bakulamu n’okukulaakulana mu birowoozo, mu mubiri, mu mbeera z’abantu, ne mu by’omwoyo bazudde engeri ez’enjawulo ku bibinja by’emyaka eby’enjawulo. Engeri zino mpisa za bulijjo ezikwata ku bayizi mu kibinja ky’emyaka ekimu. Engeri ziyinza okwawukana okusinziira ku buwangwa:

Emyaka 2-3:

A. Eby’omubiri:

1. Ageegenya; ayagala nnyo okuyamba.
2. Aba ku mugendo, yeetaaga okukola emirimu gy'omubiri n'okuwummula.
3. Alina obugumiikiriza obutono, obusimu obuwulize.
4. Ayagala nnyo okukwata ebintu; ayagala nnyo okumanya.
5. Ayagala nnyo ennyimba.
6. Tesobola kukwataganya binywa bitono. Ebinywa ebinene bikula.
7. Akula n'ayiga nga bw'azannya.

B. **Mu birowoozo:**

- Akuba obufaananyi.
- Ekiseera ky'okufaayo, eddakiika 3 ku 4.
- Ayagala ebimanyiddwa n'okuddiŋŋana.
- Alina ebigambo ebitono; ayagala nnyo emboozi ennyangu.
- Ayiga ng'ayita mu bitundu by'okulaba, okuwulira, okukwata, okuwunyiriza, okuwooma.
- Asalako emboozi; asobola okuyimba ennyimba ennyangu.
- Asika ebikwata kubuli nsonga.
- Akkiriza ebyo bye bamugamba.
- Tayiga bulungi nga akubiriza butereevu.
- Akukulaakulanya ng'omuntu ssekinnoomu.
- Akwatibwako nnyo ku nneewulira z'abalala.

C**. Embeera z'abantu:**

- Alina ensonyi, atya abantu abangi.
- Alina okutya mu kwefumiitiriza.
- Yetaaga okufiibwako ennyo.
- Azannya yekka. Alina okuyiga okuzannya n'abalala.
- Yeefaako yekka; alina okuyiga okugabana n'okuyamba.

- Ayagala nnyo okuzannya emboozi, okuzannya ebitundu.
- Ageegenya
- Yetaaga empisa ezitakyukakyuka.
- Akoowa mangu; atabulwa olw'okutabulwa.
- Ayagala okusanyusa abazadde oba omusomesa.
- Yetaaga okwagala, okutegeera, n'obukuumi.

D. Mu by'omwoyo:

- Asobola okutegeera engeri y'okwebaza n'okusanyusa Katonda; nti Baibuli Kitabo kya Katonda; nti ekkanisa nnyumba ya Katonda.
- Alowooza ku Katonda ng'omuntu ow'amazima era ow'okwagala.
- Ayiga ku Katonda okuyita mu butonde n'ebintu ebya bulijjo Katonda mw'ali ebimugambibwa.
- Yetaaga okuwulira nti omusomesa we ne Katonda bamwagala.
- Bw'asomesebwa obulungi, yeesiga Katonda.
- Asaba nga akubirizibwa mu nneewulira.
- Ayiga okugaba kubanga ayagala Yesu.

Emyaka 4-5:

A. Eby'omubiri:

- Asobola okwerabirira ennyo.
- Asobola okweyambaza.
- Ayagala nnyo okukola emirimu gy'omubiri.
- Ayogera nnyo.
- Ayinza okuba n'obusungu.
- Ebinywa bikyaakula.
- Alina obugumiikiriza obutono mu mubiri.

B. Mu birowoozo:

- Asobola okuba n'ekyokukola ekitali kya mugaso.

- Okufaayo kwe kwa ddakiika nga 10.
- Okulowooza kwe kurungi.
- Ategeera kitono ku biseera n’ekifo.
- Mwangu mukuzuukusibwa okwagala n’okusaasira.
- Yeeyongera mu busobozi bw'obwongo.
- W’amazima
- Asobola okukwata ennyiriri ennyimpi mu mutwe.
- Omwetegefu okusisinkana ebipya ebibaawo mu nneewulira n’amagezi.

C. Mu mbeera z’abantu:

- Mwetegefu okusisinkana ebipya ebikwata ku mbeera z’abantu.
- Mulungi mu bukugu obumu obw'okuzannya.
- Akula mu busobozi bw’okukwatagana n’abalala.
- Ayagala nnyo okuzannya emizannyo egirimu okukolagana.
- Wa mpisa nungi.
- Okwefaako yekka; yeetaaga okwegezaamu mu kugabana n’okugaba.
- Akula mu kwagala.
- Akukulaakulanya mu ngeri z’obukulembeze.
- Ayagala nnyo era ayagala okusanyusa.
- Ayagala nnyo okuzannya oba okuzannya emboozi.

D. Mu by’omwoyo:

- Asobola okusinza Mukama mu bwesimbu; asobola okukulemberwa okusiima Katonda okuyita mu butonde bwe obwewunyiisa.
- Ayogera ku Mukama mu ngeri ey’obuntu.
- Ategeera nti Katonda amwagala era amufaako.
- Akimanyi nti okujeemera mu bugenderevu kibi.

- Asobola okuyiga obutuufu bw’okubeerawo kwa Katonda, okufaayo, okulungamizibwa, enteekateeka, amagezi.
- Mu butonde yeesiga, naye alina okusomesebwa okwesiga n’okugondera Mukama.

Emyaka 6-8:

A. Mu mubiri:

- Okukula kutandika okukendeera.
- Atandika okufuna amaanyi ag’ekibwatukira.
- Akoowa mangu.
- Yetaaga emirimu egy’enjawulo.
- Yetaaga okuyiga okumaliriza by’atandise.
- Ayagala nnyo okukwata ebintu.

B. Mu birowoozo:

- Akyamuka n'okusaasira.
- Ayagala nnyo omukwano ogw’enjawulo n’okulungamizibwa.
- Yeefumiitiriza mu kulowooza.
- Ayiga ng’ayita mu bitundu by’obusimu, obumanyirivu, n’ebigambo.
- Ayagala nnyo emboozi za Baibuli eziraga amaanyi ga Katonda.
- Ayagala nnyo okugonjoola ebizibu by'obwongo mu bigambo.
- Ayiga mu kusalawo.
- Akwata ebigambo mu mutwe nga kyangu okusinga ebirowoozo.
- Atandika okusiima ebifo n’ebyafaayo.

C. Mu mbeera z’abantu:

- Akula mu kusiimibwa olw’ebikolwa ebirungi.
- Yetaaga okwegezaamu mu kuyamba, ekisa, okukolagana, obuteefaako, n’okwelowoozaako.
- Ageegenya abantu abakulu era ayagala abantu abakulu bamusiime.
- Anyumirwa emboozi ezikwata ku baana ab’emyaka gye.

- Oluusi ajeema, anyumya enfumo empanvu.
- Ayagala nnyo emirimu gy’ekibiina egitali gya kuvuganya.
- Alonda emikwano; akyusa mukwano gwe omukulu emirundi mingi.

D. Mu by’omwoyo:

- Aganyulwa ng’ayita mu byokulabirako by’abantu abakuze mu by’omwoyo.
- Okusobola okutegeera okwagala kwa Katonda n'okusonyiwa.
- Ayiga okusaamu ekitiibwa ng’akozesa ekiragiro n’ekyokulabirako.
- Emirundi mingi mwetegefu okukkiriza Kristo ng’Omulokozi.
- Asobola okuyiga okusabira n’okubeera ku lwa Yesu.
- Asobola okugonjoola ebizibu nga agenda mu Bayibuli.
- Yetaaga okusomesebwa okwatula ekibi mu bwangu.
- Ayagala okumanya ebikwata ku kufa.
- Ayagala nnyo emboozi z’ebikolwa n’obuminsani.

Emyaka 9-11:

A. Mu mubiri:

- Ali mu mbeera y'obulamu esinga okuba ennungi.
- Akola era alina essanyu.
- Okukula mu bwetwaze.
- Si nnyonjo nnyo.
- Ayagala nnyo emirimu egy’ebweru.
- Akula mu kigero.

B. Mu birowoozo:

- Asobola okukozesa Baibuli okunoonya ebijuliziddwa n’okugonjoola ebizibu; era ne maapu n’enkuluze z’ebitabo.
- Alina obusobozi obulungi obw'okukwata mu mutwe; ali bulindaala era avumirira emirimu gye.
- Ali mu kukulaakulanya endowooza z’ebiseera n’ekifo.

- Afaayo nnyo ebizibu.
- Ayagala nnyo okufuna amawulire; akola nnyo.
- Alina ebintu bingi by’ayagala; asobola okuwandiika ebitontome, emboozi.
- Ayiiya singa omuwa obudde bwo, obwagazi bwo, n'okutegeera kwo.
- Ayagala nnyo okukebera enkulaakulana ye.
- Afaayo ku butonde n’abantu abavumu.
- Yeyongedde amaanyi g’okussa ebirowoozo ku kintu.

C. Mu mbeera z’abantu:

- Asobola okukubiriza okuba n'omutindo ogwa waggulu.
- Okwagala obwenkanya.
- Ayagala nnyo okwetabamu mu kibiina.
- Asinga kwagala nnyo baana bakikula kye; tayagala kikula kya njawulo.
- Alina obwesigwa mu kibiina.
- Yeegomba abakulembeze.
- Alina okusomesebwa okussa ekitiibwa mu buyinza.
- Alina nsonyi ntono okusinga ng’akyali muto.

D. Mu by’omwoyo:

- Mwetegefu okufuna obulokozi.
- Addamu okuyigiriza ku kukula mu Kristo.
- Asobola okutegeera amazima g’enjigiriza.
- Yetaaga okuzzibwamu amaanyi ku kwewaayo kwa buli lunaku.
- Asobola okwagala okuwangula abo abali mu maka n'emiriraano.

Emyaka 12-14:

A.Mu by’omubiri:

- Akula mangu ate nga teyenkanankana.

- Abawala bakula mangu okusinga abalenzi.
- Okuswala olw’obukodo ekiva ku kukula okutali kwa bwenkanya.
- Okufuuwa amaanyi n’okugwa kw’obukoowu.
- Ebiseera ebisinga ekiseera ekisinga obuzibu mu bulamu.

B. Mu birowoozo:

- Alina ebirowoozo ebisingako; asobola bulungi okukwata mu mutwe singa okwagala kuzuukusibwa.
- Alina enseko ez’amaanyi.
- Ebirooto by’emisana, n’okwelowoozako ng’omuzira.
- Asukkiridde okuddamu mu nneewulira.
- Ayagala okwesalirawo ku bulamu bwe.
- Alina empulira, mujeemu.

C.Mu mbeera z’abantu:

- Ayinza okukyusa obwesigwa okuva awaka okudda ku ssomero, omusomesa, oba omuntu omu gw’alowooza.
- Agoberera ekibiina.
- Afuna enjala y'ebintu "eby’obulamu,”afuna g’obutafaayo.
- Atya okutwalibwa ng’omwana omuto; agezaako okweyisa ng’omuntu omukulu.
- Atandika okwegomba abantu ab’ekikula ekirala.
- Yegomba okubeera omukulu, okuwangula emikwano n'okubeera omu ku kibinja.

D. Mu by’omwoyo:

- Atunuulira abavubuka abakulu okufuna obukulembeze.
- Ali mu mutendera gw'okubuuza ebibuuzo.
- Alina okutegeera obwetaavu bw’Omulokozi era n’okuba n’obukakafu bw’obulokozi.

- Yetaaga okulungamizibwa.

Emyaka 15-18:

A.Mu by'omubiri:

- Akula okussukuluma ku buzibu bwe obw'omubiri.
- Okukola n'okutebenkeza emize gy'omubiri.
- Okufaayo ku ndabika yaabwe ey'obuntu.
- Basikirizibwa abantu ab'ekikula ekirala.

B.Mu birowoozo:

- Balina amaanyi g'okulowooza.
- Ajjukira ebirowoozo emirundi mingi okusinga ebigambo.
- Alina ebiroowo era emirundi mingi n'okuyiiya.
- Afuga okulowooza n'ensonga n'okusalawo.

Mu mbeera z'abantu:

- Ayagala nnyo okutegeka n'obuvunaanyizibwa bw'obukulembeze.
- Ayagala okubeera mu kibinja.
- Ayagala okusiimibwa abalala ab'emyaka gye.
- Yeewunya ku biseera eby'omu maaso.
- Aba n'okwagala okweyongera okuyamba abalala.
- Alwana okufuga enneewulira ze.
- Anoonya ebisanyusa.
- Ajeermera n'okulwanyisa obuyinza.
- Ayagala nnyo obukuumi.

D.Mu by'omwoyo:

- Emirundi mingi aba n'okubuusabuusa ku bintu eby'omwoyo.
- Addamu mangu okusikiriza kw'enneewulira.

- Ayagala Obukristaayo obw'obuntu, obukola "obukola."

Abantu abakulu:

A. Mu mubiri:

Mu mubiri abantu abakulu batuuse ku bukulu mu bunene n'obuwanvu. Balina obusobozi bw'omubiri okutuula obudde obuwanvu okusinga abaana abato. Abavubuka basobola okulwanagana n'ebizibu by'obulamu okusinga abato abakulu. Abantu abakulu basobola okweraliikirira endabika yaabwe ey'omubiri n'obusobozi bwabwe singa tebakwatagana n'ebyo ebitwalibwa ng'ebya bulijjo mu buwangwa bwabwe.

B. **Mu birowoozo**:

Obusobozi bw'obwongo, endowooza n'empisa biba binywezeddwa. Abantu abakulu abasinga baba bamaze okusalawo ku makubo gaabwe era kiba kizibu okukyusa. Okutwalira awamu, kiba kizibu abantu bano okuyiga ebintu ebipya ng'emyaka gyeyongera. Okusaayo ebiroowozo mu bantu abakulu kuba kw'amaanyi okusinga mu baana abato. Abantu abakulu baagala nnyo ensonga z'okuyiga okusinga okukwata ensonga mu mutwe.

C. Mu mbeera z'abantu:

Abantu abakulu abasinga obungi basenze ku mutendera ogw'embeera z'abantu n'ebyenfuna. Abasinga obungi ku mikwano gyabwe gijja kutera kuba gya ddaala lye limu. Abamu bayinza okuba nga balwana okulongoosa embeera zaabwe n'abantu n'embeera y'ebyenfuna. Abasinga bafune oba banaatera okufuna abaagalwa baabwe.

D. Mu by'omwoyo:

Abantu abakulu beetaaga okulungamizibwa okw'omwoyo mu kusalawo okukulu mu bulamu ng'obufumbo, obuweereza, obuyigirize obwa waggulu, n'emirimu. Era beetaaga okulungamizibwa mu by'obufumbo n'enkolagana mu maka.

Abakkiriza beetaaga okwongera okuyigirizibwa mu kukula mu by'omwoyo n'okwenyigira ennyo mu buweereza bw'ekkanisa. Balina okuzuula ebirabo byabwe eby'omwoyo n'okubikozesa. Abatakkiriza beetaaga okuwulira Enjiri era baleetebwe mu bulokozi.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika ennyiriri enkulu okuva mu mutwe gwo

   ……
   ……
   ……..

2. "Okwekenenya abawuliriza" kitegeeza ki?

   ……
   ……
   ……..

3. Lwaki okwekenneenya abawuliriza kikulu?

   ……
   ……
   ……

4. Funza emitendera gy'okwekenneenya abawuliriza

   ……
   ……
   ……..

5. Londa ekibinja ky'emyaka ekimu ky'osomesa oba ky'oteekateeka okusomesa. Weekenneenye embala ze kibinja ky'emyaka ekyo mu ssomo lino. Wandiika mu bufunze ku kibinja ky'emyaka.

   ……
   ……
   ……..

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Yesu yalina abayigirizwa kkumi na babiri. Ng'okozesa obukugu bwe wayiga mu ssuula eno, wekenneenya ekibinja ky'abawuliriza kino. Ojja kusanga ebikwata ku bayigirizwa ekkumi n'ababiri mu Matayo, Makko, Lukka, Yokaana n'ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume.

2. Weekenneenye abawuliriza b'oteekateeka okusomesa.

3. Soma ebyokuyiga Yesu bye yayigiriza Nikodemo mu Yokaana 3 n'omukazi ali ku luzzi mu Yokaana

4. Omu yali wa mutindo gwa waggulu era nga mugezi. Omu yali wa kibiina kya wansi. Enkola z'okuyigiriza zaayawukana zitya? Baali bafaanagana batya?

ESSUULA EYOOMWENDA

OKULAGA EBIGENDERERWA

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okunyonnyola ekigambo "ekigendererwa".
- Okunnyonnyola obukulu bw'ebigendererwa mu kusomesa.
- Okuwandiika ebigendererwa.
- Okukozesa olukalala lw'okukebera okwekenneenya ebigendererwa.
- Okunnyonnyola enjawulo wakati w'ebigendererwa eby'awamu n'eby'enjawulo.
- Okuzuula ekigendererwa ekisembayo eky'okuyigiriza kwa Baibuli.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

> **Oyo gwe tubuulira, nga tulabula buli muntu, era nga tuyigiriza buli muntu mu magezi gonna: tulyoke tuleete buli muntu ng'atuukiridde mu Kristo Yesu. (Abakkolosaayi 1:28)**

ENNYANJULA

Oyize nti okukula mu by'omwoyo okwa nnamaddala tekupimibwa ku ebyo omuyizi by'awulira, wabula ku ekyo ky'akola ku ekyo kyawulira. Mu ssuula eno ojja kuyiga engeri y'okulaga ebigendererwa ebijja okukuyamba okuzuula oba ddala abayizi bategedde era nga bateeka mu nkola ebyo byebawulira.

EBIGENDERERWA

Ekigendererwa kye kiruubirirwa oba enkomerero y'ekikolwa. Ye nsonga, ekiruubirirwa oba ekivaamu ekyetaagisa okutuukirira. Omusomesa bw'ayogera ebigendererwa, awandiika ebigambo by'ebiruubirirwa eri abayizi be. Bino byogerwako mu bigambo ebitegeeza abayizi bye banaasobola okukola nga bamaze omusomo. Essomo ly'osoma mu kiseera kino lirina ebigendererwa. Ddayo kuntandikwa y'essomo era wekenneenya ebigendererwa bino.

OBUKULU BW'EBIGENDERERWA

Ebigendererwa bikulu kubanga:

1. Bilungamya essaala z'omusomesa, enteekateeka, okusomesa, n'emirimu gy'okuyiga okutuuka ku ekiruubirirwa ekigere. Oba omanyi bulungi ky'oyagala okutuukiriza mu buli ssomo osobole okusaba, okuteekateeka, okusomesa n'okuteekateeka emirimu gyokusomesa okusinziira ku ekyo.

2. Bisobola okukozesebwa okupima obulungi bw'okusomesa. Ojja kusobola okumanya oba abayizi ddala bayize ky'oyagala okubayigiriza.

3. Bilongoosa mu kusomesa kwo. Kubanga osobola okupima obulungi bw'okusomesa kwo, osobola okumanya ddi lw'olemereddwa ne ddi lw'otuuka ku buwanguzi. Osobola okuyigira ku byombi okulemererwa n'obuwanguzi era n'ogenda mu maaso n'okulongoosa mu kusomesa kwo.

4. Biyamba abayizi okufuuka abakozi mu kifo ky'okubeera abawulizi b'Ekigambo bokka. Bw'oteekawo ebigendererwa n'okubitegeeza obulungi abayizi nga tonnatandika kusomesa, olwo bo bajja kumanya ekibasuubirwamu.

ENGERI Y'OKUWANDIIKAMU EBIGENDERERWA

WANDIIKA EBIGENDERERWA NG'OSINZIIRA KU MUTINDO GW'ABAYIZI:

Yogera mu ngeri ey'enjawulo ky'oyagala bakole. Wammanga ky'ekigendererwa ekiragiddwa okusinziira ku mutindo gw'abayizi:

"Omuyizi bwanaamaliriza essomo lino ajja kuba asobola okunnyonnyola Yokaana 3:16".

Ekigendererwa kino wammanga kiwandikiddwa mu bukyamu:

"Nja kuyigiriza abayizi Yokaana 3:16."

Ekigendererwa ekisooka kyogerwako bulungi kubanga kiraga ky'oyagala omuyizi akole ku nkomerero y'essomo. Osobola okuzuula oba ayize bulungi ng'omusaba annyonnyole Yokaana 3:16.

Ekigendererwa ekyokubiri si kituufu. Kigamba ky'ogenda okukola okusinga ky'oyagala omuyizi okukola. Ojja kumanya otya nti omusomesezza bulungi? Ekigendererwa ekyo tekiwa ngeri yonna gye tuyinza kusalawo kino.

TANDIKA BULI KIGENDERERWA N'EKIGAMBO "EKIKOZI":

Ekigambo ekikozi kiba kigambo kya kikolwa ekiraga ekinavaamu kye kirina okuba. Kozesa ekigambo ekiggulawo nga kino:

"Omuyizi bw'anaamalako essomo lino ajja kuba asobola:"

Oluvannyuma wandiika ebigendererwa, ng'otandika buli kimu n'ekikolwa. Mu kitundu "Okwongera Okusoma" eky'essuula, oweereddwa olukalala lw'ebikolwa ebikuyamba mu kuwandiika ebigendererwa. Kino kyekyokulabirako ky'ekigendererwa ekitandika n'ekigamba ekikozi:

"Omuyizi bw'anaamala essuula eno ajja kuba asobola okunnyonnyola enteekateeka y'obulokozi."

"Okunnyonnyola" kigambo ekikozi. Kinnyonnyola ky'oyagala omuyizi akole ng'amaliriza essomo.

WANDIIKA BULI KIGENDERERWA KYOKKA:

Yogera ekiva mu kuyiga kimu kyokka ku buli kigendererwa. Bino bye bimu ku byokulabirako:

"Omuyizi bw'anaamalako essuula eno ajja kuba asobola:

Kituufu: Jjuliza Yokaana 3:16.

Kikyamu: Jjuliza era onnyonnyole Yokaana 3:16."

Bw'oba oyagala nabo bakinnyonnyole, olina okulaga ebigendererwa bibiri eby'enjawulo:

"Omuyizi bw'anaamalako essomo lino ajja kuba asobola:

Jjuliza Yokaana 3:16

Okunnyonnyola Yokaana 3:16".

WANDIIKA EBIGENDERERWA MU MITENDERA:

Buli kigendererwa kirina okukwatagana n'ebyo ebikikulembera ne/oba ebikiddirira. Okugeza, "juliza Yokaana 3:16" kigendererwa kirungi okuwandiika nga tonnaba "kunnyonnyola Yokaana 3:16". Omuyizi alina okukimanya okusobola okukinnyonnyola.

WANDIIKA BULI KIGENDERERWA OKUSINZIIRA KU NNEEYISA Z'OSOBOLA OKWEKENNEENYA:

Bino bye bimu ku byokulabirako:

"Bw'anaamalako essuula eno omuyizi ajja:

Kituufu: Nnyonnyola Yokaana 3:16.

Kikyamu: Tegeera Yokaana 3:16".

Singa omuyizi asobola okunnyonnyola Yokaana 3:16, ojja kumanya nti akitegeera. Singa ekigendererwa kyo kiragiddwa. "Okutegeera Yokaana 3:16" tekipimibwa. Tekirambika ki omuyizi ky'anaakola okukusobozesa okumanya oba otuukirizza ekigendererwa.

FUULA BULI KIGENDERERWA OKUBA NGA KITUUKIRIZIBWA:

Bw'oteekawo ebigendererwa ebizibu ennyo, abayizi bajja kuggwaamu amaanyi.

OLUKALA OLW'OKWEKEBEJJA

Kozesa olukalala luno olw'ebibuuzo okukebera ebigendererwa by'owandiikira abayizi bo:

1. Kyawandiikiddwa mu ngeri y'omutindo gw'abayizi? Kitegeeza bulungi ky'osuubira mu omuyizi okusinga kiki ky'onookola nga ggwe?
2. Kyetegerezebwa? Owandiise ekigendererwa mu ngeri y'enneeyisa gy'osobola okwetegereza okulaba oba otuukirizza ekiruubirirwa?
3. Kya njawulo? Kinnyonnyola bulungi era mu ngeri ey'enjawulo ebisuubirwa mu muyizi.
4. Kya muntu kinnoomu? Waliwo ekiva mu kuyiga kimu kyokka ku buli kigendererwa?
5. Kyamutendera? Kikwatagana n'ebigendererwa ebikulembera oba ebiddirira?
6. Kisobola okutuukirira? Kakasa nti tekiba kizibu nnyo omuyizi okutuukako.
7. Kya Baibuli?

EBIGENDERERWA EBY'ENJAWULO N'EBYAWAMU

Ojja kuteekawo ebigendererwa eby'awamu n'eby'enjawulo eri abayizi bo.

EBIGENDERERWA EBY'AWAMU:

Ebigendererwa eby'awamu bye biruubirirwa ebikwata ku kusomesa kwo okutwaliza awamu. By'ebigendererwa omuyizi by'alina okutuukiriza mu bbanga eritali ddene. Wammanga by'ebigendererwa eby'awamu ebya buli musomesa. Ebigendererwa bino biteekebwawo mu ngeri y'enneeyisa y'abayizi gy'osobola okwetegereza:

Oluvannyuma lw'okusomesa kwange kuno, omuyizi ajja:

Kuddamu Enjiri:

Ekigendererwa kino kyangu okutunuulirwa. Omuyizi yeenenya n'ava mu kibi?

Kufuna Okubatizibwa Omwoyo Omutukuvu:

Omusomesa alina okuyamba okukulembera buli muyizi mu nsisinkano buno. Akabonero ka okwogera mu nnimi endala n'obujulizi obw'amaanyi ag'okujulira bisobola okwetegereza okulaba oba ekigendererwa kino kituukiddwaako.

Okubatizibwa Mu Mazzi:

Abayizi abazaalibwa omulundi ogw'okubiri basaana okukubiriza okugoberera Yesu okwatula enzikiriza yaabwe mu lujjudde.

Okwolesa Ekibala eky'Omwoyo:

Ekigendererwa ekikulu eky'okuyigiriza kwe kulaakulana empisa za Kristo mu mukkiriza. Muno muzingiramu ebibala eby'omwoyo ebiwandiikiddwa mu Abaggalatiya 5:22-23. Era kizingiramu n'okukulaakulanya obulamu obw'Obwakabaka obwesigamye ku nnono Yesu gye yayigiriza ezayongera okugaziyizibwa mu bbaluwa mu Ndagaano Empya.

Okuzuula Ebirabo eby'Omwoyo:

Baibuli eraga nti buli mukkiriza alina waakiri ekirabo kimu eky'omwoyo. Buvunaanyizibwa bw'omusomesa Omukristaayo okuyamba abayizi okuzuula ebirabo byabwe eby'omwoyo.

Okukozesa Ebirabo eby'Omwoyo:

Tekimala okuzuula ebirabo eby'omwoyo kyokka. Omuyizi alina okukubirizibwa okukozesa ebirabo bino mu mulimu gw'obuweereza.

Okuzaala Mu Mwoyo:

Omuyungirano gw'okusomesa teguggwa okutuusa ng'omuyizi asomesebwa azzeemu okuzaala mu by'omwoyo. Laba 2 Timoseewo 2:2.

Okwenyigira mu Kuyiga Baibuli:

Okunyikiza okuyiga Baibuli ku kigendererwa kikulu nnyo eky'awamu. Engeri gy'okuyigiriza Bayibuli kulina okukubiriza abayizi okugiyiga bokka. Omusomo gwa Harvestime International Institute, "Enkola z'okuyiga Baibuli ez'obuyiiya", gusobola okukuyamba okuyigiriza abayizi engeri ez'enjawulo ez'okwesomesa Baibuli.

Kozesa Ebikozesebwa mu Kunoonyereza ku Baibuli:

Bw'oba olina obusobozi bw'okufuna ebitabo ebikwata ku Baibuli gamba ng'enkuluze, ebiwandiiko ebikwatagana, n'ebirala, abayizi balina okusomesebwa okukozesa ebikozesebwa bino. Harvestime International Institute erina Omusomo, "Enkola z'okuyiga Baibuli ez'obuyiiya", gujja kukuyamba okuyigiriza abayizi engeri y'okukozesaamu ebintu ng'ebyo.

Okusaba buli kiseera:

Abayizi balina okuyigirizibwa engeri y'okusaba buli kiseera mu lujjudde ne mu kyama.

Okwetaba mu nkungaana z'Ekkanisa:

Abayizi balina okufuuka bammemba abanyiikivu mu kibiina ky'ekkanisa eky'omu kitundu.

EBIGENDERERWA EBY'ENJAWULO:

Ebigendererwa ebyenjawulo bye bino by'oteekawo ku buli ssomo ly'oteekateeka okusomesa. Bino bijja kwawukana okusinziira ku ssomo, okusinziira ku nsonga. Okwekkaanya ebigendererwa ebyogeddwako ku ntandikwa y'amasomo mu kitabo kino. Weetegereze engeri ebigendererwa eby'enjawulo gye byawukana mu buli ssuula okusinziira ku biri mu ssomo.

EKIGENDERERWA EKISEMBAYO

Baibuli eraga ekiruubirirwa eky'enkomerero, ekigendererwa ekisembayo eky'enjigiriza zonna eza Baibuli:

> **Oyo gwe tubuulira, nga tulabula buli muntu, era nga tuyigiriza buli muntu mu magezi gonna: tulyoke tuleete buli muntu ng'atuukiridde mu Kristo Yesu. (Abakkolosaayi 1:28)**

Ekigendererwa ekisembayo eky'okuyigiriza n'okubuulira kwe kuteekateeka abayizi okuyimirira mu maaso ga Katonda ngabatuukiridde mu Kristo Yesu.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo

   ……
   ……
   ……
   .

2. Nnyonnyola ekigambo "Ekigendererwa".

   ……
   ……
   ……..

3. Lwaki ebigendererwa bikulu mu kusomesa?

   ……
   ……
   ……..

4. Njawulo ki eriwo wakati w'ebigendererwa eby'awamu n'eby'enjawulo?

   ……
   ……
   …….

5. Ku bigendererwa bino, kiruwa ekiragiddwa mu butuufu?

   Ku nkomerero y'essomo lino omuyizi ajja:

   Ekyokulabirako A: Okumanya Yokaana 3:16.

   Ekyokulabirako B: Okusoma Yokaana 3:16.

   Ebyokulabirako……..Kituufu.

6. Ekigendererwa ki ekisembayo mu kuyigiriza kwa Baibuli?

   ……
   ……
   …….

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Kozesa ekipande kino wammanga ng'olonda ebikolwa okuwandiika ebigendererwa:

EBYOKULABIRAKO BY'EKIGAMBO "EKIKOZI."

Singa ekigendererwa kiba:	**Okumanya**	**Okutegeera**	**Obukugu**
	Olwo kozesa	Awo kozesa	Olwo kozesa
	ebikolwa bino:	ebikolwa bino:	ebikolwa bino:
	Okutuuma.	Okwekenneenya	Okuyamba
	Okuddamu	Okusosola	Okulambika
	Olukalala	wakati wa	Okusomesa
	Okwanjula	Okugeraageranya	Okuteekateeka
	Okuwa	Enjawulo wakati	Okubuuza
	Okwejjukanya	Okuvvuunula	Okunoonyereza
	Okujjukira	Okuwa enjawulo	Okuteeka mu nkola
	Okuwandiika	Okugabanya	Okwekenneenya
	Okuzuula	Okulonda	Okufulumya
	Okwejjukanya	Okusalawo	Okukozesa
	OKuzuula	Okwawula	Okukozesa
	Okumanya	OKwekenneenya	Okuwa okuddamu
	Okumanyiira	Okutegeera	Okusisinkana
	Ne	Okuzuula	Okunnyonnyola
	Okunnyonnyola	Okugeraageranya	Okuwuliziganya
	Okunoonyereza	Okukubaganya	Okulaga
			Okunoonyereza
			Okukulankulana
			Okusoma

2. Wandiika ebigendererwa eby'enjawulo ku ssomo ly'oteekateeka okusomesa. Kozesa olukalala lw'okukebera okwekenneenya ebigendererwa by'owandiise.

____1. Kyawandiikiddwa mu ngeri y'omutindo gw'abayizi? Kitegeeza bulungi ky'osuubira mu omuyizi okusinga kiki ky'onookola nga ggwe?

_____2. Kyetegerezebwa? Owandiise ekigendererwa mu ngeri y'enneeyisa gy'osobola okwetegereza okulaba oba otuukirizza ekiruubirirwa?

_____3. Kya njawulo? Kinnyonnyola bulungi era mu ngeri ey'enjawulo ebisuubirwa mu muyizi.

_____4. Kya muntu kinnoomu? Waliwo ekiva mu kuyiga kimu kyokka ku buli kigendererwa?

_____5. Kyamutendera? Kikwatagana n'ebigendererwa ebikulembera oba ebiddirira?

_____6. Kisobola okutuukirira? Kakasa nti tekiba kizibu nnyo omuyizi okutuukako.

_____7. Kya Baibuli?

3. Okukozesa enteekateeka eno wammanga okusoma ebigendererwa Katonda bye yateekawo eri ebirabo by'obuweereza:

ABAEFESO 4:11-16

"N'ebirabo bye byali nti ebimu bibeere:"

A. Obuweereza obw'enjawulo: Abamu Abatume, abamu Bannabbi, abamu Babuulizi b'enjiri, abamu Basumba n'abamu Basomesa:

B. Omulimu: Olw'okuzimba abatukuvu, olw'omulimu gw'obuweereza, olw'okuzimba Omubiri gwa Kristo.

1. Ebivaamu: Okutuusa ffenna lwe tunaatuuka ku bumu bw'okukkiriza, n'okumanyira ddala Omwana wa Katonda, nga tukulidde ddala mu mwoyo okutuuka ku kigera eky'okubeera nga Kristo bw'ali

2. Endowooza ezisoboka: tuleme kuddamu kuba nga abaana.

a. Ekiteetagisa: Nga tuyuuguumizibwa amayengo nga tutwalibwa buli muyaga ogw'okuyigiriza okw'abantu abakuusa, mu nkwe olw'okugoberera enteekateeka ey'obulimba.

b. Ekyetaagisa: Wabula, okwogera amazima mu kwagala, tulyoke tukulire mu Kristo mu byonna nga tweyongera okuba nga ye, omutwe gw'Ekkanisa. Mu ye omubiri gwonna mwe gugattirwa obulungi awamu, ne guyungibwa mu buli nnyingo, nga gukula ng'ekigera kya buli kitundu bwe kuli, nga gukula nga gwezimba mu kwagala.

ESSUULA EY'EKKUMI

ENTEEKATEEKA Y'EMISOMO

EBIGENDERERWA

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuzuula ensonga ezikwatagana mu buli mbeera y'okusomesa.
- Okuzuula ebitundu by'enteekateeka y'okusomesa enkulu.
- Okufunza emitendera gy'okuteekateeka omusomo.
- Okuteekateeka omusomo.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Omusomesa ow'amagezi afuula okuyiga eky'essanyu. (Engero 15:2, TLB)

ENNYANJULA

Osomye obubaka Yesu bwe yayigiriza. Oyize enkola z'okusomesa, engeri y'okukozesaamu ebikozesebwa mu kusomesa, okwekenneenya abawuliriza, n'engeri y'okuwandiika ebigendererwa. Obukugu buno bwonna ojja kubukozesa mu ssuula eno nga bw'oteekateeka essomo.

EMBEERA Y'OKUSOMESA

Bw'oba oteekateeka essomo, jjukira nti buli mbeera y'okuyigiriza erimu bino wammanga:

ABABAKA B'OBWAKATONDA:

Katonda Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu be babaka ab'obwakatonda abali emabega w'enjigiriza ya Baibuli. Omwoyo Omutukuvu ge maanyi agasobozesa omusomesa okuyigiriza n'okuggulawo okutegeera kw'omuyizi. (Weekenneenye Essuula eyokubiri).

OMUSOMESA:

Omusomesa y'oyo amanyi amazima agalina okusomesebwa:

Era n'atandika okubayigiriza ebintu bingi. (Makko 6:34)

(Weekenneenye Essuula Esooka n'Eyookubiri, "Omusomesa Ava ewa Katonda").

OMUYIZI:

Omuyizi ye musajja oba omukazi omwesigwa agendayo n'obwetaavu mu essomo eriweebwa. Omuyizi ayiga nga bwateeka mu nkola ku by'alaba, by'awulira, n'ebyo by'ategeera:

...Yayogera Ye [Yesu] ekigambo...nga bwe baali basobola okuwulira. (Makko 4:33)

Omusomesa alina okukola ekisingawo ku kuyigiriza ensonga eziri mu Baibuli. Ensonga zokka tezirina makulu. Omuyizi alina okutegeera n'okussa mu nkola ebyo byayize. Mu Matayo 13 mu Olugero lw'omusizi, ensigo eyagwa ku mabbali g'ekkubo yanyagululwa kubanga oyo eyawulira yali tategeera (Matayo 13:19). Abayizi balina okutegeera amakulu g'ebyo ebisomesebwa mu ngeri y'obumanyirivu. (Weekenneenye Essuula ey'Omunaana).

OLULIMI:

Olulimi olukozesebwa okusomesa omuyizi alina okulutegeera oba si ekyo omuvvuunuzi alina okukozesebwa. (Weekenneenye Essuula ey'Omunaana).

OBUTONDE BW'ENSI:

Abantu bayiga bulungi ng'essomo likwatagana n'embeera gye babeera. Bye bayiga biteekwa okuba eby'omugaso era nga bikwata ku bizibu bye boolekagana nabyo mu bulamu. Obubaka bulina okuweereza ebyetaago ebitondeddwawo embeera zaabwe ez'awaka, ku mirimu oba ez'obuweereza. (Laba Essuula ey'Omunaana).

ESSOMO:

Eky'okuyiga ekirina okubuulirwa kye Kigambo kya Katonda, Bayibuli. Bayibuli kye kitabo ekikulu eky'okulungamya. Ebitabo ebirala n'ebintu ebirala biyinza okukozesebwa, naye Ekigambo kya Katonda kye kisinga obukulu. (Weekenneenye Essuula ey'okusatu n'ey'okuna).

EBIGENDERERWA:

Buli ssomo lirina okukwatagana n'ebigendererwa eby'omwoyo eby'awamu n'eby'enjawulo. (Weekenneenye Essuula ey'Omwenda).

ENKOLA:

Buli ssomo lisomesebwa nga bakozesa enkola. (Weekenneenye Essuula Ettaano n'Omukaaga).

EKYOKULABIRAKO

Kino ky'ekyokulabirako ky'ensonga ezikwata ku mbeera y'okuyigiriza eya bulijjo nga tukozesa Yokaana 4:

Ababaka ab'obwakatonda: Yesu yayogera obubaka bwa Katonda Kitaffe, ng'aweebwa amaanyi Omwoyo Omutukuvu.

Omusomesa: Yesu.

Omuyizi: Omukazi ku luzzi.

Olulimi: Yesu yayogera naye mu lulimi lwe yali asobola okutegeera.

Obutonde bw'ensi: Obutonde bwali luzzi lwa Yakobo. Yesu yakozesa obutonde okwanjula essomo.

Ekyokuyiga: Katonda mwoyo era abamusinza balina okusinza mu mwoyo n'amazima. Yesu y'ensibuko y'amazzi ag'obulamu.

Ebigendererwa: Okukulembera omukyala okukimanya nti obwetaavu bwe obw'amazima tebwali bwa mazzi ga mubiri wabula bw'amazzi amalamu.

Enkola: Yesu yakozesa ekintu ekya bulijjo [amazzi] ng'ekintu ekiyamba okuyigiriza okusikiriza. Yakozesa akaseera ako [okujja okusena amazzi] ng'omukisa gw'okuyigiriza. Yesu yakozesa enjawulo wakati w'amazzi ag'obutonde n'amazzi ag'obulamu. Yakozesa emboozi, okubuuza ebibuuzo, n'okujuliza ennono. Yajuliza mu ndagaano enkadde n'akozesa embeera eriwo okukwatagana n'ebyetaago by'omukazi. Eky'okuyiga ekyo yakikozesa mu bulamu bwe era n'asaba okumuddamu.

OKUTEEKATEEKA ESSOMO

Kati oli mwetegefu okuteekateeka essomo. Goberera emitendera gino:

OMUTENDERA OGUSOOKA -Weetegeke mu mwoyo:

Tegeka omutima gwo:

> **Omuntu ateekateeka by'ayagala okukola mu mutima gwe, Naye okuddamu kuva eri Mukama (Engero 16:1)**

Tegeka ebirowoozo byo:

> **Omuntu yenna ku mmwe bw'abulwa amagezi, asabe Katonda agabira abantu bonna atakyuka, galimuweebwa. (Yakobo 1:5)**

Saba Katonda ateekateeka emitima gy'abayizi okufuna Ekigambo. Wesabire, Katonda akusobozese okugabana Ekigambo kye.

OMUTENDERA OGW'OKUBIRI -Soma Essomo:

Soma ekitundu kya Baibuli eky'essomo. Soma ebitundu ebigyetoolodde ebiwa ensibuko y'essomo. Fumiitiriza ku kitundu ekyo ng'oddiŋŋana mu kusoma mpola era nga bw'olowooza. Soma buli kimu Bayibuli kyegamba ku nsonga gy'onooyigiriza. Bw'oba olina ebintu ebikozesebwa mu kunoonyereza ku Baibuli ng'ekitabo ekisoma ebigambo, n'okunnyonnyola, kozesa bino okwongera okunoonyereza:

Fuba okweraganga ng'osiimibwa Katonda, ng'oli mukozi akola ebitakuswaza, era nga weekumira mu kkubo ery'obubaka obw'amazima. (2 Timoseewo 2:15)

Nga bw'osoma, wandiika ensonga enkulu n'ebirowoozo eby'enjawulo Omwoyo Omutukuvu by'aleeta mu birowoozo byo. Ojja kukozesa obuwandiike buno okukola enteekateeka y'essomo.

OMUTENDERA OGW'OKUSATU -Weekenneenye Abawuliriza:

Kozesa obukugu bwe wayiga mu Ssuula ey'omunaana ey'omusomo guno okwekenneenya abawuliriza b'ogenda okusomesa.

OMUTENDERA OGW'OKUNA -Teekawo ebigendererwa:

Ng'okozesa obuwandiike bw'okusoma bw'okoze era ng'okuuma mu birowoozo okwekenneenya kwo okw'abawuliriza, teekawo ebigendererwa eby'omusomo. (Weekenneenye Essuula ey'omwenda ey'omusomo guno, "Okulaga ebigendererwa").

OMUTENDERA OGW'OKUTANO -Laga Ebitundu Ebikulu Eby'essomo:

Waliwo ebitundu bina ebikulu eby'enteekateeka y'okuyigiriza essomo lya Baibuli: Enyanjula, omubiri gw'essomo, enkozesa, n'okumaliriza. Ensengeka erimu ebigambo ebimpimpi ebiwandiikiddwa mu bufunze eby'amazima amakulu g'oyagala okwanjula mu buli kitundu ky'essomo. Ensengeka yamugaso nnyo mu kusomesa kubanga ekuyamba okusigala ku nsonga eyo ng'osomesa. Era ekuyamba okujjukira amazima amakulu ge weetaaga okuyigiriza abayizi. Kozesa obuwandiike bwe wawandiika ng'osoma okukulaakulanya enteekateeka y'okusomesa.

Eno y'engeri y'okuwandiikamu ensengeka:

Omutwe: Emitwe giyamba abantu okujjukira essomo. Era ziyamba omusomesa okubeera omutuufu ku ekigendererwa ky'essomo. Londa omutwe gw'essomo ogulaga amazima ag'omu makkati. Weebuuze, "Njogera ku ki mu ssomo lino?" Wandiika omutwe ku ntandikwa y'ensengeka yo.

Enyanjula: Enyanjula y'entandikwa y'essomo. Kikulu nti ennyanjula okuba ng'esanyusa omuyizi oba si ekyo asobola okulekeraawo okuwuliriza.

Yesu teyalina nnyanjula ya mutindo. Yafuna okuwulirizibwa kw'abawuliriza be abawerako olw'enkola ze eziwerako. Oluusi yakiyita mu ngeri ey'enjawulo ng'agamba nti "Mazima, mazima". Yesu bwe yagamba "Mazima ddala", kyali kye kimu n'okugamba nti "Wuliriza bulungi...kino kikulu!"

Yesu era yafuna okuwulirizibwa ng'atandika n'ekigambo eky'okufaayo eri omuntu gwe yali ayogerako. Okugeza, Yaggulawo emboozi n'omukazi ku luzzi mu Yokaana 4 ng'amusaba okunywa ku mazzi:

Omukazi ow'e Samaliya n'ajja okusena amazzi: Yesu n'amugamba nti Mpa ku mazzi nyweko. (Yokaana 4:7)

Yali azze ku luzzi okusena amazzi, kale N'atandikira mu kifo kye yali ayagala. Enyanjula kyaviirako okukubaganya ebirowoozo ku ssomo ery'eby'omwoyo erikwata ku mazzi ag'obulamu. Bwe kiba nti

abawuliriza baali baagala nnyo etteeka lya Musa, olwo Yesu yakozesa ensonga eno okukola ng'okwanjula. Singa baali bafaayo ku Bwakabaka obwasuubizibwa Isiraeri, Yandigguddewo n'emboozi ekwata ku nsonga eno. Bw'otandika omusomo n'ekigambo ekikunyumira abawuliriza, kibasikiriza n'osobola okugabana Enjiri nabo.

Yesu era yakozesa ebintu ebya bulijjo, ebibuuzo n'eby'okuddamu, engero, ebyafaayo, Ebyawandiikibwa, enjawulo, n'ebizibu ng'ennyanjula okusobola okukuuma okuwulirizibwa. Yakozesa mbeera z'obulamu eza bulijjo. Yatandika n'ebyo abantu bye bamanyi okuyigiriza ebitamanyiddwa era n'abakulembera okuva ku njigiriza eza bulijjo okutuuka ku njigiriza ezenjawulo.

Enyanjula erina okuba:

-Mu bufunze: Bwe kiba kiwanvu nnyo, ekinyusi kiyinza okubula.

-Okusikiriza: Kiteekwa okusikiriza abawuliriza; essira lisse ku bwetaavu oba okufaayo.

-Ekijjukirwa: Kibeere nga abawuliriza basobole okwanguyirwa okukijjukira.

-Kyamugaso: Enyanjula yeetegekera amazima g'ogenda okuyigiriza; kirungamya abawuliriza ku nsonga enkulu.

Tegeka ennyanjula ejja okusikiriza abayizi bo. Ku nteekateeka yo wandiika a mu bufunze engeri gy'onooyanjula essomo.

Omubiri: "Omubiri" gw'essomo bye bikulu ebiri mu kusomesa. Mu ssomo Yesu lye yayigiriza omukazi ku luzzi, omubiri gw'obubaka bwe gwali gussa essira ku mazzi ag'obulamu. Kyazuula ensibuko y'amazzi amalamu, enjawulo wakati w'amazzi amalamu n'ag'obutonde, okuddamu okwetaagisa eri okufuna amazzi amalamu, n'ebinaava mu kunywa amazzi ago:

-Ensibuko:

> **...Yesu n'addamu n'amugamba nti Singa omanyi ekirabo kya Katonda, n'oyo akugamba nti mpa nnywe: wandimusabye era yandikuwadde amazzi ag'obulamu... (Yokaana 4:10)**

-Okwawukana wakati w'amazzi ag'obulamu n'ag'obutonde:

> **...Buli anywa ku mazzi gano alilumwa ennyonta nate: Naye buli anywa ku mazzi ge ndimuwa tajja kulumwa nnyonta... (Yokaana 4:13-14)**

-Eky'okuddamu ekyetaagisa:

Alina okunywa ku mazzi agava mu nsibuko ey'omwoyo:

> **...Wandimusabye era yandikuwadde amazzi ag'obulamu...Oyo yenna anywa ku mazzi ge ndimuwa tajja kulumwa nnyonta... (Yokaana 4:10, 14)**

-Ebyavaamu:

...Tajja kulumwa nnyonta; naye amazzi ge ndimuwa galiba mu ye luzzi amazzi agakulukuta ne gayingira mu bulamu obutaggwaawo. (Yokaana 4:14)

Eno y'engeri ennyangu ey'okusengeka omubiri gw'essomo mu nteekateeka:

1. Ensonga enkulu esooka.

A. Ekigambo ekirala ku nsonga enkulu esooka.

a. Ensonga entono

b. Ensonga entono

B. Ekigambo ekirala ku nsonga enkulu esooka.

a. Ensonga entono

C. Ekigambo ekirala ku nsonga enkulu esooka.

2. Ensonga enkulu eyookubiri.

(Wandiika ebigambo ebikwata ku nsonga enkulu eyookubiri nga bwe wakola ku nsonga enkulu esooka okusonga.)

Kakasa nti ensonga zisengekeddwa mu nsengeka entuufu egoberera ekiwandiiko ky'Ebyawandiikibwa eky'omusomo. Ensonga enkulu zirina okukwatagana okudda ku ndowooza enkulu ate ensonga entonotono zirina okukwatagana n'ensonga enkulu ez'obubonero. Kola enkyukakyuka ennungi wakati w'ensonga ng'okwataganya buli nsonga n'eyo eyasooka. Weeyongere n'ensengeka y'omusomo okutuusa lw'onoomala okukwata ku nsonga zonna enkulu eziri mu ssomo. Omuwendo gw'ensonga z'olina zijja kwawukana okusinziira ku ssomo.

Okuteeka mu nkola: Bw'okwataganya amazima agali mu Kigambo kya Katonda n'obulamu obwa bulijjo, kiyitibwa "okuteeka mu nkola." "Oteeka mu nkola" ebyo by'oyigiriza mu mbeera z'obulamu entuufu. Oluvannyuma lw'okuyigirizibwa amazima agali mu Baibuli, biteekeddwa okukozesebwa mu bulamu n'obuweereza bw'oyo awuliriza. Kiteekwa okuddamu ekibuuzo kino: "Amazima gano gankwatako gatya?"

Mu kyokulabirako kya Yesu n'omukazi ku luzzi, yamuyigiriza ku mazzi ag'obulamu n'oluvannyuma yassa mu nkola essomo eryo. Yamugamba nti amazzi gano amalamu gayinza okuba mu ye ne gakyusa obulamu bwe. Yamulaga engeri gye yali asobola okusinza Katonda ow'amazima mu mwoyo ne mu mazima. Okusa mu nkola kuyinza okukolebwa nga okozesa enkola yonna ey'okusomesa gye wayiga mu Ssuula ey'okutaano ne mu y'omukaaga. Okubuuza n'okuddamu ebibuuzo ngeri nnungi nnyo ey'okussa mu nkola amazima g'oyigiriza. Leka abayizi nabo basse mu nkola ebyo bye bayiga.

Okusa mu nkola kulina okuggyibwa mu bulamu obw'abulijjo obulaga essomo. Osobola funa ebifaananyi ng'ebyo mu Baibuli, ebyafaayo, ebikwata ku bulamu bw'abantu abatutumufu, engero, ennyimba,

okuyita mu kusoma ebitabo, n'okuyita mu kwetegereza n'obumanyirivu obw'obuntu. Abantu basinga kuyiga mu mbeera y'okukola. Abayizi balina okukola bwebaba nga baakuyiga:

> **Bwe muba mumanyi ebyo, mulina essanyu bwe mubikola. (Yokaana 13:17) (Weekenneenye Yakobo 5).**

"Okukola" kwe kusa mu nkola. Okukozesa omusomo kuyinza okuzingiramu pulojekiti n'emirimu okuyamba abayizi bakozesa amazima ge bayize. Mu nteekateeka y'okuyigiriza, wandiika engeri gy'onookozesaamu amazima g'oyigirizza. Teekamu enkola n'emirimu gy'ogenda okukozesa.

Okumaliriza: Emaliriza y'ekomekkereza essomo. Enkomerero y'essomo erina okubeeramu ekifunze ky'ensonga enkulu ezisomesebwa mu mubiri gw'essomo. Osobola okukozesa enkola yonna gye wayiga mu Ssuula ey'okutaano n'ey'omukaaga okutuuka okweetegereze essomo eryo. Osobola okussaamu ekyokulabirako oba ekigambo ekijuliziddwa, okubuuza ebibuuzo oba okulungamya. Okwekkeneenya kikulu. Emirundi mingi Yesu yaddiŋŋana amazima ag'eby'omwoyo. Osobola okukozesa okuddiŋŋana okungi okukakasa nti abayizi bategeera essomo.

Okumaliriza era erina okubaamu omukisa gw'okuddamu okuva eri omuyizi. Yesu bweyamaliriza emisomo, Yayitatanga okuddamu. Ku luzzi, Yesu yagamba omukazi Omusamaliya nti, "Genda oyite omwami wo." Omulanga guno ogw'okuddamu gwavaamu okwatula ekibi. Okuwuliriza obuwuliriza ekigambo tekimala. Tulina okuddamu ku bye tuyize.

Okuddamu kisoboka nga amazima gakwatagana n'obulamu bwaffe. Eno y'ensonga lwaki ekitundu ky'okuddamu eri essomo kikulu. Tulina okutegeera engeri obubaka gye butukwatako okusobola okubuddamu.

Okubikkulirwa kwetaaga okuddamu. N'eky'okuba nti Katonda yeeyolekedde mu bulungi bw'obutonde bwetaaga okuddibwamu okuva eri omuntu:

> **Kubanga ebisoboka okumanyibwa ku Katonda bibabikkuliddwa, kubanga Katonda abibalaze byonna mu bujjuvu:**
>
> **Kubanga okuviira ddala ku butonde bw'ensi, ebintu bye ebitalabika, bwe buyinza bwe obutaggwaawo n'obwa Katonda bwe, abantu balyoke baleme kubaako na kya kwewolereza. (Abaruumi 1:19-20)**

Eby'okulabirako by'okuddamu mu ssomo kwe kukkiriza Yesu ng'Omulokozi, okujja okusaba okufuna okuwona oba Okubatiza Omwoyo Omutukuvu, okwatula ekibi, n'okwewaayo eri obuweereza bw'obukristaayo. Omulanga gw'okuddamu tegulina kwesigama ku kusikiriza mu nneewulira. Yesu yakiraga bulungi nti okutuuka okuddamu Enjiri kyamuwendo mungi (laba Makko 8:34-35).

Salawo engeri gy'onookebera okulaba oba ebigendererwa by'oteekawo bituukirira. Ojja kugezesa abayizi? Ojja kubakozesa pulojekiti oba omulimu nga bakozesa bye bayize? Wandiika mu bufunze engeri gy'onoomalirizaamu essomo. Jjukira okubayita okuddamu. Oyagala abayizi baddemu batya ku ssomo lyosomesezza?

OMUTENDERA GW’OMUKAGA -Londa Enkola N'ebikozesebwa:

Londa enkola z’onookozesa okusomesa essomo. Wammanga lwe lukalala lw’enkola z’osomye, mw’oyinza okulonda:

- Ekimanyiddwa okutuuka ku kitamanyiddwa
- Ebyawamu okutuuka ku birondobemu
- Ebikwatibwako.
- Ebibuuzo n'eby'okuddamu/okukubaganya ebirowoozo
- Engero
- Ebyafaayo [nga biraga by’oyigiriza].
- Okukozesa Ebyawandiikibwa
- Ebyawukana
- Ebizibu
- Ebiseera

Kakasa nti enkola z’olonda zituukira ddala ku bawuliriza era n’omusomo gw’olina okusomesa. Tegeka ebiyambako mu kusomesa by’olina okukozesa n’omusomo nemirimu omuli okwetabamu kw’abayizi.

OMUTENDERA OGW’OMUSANVU -Okutegeka Ebikozesebwa:

Tegeka ebintu by’olina okukozesa okusomesa essomo. Kuno kujja kuzingiramu ensengeka yo ey’okuyigiriza, Bayibuli, ebiwandiiko ebiweebwa abayizi, ebintu ebikozesebwa mu kuyigiriza, n’ebintu byonna by’olina okukozesa mu mirimu egyo gy’otegese.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

   ……
   ……
   ……

2. Nsonga ki ezikwatagana mu buli mbeera y'okusomesa?

   ……
   ……
   ……

3. Bitundu ki ebina ebikulu eby'enteekateeka y'essomo ebyayogerwako mu ssuula eno.

   ……
   ……
   ……

4. Laga emitendera gy'okuteekateeka emisomo egyogeddwako mu ssuula eno.

Omutendera ogusooka:……
……

Omutendera ogwokubiri:……
……

Omutendera ogw'okusatu:……
……

Omutendera ogw'okuna:……
……

Omutendera ogw'okutaano:……
……

Omutendera ogw'omukaaga:……
……

Omutendera
ogw’omusanvu:……
……..

5. Kozesa ensengeka eri mu kitundu "Okweyongera okusoma" okuteekateeka omusomo.

   ……
   ……
   ……..

(Eby’okuddam biweereddwa ku nkomerero y’essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Ekimu ku bigendererwa ebikulu mu kusomesa kwe kukulembera abayizi okukkiriza Yesu Kristo nga ng'Omulokozi waabwe. Ekigendererwa kino kisoboka ne mu baana. Ekyetaagisa kyokka omwana kwekuba omukulu ekimala okukitegeera n'okukola okusalawo.

-Ebyokulabirako bya Baibuli eby'abaana abajja eri Katonda ye Yusufu, Samwiri, Yeremiya, Danyeri, Yokaana Omubatiza ne Timoseewo.

-Okukyuka kubaawo ku ddaala ly'omwana: Matayo 18:3

-Obwetoowaze y'embala abaana gwe balina ebasobozesa okukkiriza Enjiri: Matayo 18:4

-Omwana omuto asobola okukkiriza: Matayo 18:6

-Okuleetera omwana okwesittala mu by'omwoyo kya maanyi: Matayo 18:6,8

-Omwana wa mugaso nnyo eri Katonda: Matayo 18:10

Yesu yali akyayogera ku baana bwe yayogera ku ndiga eyabula eyazulibwa: Matayo 18:12, 13

-Si kwagala kwa Katonda omwana omu abule: Matayo 18:14

2. Weekenneenye ensonga eza bulijjo mu mbeera y'okuyigiriza kwa Yesu ne Nikodemo mu Yokaana 3:

Ababaka b'obwabwakatonda:

Omusomesa:

_____

Omuyizi:

_____

Olulimi:

_____

Obutonde bw'ensi:

_____

Essomo:

_____

Enkola:

2. Weekenneenye ensengeka y’obubaka obumu obwa Yesu obuwandiikiddwa mu Baibuli. Ku buli emu lowooza ku bibuuzo bino:

Enyanjula: Nkola ki gye yakozesa okusobola okufuna okuwulirizibwa? Yayanjula atya okusomesa?

Omubiri Gw'obubaka: Mazima ki agasookerwako ge yayigiriza? Enkola ki ze yakozesa okuzanjula?

Okuteeka mu nkola: Amazima ga Baibuli yagakozesa atya mu bulamu oba mu bulamu bw’abawuliriza?

Okumaliriza: Yesu yafundikira atya obubaka? Kiki eky’okuddamu kye yayita?

3. Kozesa ensengeka eri ku lupapula oluddako okuteekateeka emisomo gy’ogenda okusomesa.

ENSENGEKA Y'OKUTEEKATEEKA EMISOMO

Omutwe Gw'omusomo:_____

Ekyawandiikibwa:_____

Abawuliriza: Funza by'omanyi ku bawuliriza b'oteekateeka okusomesa:

_____

Ebigendererwa: Omuyizi bw'amalako essomo lino ajja kuba asobola:

_____

_____

Ensengeka y'Essomo

Enyanjula: Engeri gye nja okutandika essomo:

_____

Omubiri: (Laga ensonga enkulu).

_____

_____

_____

Okuteeka mu nkola: Engeri gye nja okukozesaamu essomo lino mu bulamu bw'abayizi bange:

_____

Okumaliriza: Tegeka buli kimu ku bino wammanga:

Obufunze bw'essomo: Engeri gye nja okufunza essomo:

_____

Okwekenenya: Engeri gye nja okwekenneenya abayizi okulaba oba ebigendererwa bituukiddwaako:

_____

Okuddamu: Kye nja okusaba abayizi okukola:

_____

Enkola z’okusomesa: Enkola z’okusomesa ze nja okukozesa okusomesa essomo lino:

Wammanga lwe lukalala lw’enkola z’osomye, mw’oyinza okulonda:

- Ekimanyiddwa okutuuka ku kitamanyiddwa
- Ebyawamu okutuuka ku birondobemu
- Ebikwatibwako.
- Ebibuuzo n'eby'okuddamu/okukubaganya ebirowoozo
- Engero
- Ebyafaayo [nga biraga by’oyigiriza].
- Okukozesa Ebyawandiikibwa
- Ebyawukana
- Ebizibu
- Ebiseera

N’ebirala

Ebikozesebwa mu kusomesa: Ebikozesebwa mu kusomesa bye nja okukozesa okusomesa essomo lino:

_____

Ebikozesebwa Ebyetaagisa: Ebikozesebwa bye nneetaaga okutwala mu kibiina:

-Baibuli

- Ebikozesebwa mu Kusomesa

N’ebirala:

ESSUULA EY'EKKUMI N'EMU

OKWEKENNEENYA

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okunyonnyola "Okwekenneenya."
- Okunnyonnyola lwaki kikulu okwekenneenya okusomesa.
- Okulaga enkola nnya ez'okwekenneenya enjigiriza ya Baibuli.
- Okuzuula ensonga ezireeta ebizibu mu mbeera y'omusomesa/omuyizi.
- Okumanya ebizibu ng'emikisa mu kifo ky'ebiziyiza.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

> **Musobole okusiima ebintu ebisinga obulungi; mulyoke mubeere beesimbu era awatali kusobya okutuusa ku lunaku lwa Kristo. (Abafiripi 1:10)**

ENNYANJULA

Oyize engeri y'okuteekawo ebigendererwa, okuteekateeka, n'okuyigiriza essomo eriri mu Baibuli ng'okozesa enkola ez'enjawulo. Naye omanya otya nti okuyigiriza kwo kukola bulungi? Omanya otya oba ebigendererwa eby'omwoyo bisisinkana obulamu bw'abo b'osomesa n'okufuna obuyambi n'enkyukakyuka? Eky'okuddamu mu bibuuzo bino kisangibwa mu kwekenneenya.

OKWEKENNEENYA

Okwekenenya y'enkola y'okwetegereza ekintu n'obwegendereza. Bw'ewekenneenya by'osomesa, weetegereza n'obwegendereza ebivuddemu okulaba obanga obuweereza bwo bukola bulungi. Kikulu okwekenneenya by'oyigiriza bw'oba oyagala okulongoosa ekirabo Katonda ky'akuwadde. Pawulo yagamba nti olina okukulaakulanya okulaba, n'okusalawo obulungi:

> **Musobole okusiima ebintu ebisinga obulungi; mulyoke mubeere beesimbu era awatali kusobya okutuusa ku lunaku lwa Kristo. (Abafiripi 1:10)**

OKUSINZIIRWA OKWEKENNEENYA

Okwekenenya mu kuyigiriza kwa Baibuli kwesigamiziddwa ku bino wammanga:

EBIGENDERERWA:

Osobola okwekenneenya okusomesa mu ngeri y'ebigendererwa. Ebigendererwa ebyateekebwawo byali bituukiddwaako abayizi? Olina okukola ebigendererwa ebituukibwako osobole okumanya oba bituukiddwaako.

Yesu yateekawo ebigendererwa by'abayigirizwa be era ne yeetegereza ebyava mu kuyiga kwabwe:

> **Awo Yesu n'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri n'abatuma babiri babiri…**
>
> **Abatume ne bakuŋŋaana eri Yesu, ne bamubuulira byonna ebintu byombi bye baali bakoze ne bye baali basomesa. (Makko 6:7, 30) (Laba ne Lukka 9).**

OKUGEZESA:

Okugezesa kye kigezo ekizuula oba omuyizi ayize ebyo ebisomesebwa. Katonda atusomesa era atugezesa okuyita mu bulamu. Yesu yeekenneenya abayigirizwa be ng'ayita mu kugezesebwa:

> **Awo Yesu n'ayimusa amaaso ge, n'alaba ekibinja ekinene nga kituuka, N'agamba Firipo. Tuligula wa emmere, bano balye?**
>
> **Era kino yakyogera okumugezesa: kubanga Ye yennyini yali amanyi ky'agenda okukola. (Yokaana 6:5-6)**

Ebigezo ebitongole biyinza okuwandiikibwa nga "Okwegezaamu" mu kitabo kino. Biyinza okuba eby'ogere, abayizi we bibuuzibwa mu bigambo ate ne baddamu mu bigambo. Okugezesebwa okutali kwa mu butongole kubaawo nga abayizi basisinkana ebizibu ebya nnamaddala mu bulamu n'obuweereza. Engeri abayizi gye baddamu mu mbeera zino kikulu okusinga engeri gye baddamu okukeberebwa mu butongole.

OKUDDAMU:

Okusomesa era kwekenneenyezebwa okusinziira ku ngeri abayizi gye baddamu:

-Abayizi baali bafaayo ku musomo?

-Baanukula okujulira okwaweebwa omusomesa? Okugeza, singa omulanga gwali gwa bulokozi abataalokolebwa bazzeemu? Singa omulanga gwali gwa kuwonyezebwa oba kubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu, waliwo okuddamu okuva mu bayizi? Okukula mu by'omwoyo kweyolekera mu kwanukula okuyigiriza? Jjukira Okukula mu by'omwoyo tekupimibwa ku ebyo omuyizi by'awulira wabula by'akola ku ebyo by'awulira.

ENKOLA Y'OMUSOMESA:

Enkola y'omusomesa nayo kitundu ku nkola y'okwekenneenya. Kozesa olukalala lw'okukebera mu Ekitundu kya "Okweyongera okusoma" eky'essuula eno okwekenneenya by'osomesa.

OKWEKENNEENYA EBIZBU

Toggwaamu maanyi singa okwekenneenya kulaga ebizibu mu kusomesa kwo. Okuzuula ebizibu kikuwa omukisa okutereeza. Ne Yesu yafuna ebizibu n'abayigirizwa be mu nkolagana y'omusomesa/omuyizi. Lowooza ku bino wammanga:

-Soma Lukka 9:54-56. Yakobo ne Yokaana bwe baalaba Yesu ng'agaaniddwa, ne baagala okuyita omuliro okuva mu Ggulu okusaanyawo abantu. Baali tebategeeredde ddala bubaka bwa Yesu eyagamba…

Kubanga Omwana w'omuntu tazze kuzikiriza bulamu bwa bantu, wabula okubalokola... (Lukka 9:56)

-Yesu bwe yatandika okuyigiriza nti alina okufiirira ebibi byabantu, Peetero yamunenya. Yesu yalina okumutereeza (Makko 8:31-33).

-Wadde Yesu yali abawadde obuyinza okugoba sitaani, abayigirizwa baalemererwa okuweereza eri omwana eyalina dayimooni (Makko 9:1328).

-Soma Makko 10:35-45. Yakobo ne Yokaana baabuuza Yesu oba bayinza okutuula kumpi naye mu bwakabaka. Abayigirizwa abalala tebaasanyukira Yakobo ne Yokaana bwe baawulira bino. Bonna baali tebategedde bubaka Yesu bwe yayigiriza:

Naye mu mmwe sibwe kiri bwekityo. Yenna ayagala okuba omukulembeze mu mmwe, asaanira abeerenga muweereza wa banne:

Nail buli ayagala okuba omwami mu mmwe, asaana abeere muddu wa banne bonna:

N'omwana w'omuntu, teyajja ku nsi kuweerezebwa, wabula okuweereza abalala, era n'okuwaayo obulamu bwe ng'omutango okununula abangi. (Makko 10:43-45)

-Abayigirizwa beebakira mu kiseera Kristo kye yabeetagira mu ennyo era bwe yali abasaba okusaba (Makko 14:32-42).

-Omuyigirizwa omu yalyamu Yesu olukwe, omu yamwegaana, n'abasigaddewo ne badduka nga bamukwata (Makko 14:43-72).

-Omufuzi omuto omugagga yagaana okuyitibwa kwa Yesu okufuuka omuyigirizwa (Makko 10:17-22).

Kubanga Yesu yali talina kibi, ebizibu mu nkolagana ye n'omusomesa/omuyizi tebyaaliwo gy'ali. Obuzibu bwali ku bayizi. Katonda talemererwa. Ekigambo kye tekirema. Yesu talemererwa. Bwe wabaawo ebizibu mu mbeera zaffe ez'omusomesa/omuyizi wabaawo ebitundu bibiri byokka eby'okwekenneenya. Obuzibu buyinza okubeera ku musomesa oba ku muyizizi

Zino wammanga z’ensonga ezitera okuvaako ebizibu mu mbeera z’omusomesa/omuyizi:

OMUSOMESA:

Ebigendererwa Ebitateekebwawo: Tewali kyateekebwawo, kale tewali kyatuukirizibwa.

Okwekenenya abawuliriza okutali kutuufu: Omusomesa teyakwatagana na bayizi ku buwangwa obutuufu, omutendera gw’obuyigirize, oba ogw’omwoyo.

Obuteetekateeka: Ebiseera ebitamala ebyaweebwa okutegeka essomo.

Obutasaba: Obudde bw’okusaba obutamala, okusabira abayizi n’omusomo.

Enkola Ezitali ntuufu: Enkola zaali tezisaanira ssomo eryasomesebwa, ekibinja ky’emyaka oba eby'obuwangwa. Enkola ezo tezaatera bawuliriza kussaayo birowoozo.

Empisa: Empisa entuufu tezaakuumibwa era abayizi tebaasobola kusaayo birowoozo ku bye basoma.

Enyanjula etali ntuufu: Omusomesa yayogera mangu nnyo, mpola nnyo, nga tawulikika nnyo okusobola okuwulirwa oba waaliwo ebiziyiza empuliziganya.

OMUYIZI:

Obutakkiriza: Yesu teyasobola kuweereza bulungi mu kibuga kye olw’obutakkiriza bw’abawuliriza (Matayo 13:58).

Ensigo y'ekigambo kya Katonda teyagwa ku ttaka ddungi: Soma olugero lw'omusizi mu Matayo 13:1-9,18-23. Sitaani yanyaga Ekigambo, kyakala ng’okugezesebwa kuzze oba n’okufaayo ennyo ku bintu by’ensi kwagireetera okufa.

Obutasaayo birowoozo: Omuyizi teyafaayo olw’ebintu ebimuwugula oba olw’obuzibu bw’empisa. Bakkiriza Sitaani okunyaga Ekigambo okuva mu ttaka eddungi ery’emitima gyabwe (Matayo 13:19).

Okugaana Okuddamu: Omuyizi teyafuuka mukozi wa Kigambo. Yawulira Ekigambo era teyagaana Kigambo kyennyini wabula yagaana okukiteeka mu nkola mu bulamu bwe (weetegereze Yakobo 1:22-25). Kino kye kyali ekizibu ky’omufuzi omuto omugagga eyagaana okuyitibwa kwa Mukama okufuuka omuyigirizwa (Makko 10:17-22).

Okugaana Obubaka: Omuyizi yagaana obubaka. Kino kye kyali ekizibu ng’abayigirizwa ba Yesu abamu baakyuka ne bava mu kumugoberera (Yokaana 6:53-66).

OKUKOZESA EBIZIBU

Toggwaamu maanyi olw’ebizibu ebibaawo mu mbeera y’okuyigiriza. Bikozese ng’emikisa gy’okuyiga n’okulongoosa obukodyo bwo obw’okusomesa. Ebizibu bisobola okutereezebwa nga tuyita mu kusaba n’enkyukakyuka. Omusomesa asobola okukyusa okutereeza ebizibu ebimu. Abayizi basobola okukyusa okutereeza abalala.

Yesu teyaggwaamu maanyi ku bayigirizwa be. Teyaggwaamu maanyi olw'ensobi zaabwe n'okulemererwa. Yalaba ki kye bayinza okufuuka nga bakkiriza Omwoyo Omutukuvu okukoleramu bulamu bwabwe. Ku nkomerero, baalaga nti basaanidde okwesigisibwa kuno. Mu kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume tusangamu okubuusabuusa, okutya mu bakulembeze abakulu ab'Ekkanisa eyasooka.

Ebizibu osobola okubitwala ng'emikisa oba ng'ebiziyiza. Bw'oba otwala ebizibu nga ebikulemesa, ojja kuggwaamu amaanyi era olekere awo. Bw'oba ozitwala ng'emikisa, ojja kukula mu by'omwoyo era alongoose obukugu bwo mu kuyigiriza mu Baibuli.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

   ……
   ……
   ……..

2. Nnyonnyola “Okwekenneenya.”

   ……
   ……
   ……

3. Lwaki kyamugaso okwekenneenya by’osomesa?

   ……
   ……
   ……..

4. Wa enkola nnya ez’okwekenneenya ensomesa za Baibuli

   ……
   ……
   ……
   ……..

5. Funza ebizibu eby’abulijjo mu nkolagana y’omusomesa/muyizi

   ……
   ……
   ……..

6. Osobola okukozesa otya ebizibu mu ngeri ennungi?

   ……
   ……
   ……..

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino)

OKWEYONGERA OKUSOMA

OKWEKENNEENYA OKUSOMESA KWO

Weekenneenye ng'omusomesa. Soma buli kibuuzo era londako ennamba gy'owulira ng'esinga okuba entuufu. Gatta omugatte gw'ennamba entuufu. Omugatte gwa 85 n'okudda waggulu kuba kuddamu kulungi, 40 n'okudda wansi buba bubonero bubi. Mu makkati g'ezo mubaamu kisaamusaamu (41- 60) okutuuka ku kirungi (61-84). Ennamba ziraga: 1=tekibangawo 2=nedda 3=oluusi 4=emirundi mingi 5=bulijjo

OKUTEGEKA:

Ntandika okuteekateeka essomo nga bukyali wiiki emu nga sinasomesa.	5 4 3 2 1
Baibuli ye nsonga enkulu mu kutegeka essomo lyange.	5 4 3 2 1
Nnina enteekateeka entegeke ey'okusoma essomo.	5 4 3 2 1
Nkuuma mu birowoozo ebyetaago ebitongole eby'abayizi bange nga bwe nteekateeka.	5 4 3 2 1
Mpandiika ekigendererwa ekigere ku buli ssomo.	5 4 3 2 1
Mpandiika enteekateeka y'essomo.	5 4 3 2 1
Nsaba buli kiseera ku mulimu gwange.	5 4 3 2 1
Nnoonya buli kiseera okulongoosa enjigiriza yange nga nsoma, n'okwetaba	5 4 3 2 1
Mu nkiiko z'abakozi oba okukola emisomo gy'okutendekebwa.	

OKWOLESA:

Nfuna obwagazi bw'abayizi okuva ku ntandikwa.	5 4 3 2 1
Nnina ebitundu bya Baibuli ebisomeddwa mu ngeri ey'amakulu.	5 4 3 2 1
Nkomekkereza n'omulanga gw'okuddamu.	5 4 3 2 1
Nkozesa enkola ez'enjawulo ez'okusomesa.	5 4 3 2 1
Nsobola okugoberera ensonga okutuuka ku nkomerero nga sikyusiza.	5 4 3 2 1
Nssa essira erituufu ku mazima ag'omu makkati.	5 4 3 2 1
Nkozesa mu bulamu n'obuweereza ebyo ebisomesebwa.	5 4 3 2 1

OKUDDAMU:

Abayizi bange bakubirizibwa okwongera okuyiga Baibuli.	5 4 3 2 1
Enjigiriza yange eyamba okukyusa obulamu.	5 4 3 2 1
Enjigiriza yange etuuka ku babuze ku lwa Kristo. [okubuulira enjiri]	5 4 3 2 1
Enjigiriza yange efuula abayizi abeesigwa mu nkolagana y'ekkanisa.	5 4 3 2 1
Enjigiriza yange eyamba okutumbula okukula mu by'omwoyo.	5 4 3 2 1

ESSUULA EY’EKKUMI N’EBBIRI

OKULONDA N’OKUKULAAKULANYA ENSOMA

EBIGENDERERWA:

Bw’omala essuula eno ojja kuba osobola:

- Okunnyonnyola "Ensoma ya Baibuli".
- Okunnyonnyola omugaso gw’ensoma ya Baibuli.
- Okulonda ensoma esaanira.
- Okukola ensoma yo eya Baibuli.

ENNYIRIRI ENKULU:

Ebyawandiikibwa byonna biweebwa okuluŋŋamizibwa kwa Katonda, era biba bya mugaso eri enjigiriza, okunenya, okutereezebwa, okuyigirizibwa mu butuukirivu;

Omuntu wa Katonda alyoke abe ng’atuukiridde, ng’alina byonna ebyetaagibwa okukola buli mulimu omulungi (2 Timoseewo 3:16-17)

ENNYANJULA

Baibuli gw’emusingi gw’okuyigiriza kwonna mu kkanisa. Naye abawandiisi Abakristaayo bakulaakulanyiza ebimu ku bikozesebwa ebirungi ennyo ebiyinza okuyamba mu kutegeka okutendekebwa kw’ekibinja kimu oba ebibinja ebiwerako eby’abayizi. Essomo lino likwata ku kulonda ensoma ya Baibuli.

ENSOMA YA BAYIBULI

Ekigambo "ensoma" kitegeeza omusomo gw'okusoma ogutegekeddwa. Kiyinza okutegeeza omusomo gumu oba emisomo egikozesebwa mu ssomero. "Ensoma ya Baibuli" ssomo eritegekeddwa ery'okusoma Baibuli.

OMUGASO GW'ENSOMA BAYIBULI

Ensoma ya Baibuli kya mugaso nnyo mu kuyigiriza kw’Ekikristaayo. Zino ze nsonga ezimu:

-Ekuwa okunoonyereza n’ebintu ebikulu okusinga by’oyinza okufuna oba okwetegekera gwe wennyini.

-Ewa abayizi emisomo n’emirimu egy’okuwandiika.

-Ewa ensengeka y’okusomesa essomo.

-Ewa amagezi ku ngeri y'okusomesaamu essomo.

-Ensoma ezimu ziwa ebigendererwa ebiwandiikiddwa ku buli ssomo.

-Ensoma ezisinga zitegekebwa ku mitendera gy'emyaka egy'enjawulo. Kiwandiikibwa abantu abatendekeddwa mu kukola n'ekibinja ky'emyaka ekyo ekigere.

-Enteekateeka y'ensoma etegekeddwa etuwa ebikwata ku mazima agali mu Baibuli mu ngeri esingawo. Abasomesa abasinga obungi batera okussa essira ku bitundu ebimu ebya Baibuli bye banyumirwa oba bye bawulira nga baagala okuyigiriza. Enteekateeka ezitegekeddwa ez'ensoma zikwata ku Baibuli yonna okumala ekiseera.

-Ewa engeri y'okutegeka okusomesa eri ebibinja by'emyaka mingi mu kkanisa y'omu kitundu.

OKULONDA ENSOMA

Ekisinga obukulu okujjukira mu kulonda ensoma y'ensoma eyo ewandiikiddwa omuntu si bwe buyinza bwaffe obusembayo. Baibuli bwe buyinza bwokka eri omusomesa Omukristaayo. Ensoma erina okwekenneenyezebwa obulungi okukakasa nti ntuufu mu njigiriza.

Engeri y'okufunamu n'okulonda ensoma:

1. Ekkanisa y'omu kitundu kyo bw'eba kitundu kya kibiina ekitegekeddwa, bayinza okufulumya ensoma yaabwe ey'ebisomesebwa. Wandiikira ekitebe ky'amadiini go okufuna eby'okugezesezaako. Jjukira okulowooza ku bikozesebwa bya Harvestime International Institute mu nteekateeka yo ey'okutendeka abantu abakulu. Tuwandiikire okumanya ebisingawo.

2. Nga bw'olinda ebikozesebwa okutuuka, wandiika ebigendererwa eby'awamu ku nteekateeka yo yonna ey'okusomesa. (Kozesa obukugu bwe wayiga mu Ssuula ey'omwenda ey'omusomo guno). Bigendererwa ki eby'omwoyo eby'awamu eri ebibinja by'ofunira ebikozesebwa? Ojja kwetaaga okumanya ebigendererwa bino okusobola okwekenneenya ensoma okulaba oba etuukiriza ebigendererwa bino eby'omwoyo.

3. Bw'ofuna ebikozesebwa eby'ekyokulabirako, kozesa olukalala lw'okukebera mu ssuula eno okwekenneenya ekikozesebwa. Bwe kiba nti abalala bajja kuba basomesa ensoma eno, bakuyambe mu kwekenneenya ebikozesebwa eby'ekyokulabirako.

4. Bw'omala okulonda ensoma gy'oyagala okukozesa, teekateeka era oweereze okusaba kwo. Kozesa foomu y'okulagira gyebajja okukuweereza ng'ekyokulabirako. Kakasa nti ossaamu ensasula yo entuufu olw'ebikozesebwa ebyo. Kuuma foomu ey'okusabirako osobole okukakasa nti bweyawasabye.

5. Webituuka, amangu ago sumulula ebikozesebwa ebyo okukakasa nti ebiweerezeddwa byebyo kennyini byewasaba. Geraageranya kkopi yo gyewasabirako n'ebyo byewasindise. Bwe wabaawo ensobi ezikoleddwa, tegeeza mu bwangu be kikwatako.

6. Oyinza okwetaaga okutendeka abalala mu ngeri y'okukozesaamu ensoma. Essuula ey'ekkumi n'ennya mu ssomo lino "Obukodyo bw'okusomesa", ejja kukuyamba mu kukola kino.

7. Teeka ebintu ebyo mu kifo ekirungi okutuusa lw'onoomala okubikozesa.

OKUKULAAKULANYA ENSOMA YA BAYIBULI

Bw'oba tolina nsimbi za kugula nsoma, gikulaakulanye ggwe kennyini. Mu Ssuula ey'Ekkumi ey'essomo lino wayiga engeri y'okuteekateekamu essomo lya Baibuli. Kozesa obukugu buno okukulaakulanya amasomo ago. Wandiika amasomo ago mu bujjuvu. Oluvannyuma, ojja kuba okulaakulanyizza ensoma yo gwe kennyini. Ddira emisomo gy'owandiise era ogyekenneenye ng'okozesa ekipande ky'okwekenneenya eky'essuula eno. Ekipande kijja kukuyamba okuzuula engeri gy'oyinza okulongoosaamu ebintu by'otegese.

Kilwawo okukola ensoma ya Baibuli okusinga okugigula, naye mulimu ebirungi nga:

- Osobola okugikulakulanya mu ngeri ey'enjawulo ng'osinziira ku buwangwa bw'abawuliriza abagenda okugisoma.
- Osobola okuba omukakafu njigiriza egirimu.
- Osobola okugiteekateeka okutuukiriza ebigendererwa ebitongole eby'omwoyo.

OKWEKENNEENYA ENSOMA

Kozesa olukalala luno olw'okwekenneenya nga weetegereza ebikozesebwa mu nsoma:

EBIKOZESEBWA BY'OMUSOMESA:

Ebigendererwa:

- Ebigendererwa ebiragiddwa bye biruwa?
- Bifaanagana n'ebigendererwa by'oteekawo mu kusomesa/okuyiga?
- Bituukibwako osobole okumanya ddi lw'ozituukirizza?

Ebirimu:

- Ebirimu bituufu mu njigiriza?
- Bisaanidde ku buwangwa bwo?
- Ebiri mu Baibuli bisaanira abayizi ku myaka egigenda okuyigirizibwa?
- Okuvvuunula ebintu bya Baibuli kutuukira ddala ku myaka egigenda okuyigirizibwa? (Si kyangu nnyo eri abayizi abakulu oba kizibu nnyo eri abayizi abato).
- Ebisomesebwa biyamba abayizi okutegeera kye kitegeeza okubeera ekitundu ky'Omukristaayo mu kitundu, okusinza kwakyo, ensengeka, enzikiriza, ebyafaayo, obigendererwa?
- Ebirimu biwagira pulogulaamu yo ey'ekkanisa?

Eby’obulamu:

- Ebikozesebwa bivvuunula bitya amakulu g’obulamu bw’Ekikristaayo? Bikkiriziganya n’ebigendererwa byo?
- Ebintu ebisomesebwa bikwataganya bitya n’obulamu bw’Ekikristaayo n’okuyiga kwa Baibuli?
- Ebisomesebwa biwa emikisa okwegezaamu n’okufumiitiriza ku bikolwa ebiraga Obulamu bw’Ekikristaayo?
- Ebintu bikwataganya bitya Obukristaayo, amaka, mu ssomero, mu kitundu, ensi, n’obutonde bw’ensi?

Enkola:

- Ensengeka y'ekitabo esikiriza?
- Buli kitundu kirambikiddwa bulungi omusomesa asobole okwanguyirwa okutegeera emitendera gy’okusomesa?
- Waliwo ebintu ebitongole ebiyamba omusomesa okukwata ensengeka?
- Nkola ki ez'okusomesa eziteeseddwa? Nkola ki ku zino abasomesa ze bawuliriramu emirembe? Kipya ki ekyandibadde kyangu okuyiga?
- Ebiragiro ku mirimu bitegeerekeka bulungi era byangu okugoberera?
- Bikozesebwa ki ebiteeseddwa okukozesebwa okusukka ebyo ebiri mu kitabo? Ku bino bye biruwa ebikulu? Kiki ekyandibadde kyangu okufunibwa?
- Ekitabo ky'omusomesa kirimu ebintu ebiyamba ku myaka n'emitendera gy'okuyiga kw’abo abali mu kibiina?
- Waliwo ebintu eby’emabega ebikwata ku biri mu ssomo olwo okumanya kw’omusomesa kugaziyizibwe?

EBIKOZESEBWA BY'OMUYIZI:

Ekitabo ky'okusoma:

- Kilagibwa mu ngeri esikiriza [okusinziira ku ndowooza y’omwana]?
- Ekiwandiiko kyangu okusoma eri omwana?
- Omusono n'olulimi byandisikiriza omwana okukyagala?
- Emboozi erimu esobola okutegeerebwa omwana?

Ekitabo ekiyamba mu kukola:

- -Okwegezaamu okulimu kusanyusa abaana?
- -Bizibu nnyo? Byangu nnyo?
- -Bigaziya okutegeera kw'essomo? Bitya?
- Biyamba okusinziira ku ssente eziteereddwamu? Oba kyandibadde kirungi okukulaakulana emirimu egy'enjawulo egikwatagana n'ekibiina?

Eby'okukola:

- Mirimu ki egisinga okukozesebwa? Emirundi emeka?
- Mu kuvumirira, buli kintu kiri ku mutindo ki: ekipande, ekifaananyi, filmstrip, n'ebirala?
- Abaana banaasanga emirimu egiteeseddwa nga gya mugaso, oba emirimu egifaanagana egitwala obudde obutono n'ensimbi entono zisobola okukolebwa?

Olupapula lw'okutwala awaka:

- Olupapula luno lulina kigendererwa ki nga bwe kiragibwa mu ngeri gye lukoleddwamu n'ebirimu?
- Kyandinywezezza essomo okukozesebwa awaka?
- Kyandiyongera ku bintu ebikozesebwa mu kibiina?
- Kyandibadde kakwate wakati w'abataliiwo n'ekibiina?
- Kyandibadde kya muwendo kitya ng'okukwatagana n'amaka g'abaana abaliwo mu kibiina? Abo abaali tebaliiwo?
- Kisaanira ssente ezo? Lwaki oba lwaki nedda?

ENTEGEKA Y'ENSOM EY'AWAMU:

- Biruubirirwa ki ebiri mu bbanga ery'emyaka mukaaga, munaana, oba kkumi n'ebiri?
- Laga ebikulu ebirimu mu buli mu eyo ey'emyaka kkumi n'ebiri.
- Weetegereze "okutambula" kw'ebintu:
    - Ebintu mu Baibuli bikozesebwa bitya: mu nsengeka y'ebiseera? Omutwe omukulu? N'ebirala?
    - Birungi/bibi ki ebiri mu dizayini eno?

- Okuddiŋŋana ebintu kuli wa?
- Bino binyweza okuyiga? Binyweza okutegeera? Bijjuza ekifo?

-Ensimbi ezisaasaanyizibwa ziri mu mbalirira y'ekibiina kyo? Pulogulaamu ekwatagana n’obukugum bw’abasomesa bo?

-Waliwo ekifo eky’okwongera oba okukyusaamu okusoma okw’enjawulo awatali kutaataaganya nkola [nga pulojekiti y’obuminsani, okusinza, obuwanika]?

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika ennyiriri enkulu okuva mu mutwe gwo.

   ……
   ……
   ……

2. Nnyonnyola "Ensoma ya Baibuli.”

   ……
   ……
   ……

3. Mugaso ki ogw’ensoma ya Baibuli?

   ……
   ……
   ……

4. Oyinza otya okwekulaakulanyiza ensoma yo?

   ……
   ……
   ……

(Eby’okuddamu biweereddwa ku nkomerero y’essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Abafulumya ensoma ya Baibuli abasinga bagoberera enteekateeka mu bitabo byabwe. Soma bino wammanga omanye ku ngeri ensoma ey'omulembe gy'etegekeddwamu:

ENTEGEKA Z'ENSOMA EZIRIWO

Enteekateeka ennya enkulu ababuulizi b'enjiri ze bagoberera mu kusengeka eby'ensoma byabwe. Okwekenneenya ensoma, olina okusoma ebirungi n'ebibi ebiri mu buli nteekateeka y'ensoma mu ngeri y'ebyetaago byo n'ebigendererwa byo:

ENSENGEKA EY'AWAMU:

Engeri Ensoma Gy'etegekeddwamu:

Ekitundu kya Baibuli kye kimu kiyigirizibwa buli kibinja ky'emyaka.

Ebirungi ebirimu:

1. Ekkanisa entono esobola okugatta abayizi bonna mu kusinza okumu okwekuusa ku ssomo.

2. Aba famire bonna basobola okukubaganya ebirowoozo ku ssomo lyabwe erya bulijjo awaka.

Ebizibu ebivaamu:

1. Emisomo giddibwamu eri ab'emyaka 5-7, ewa bitono ku Baibuli by'elina.

2. Ebiri mu Baibuli ebiseera ebisinga tebisaanira bayizi ba myaka gyonna.

ENSENGEKA EGATTIDDWA AWAMU:

Engeri Ensoma Gy'etegekeddwamu:

Ebintu eby'enjawulo ebiri mu Baibuli, ebikwatagana n'omulamwa gumu, biyigirizibwa buli kibinja ky'emyaka.

Ebirungi ebirimu:

1. Ebibinja by'emyaka ebiwerako bisobola okusisinkana mu kusinza okumu okukwata ku mulamwa.

2. Okukubaganya ebirowoozo ku mulamwa awaka kisoboka.

Ebizibu ebivaamu:

1. Emiramwa emitono gikaluubiriza okuwa ebikwata ku Baibuli mu bujjuvu.

2. Emisomo egisomesebwa mu buli kitongole nga gisalibwawo omulamwa, okusinga ebyetaago by’abayizi.

ENSENGEKA Y’EBITONGOLE:

Engeri Ensoma Gy'etegekeddwamu:

Ebirimu Baibuli eby’enjawulo biweereddwa ku buli kibinja ky’emyaka.

Ebirungi ebirimu:

1. Emirimu gyonna gikwatagana nnyo n’essomo lya Baibuli mu buli kibinja.

2. Emisomo giyinza okutunuulirwa ku ddaala ly’embeera z’abantu, ery’eby’omwoyo, ery’enneewulira n’ery’ebirowoozo bya bayizi bonna

Ebizibu ebivaamu:

1. Okukubaganya ebirowoozo okwa bulijjo awaka kutono, olw’okuba nti abazadde n’abaana basoma byanjawulo.

ENSENGEKA EGADDWA:

Engeri Ensoma Gy'etegekeddwamu:

Ebirimu Baibuli eby’enjawulo biweereddwayo eri abayizi aba buli myaka.

Ebirungi ebirimu:

1. Ensoma esobola okutegekebwa okutuukana n’omutendera gw’enkulaakulana y’abayizi.

Ebizibu ebivaamu:

1. Okukubaganya ebirowoozo awaka kutono.

2. Kizibu okukwataganya emirimu gyonna ku mulamwa ogw’awamu, kubanga buli myaka girina essomo ery’enjawulo.

ESSUULA EY'EKKUMI N'ESSATU

OKUSOMESA ABAYIZI ABATAMANYI KUSOMA NA KUWANDIIKA

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuzuula abayizi abatamanyi kusoma na kuwandiika.
- Okufunza ebigobererwa mu kusomesa abayizi abatamanyi kusoma na kuwandiika.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Okutya Mukama y'entandikwa y'amagezi: n'okumanya oyo omutukuvu kwe kutegeera. (Engero 9:10)

ENNYANJULA

Abasomesa abamu basoomoozebwa okusomesa abayizi abatamanyi kusoma na kuwandiika. Omuyizi ekika bw'ekityo aba tamanya kusoma wadde okuwandiika olulimi lwe. Bw'oba oteekateeka okusomesa abayizi abatasoma, olina okusoma essomo lino. Bw'oba tolina nteekateeka ya kusomesa bayizi kika kino, oyinza okubuuka omusomo guno n'ogenda mu maaso n'Essuula eddako.

BASOBOLA OKUSOMESEBWA?

Omuntu talina kumanya kusoma na kuwandiika asobole okuyiga. Okugeza, olulimi lulina obukugu obwetaagisa okuyiga, naye ate abaana bayiga okwogera olulimi lwabwe oluzaaliranwa nga tebanamanya ngeri y'akusoma n'akuwandiika. Kisoboka okuyigiriza abayizi abatasoma amazima agali mu Kigambo kya Katonda wadde nga tebasobola kusoma ku lwabwe.

Ekimu ku biragiro Katonda bye yasooka okuyisaamu ekigambo kye kwe kukyogera:

> **Era ebigambo bino bye nkulagira leero, binaabeera mu mutima gwo;**
>
> **Era onoonyiikiranga okubiyigiriza abaana bo, era onoobyogerako bw'onootuulanga mu nnyumba yo, era bw'ootambuliranga mu kkubo, era bw'oogalamiranga, era bw'onoogolokokanga. (Ekyamateeka 6:6-7)**

Yesu yayigiriza nga takozesezza biwandiiko. Tagabangako misomo gya buwandiike n'abayizi be tebaasomanga bitundu okuva mu Bayibuli.

Tuyinza okulowooza nti Yesu yayigiriza abantu abatasoma kubanga abaali bamuwuliriza mwalimu n'aba abaavu abaali tebalina buyigirize. Abantu bano baali tebamanyi kusoma wadde okuwandiika ebyo Yesu byeyasomesa. Baali beesigamye ku mpuliziganya ey'omu kamwa okusobola okuyiga.

Bw'oba ogenda okuyigiriza Enjiri eri buli muntu, olwo olina okuba n'enteekateeka y'okutuuka ku bataasoma. Tosobola kutuuka ku buli muntu n'obubaka obuwandiike obw'Ekigambo kya Katonda era toyinza kukitwala nti balina kusooka kuyiga okusoma nga tebannatuukibwako n'Enjiri.

Okuyiga ebikwata ku Katonda tekisinziira ku buyigirize kubanga kiba kya mutima:

Okutya Mukama y'entandikwa y'amagezi: n'okumanya oyo omutukuvu kwe kutegeera. (Engero 9:10)

OKUSOMESA ABAYIZI ABATAMANYI KUSOMA NA KUWANDIIKA

Ebigobererwa mu kusomesa abayizi abatasoma bye:

OKUYITA MU ABAKULEMBEZE AB'ENNONO:

Abantu abatasoma bawuliriza era bagondera abakulembeze baabwe. Bwoba osobola okufuna abakulembeze okukkiriza obubaka, kijja kuba kyangu okutuusibwa eri abantu. Abakulembeze bwe bamala okukkiriza obubaka, basobola okubuwuliziganya mu ngeri ennyangu eri abalala kubanga awatali kubuwandiika.

KWASAGANYA OBUBAKA N'OBUWANGWA:

Oyize nti obubaka bulina okuba nga bukwatagana n'omuwuliriza okusobola okusaayo omwoyo, okuteeka mu nkola, n'okutuuka ku kuddamu okutuufu. Soma obuwangwa bw'omuntu atasoma. Biki ebibaluma mu bulamu bwabwe obwa bulijjo? Bizibu ki n'okusoomoozebwa kwe balina mu by'obuwangwa? Obubaka bwo bulina okuba nga bwekuusa ku bino okusobola okukusaako ebirowoozo, okuteeka mu nkola, n'okuddibwamu okuva mu bantu.

KWASAGANYA ENKOLA Z'OKUSOMESA N'OBUWANGWA:

Obuwangwa obusinga bulina enkola ey'ennono ey'okuyisa amawulire okuva ku muntu okudda ku mulala. Obuwangwa obumu bukikola nga buyita mu kunyumya emboozi. Abalala bakikola nga bayita mu nnyimba n'ennyimba eziwuliziganya obubaka. Soma obuwangwa olabe engeri obubaka gye businga okubunyisibwaamu. Laba enkola etera okukozesebwa mu buwangwa bwabwe era ozikozese okuyigiriza amazima agali mu Baibuli.

KOZESA OBUTONDE BW'ENSI:

Kozesa embeera y'obutonde bw'ensi ey'omuntu oyo ataasoma. Londa ebintu ebyangu okuva mu buwangwa bwabwe bye banaakozesa mu kusomesa. Ojjukira engeri Yesu gye yakozesaamu amayinja, ebimuli, ensigo, ebinyonyi, ebyennyanja, emimuli, n'ebizimbe? Kiyinza okwetaagisa okutonda engero ez'omulembe okusobola okulaga amazima. Yesu yakozesa engero ezo ezoogera ku kuvuba, okusimba

n’okukungula, n’ebirala, kubanga abawuliriza be baali bategeera ebintu bino. Abakuwuliriza bayinza obutategeera ngero zino. Soma embeera y’obutonde obw’abantu abataasoma. Ojikozese okutondawo engero ez’omulembe eziraga amazima agali mu Baibuli.

DDAMU ENNONO ENNYANGU

Ennono zikuume nga nyangu. Yolesa ennono enyangu era enkulu. Biddemu emirundi eziwerako okukakasa nti abayizi bazitegedde. Abayizi baddiŋŋane amazima agasookerwako mu kamwa bo bennyini.

FUNZA:

Waayo ekigambo ekimpimpi ku nkomerero y’essomo ekifunza amazima amakulu ggwe g’obasomeseza. Okugeza, mu kuyigiriza obw’okuzaalibwa omulundi ogw’okubiri mu Yokaana 3 oyinza okufunza essomo eryo nga: "Olina okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Kuzaalibwa mu mwoyo, so si kwa mubiri." Ozaalibwa omulundi ogw'okubiri mu mwoyo nga wenenyezza ekibi kyo n’okukkiriza Yesu ng'Omulokozi wo."

BUUZA EBIBUUZO:

Bw’omala okusomesa essomo, buuza ebibuuzo okukakasa oba ennono enkulu gy’osomesesa nga gitegeerekese.

OKUSABA OKUDDAMU:

Engeri emu ey’okukakasa nti abayizi bategedde obubaka kwe kuddamu eri obubaka. Okugeza, ku nkomerero y'essomo ku Yokaana 3, buuza nti: "Bameka ku mmwe abandyagadde ofuna okuzaalibwa kuno okuggya?"

BAYIBULI: EKITABO KYA KATONDA

Baibuli bubaka buwandiike Katonda bwe yalagira abantu okuwandiika. Kye kitabo ekirimu Ebigambo bye. Okwagala kwe kwe kuba nti abantu bonna basobole okugisoma. Olw’ensonga eno, abakulembeze Abakristaayo bangi batandise okwenyigira mu kutendeka abantu mu kusoma n’okuwandiika. Eno pulogulaamu eyigiriza abantu abatasoma engeri y’okusoma n'okuwandiika basobole okwesomera obubaka bwa Katonda.

Bw'oba oyagala okukola kino, laba ekitundu "Okweyongera Okusoma" mu ssuula eno. Naye jjukira, tekyetaagisa muntu kusobola kusoma na kuwandiika okusobola okwanukula Enjiri.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

   ……
   ……
   ……

2. Nnyonnyola ekigambo "Obutamanya kusoma na kuwandiika.”

   ……
   ……
   ……..

3. Funza ebigobererwa ebiweereddwa mu ssomo lino ku kusomesa abayizi abatamanyi kusoma na kuwandiika.

   ……
   ……
   ……..

   (Eby’okuddamu bikuweereddwa ku nkomerero y’essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Funa omuntu atamanyi kusoma na kuwandiika era ogabana Enjiri nga okozesa ebiragiro ebiweereddwa mu ssuula eno.

2. Bw'oba oyagala okutandikawo enteekateeka y'okusoma n'okuwandiika okuyamba abantu okuyiga okusoma n'okuwandiika mu lulimi lwabwe, tuukirira ekibiina kya Laubauch Literacy Society mu ggwanga lyo osabe obubaka obusingawo ku kino.

ESSUULA EY'EKKUMI N'ENNYA

OKUTENDEKA ABASOMESA

EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuzuula ebyetaago ebibiri ebikulu eby'okutendeka abasomesa.
- Okufunza emitendera gy'okuteekateeka okutendeka abasomesa.
- Okunnyonnyola engeri y'okuwandiika abayizi mu nteekateeka y'okutendeka abasomesa.
- Okufunza ebigobererwa ku kukola emisomo gy'okutendeka abasomesa.
- Okufunza ebigobererwa ebikwata ku kuteeka abasomesa abatendeke mu kkanisa.
- Okulaga engeri omusomesa gy'ayinza okwekenneenyezebwamu.

OLUNYIRIRI OLUKULU:

Kubanga buli kyewandagira nkibayigirizza ne bakitegeera era bategeeredde ddala nga n'ava gy'oli, era ne bakkiriza nga ggwe wantuma. (Yokaana 17:8)

ENNYANJULA

Yesu yatendeka abayigirizwa era bwe yamaliriza okutendekebwa n'agamba nti...

Kubanga buli kyewandagira nkibayigirizza… (Yokaana 17:8)

Enteekateeka ya Baibuli ey'okukubisaamu eby'omwoyo kwe kuyigiriza abasajja abeesigwa abasobola okuyigiriza abalala (2 Timoseewo 2:2). Bw'oba ogenda okutuukiriza enteekateeka eno, buli kiseera olina okuba ng'otendeka abasomesa. Essomo lino likwata ku ssomo ly'okutendeka abasomesa. Mu ssuula eno, ebyetaago ebibiri ebikulu eri omusomesa okutendekebwa biteesebwako era emitendera egy'omugaso ne giweebwa okuteekateeka mu kutendekebwa. Ebigobererwa era biweebwa ku ngeri y'okuwandiika abayizi okutendekebwa, engeri y'okutambuzaamu emisomo, n'oku okuteeka abasomesa abatendeke mu kkanisa.

EBYETAAGA EBIBIRI EBY'OKUTENDEKA

Waliwo ebyetaago bibiri ebikulu eby'okutendeka abasomesa mu kkanisa; okutendekebwa nga tebannaba kuweereza n'okutendekebwa nga bali mu buweereza.

OKUTENDEKEBWA NGA TONNAWEEREZA:

Okutendekebwa nga tonnaweereza kwe kutendekebwa okuweebwa ng'omukkiriza tannatandika kuweereza mu kkanisa ng'omusomesa. Y'enteekateeka y'okusoma ejja okumuyamba okuyiga engeri y'okusomesaamu.

OKUTENDEKEBWA MU BUWEEREZA:

Okutendekebwa mu buweereza kuweebwa abo abaweereza nga basomesa mu kkanisa. Okutendekebwa kuno kuyamba abasomesa okwongera okukulaakulanya ekirabo kyabwe eky'okuyigiriza. Yesu yawa abayigirizwa be okutendekebwa okw'engeri zombi.

OKUTEEKATEEKA ENTEGEKA Y'OKUTENDEKA ABASOMESA

Gino gy'emitendera gy'okuteekateeka okutendeka abasomesa mu kkanisa yo:

1. Wandiisa Abasumba oba abakulembeze b'omwoyo mu kkanisa.

2. Saba abantu abasomesa okuyambako ng'abakulembeze abagenda okusomesa abalala.

3. Tusisinkana abakulembeze bano okuteekawo:

-Ebigendererwa by'enteekateeka y'okutendeka: Okuzuula ebyetaago by'abasomesa abaliwo kati n'abayinza okuba abasomesa. Yogera ebigendererwa by'oyagala okutuukiriza mu nteekateeka y'okutendekebwa.

-Ennaku, ebiseera, n'ekifo w'ogenda okutendekera.

-Abakulembeze abagenda okusomesa mu nteekateeka y'okutendeka: Ani agenda okusomesa ki era ddi?

-Ebisaanyizo by'okuyingira mu pulogulaamu eno: Ani gw'onookkiriza okujja? Balina okuba nga bakkiriza abazaalibwa omulundi ogw'okubiri, naye muyinza okuba n'ebisaanyizo ebirala by'oyagala okuteekawo. (Laba ebiteeso mu kitundu "Okwongera Okusoma" mu ssuula eno).

-Emitendera egyetaagisa okumaliriza pulogulaamu: Kiki ekyetaagisa ku bo okumaliriza okutendekebwa? (Okusobola okufuna amagezi, laba ekitundu "Okwongera Okusoma" eky'essuula eno).

-Kiko ki aw'okutendekebwa: Laba ekitundu "Okwongera okusoma" mu ssomo lino ku bifo eby'enjawulo ow'okutendekebwa.

-Embalirira [ensaasaanya] y'okutendeka abasomesa: Kijja kumalawo ssente mmeka? Ensimbi zinaavaawa?

-Ebikozesebwa mu kutendeka ebigenda okukozesebwa: Omusomo guno guyinza okukozesebwa okutendeka abasomesa. Oyinza okwagala okugigattako n'okutendekebwa okw'enjawulo ku ddiini yo ne/oba ensoma gy'oteekateeka okukozesa.

4. Tegeka kalenda y'omwaka era owandiike emisomo gyonna egy'okutendeka ku yo. Muteekemu n'ennaku z'omwezi, ebiseera, n'ebifo.

5. Tegeka ennyonyola y'obuweereza eri abasomesa. Kino kijja kuzuula obuvunaanyizibwa bw'omusomesa eri abo abandyagadde okwewandiisa mu kutendekebwa kuno. (Laba "Okwoyengera okusoma" kw'essomo lino okufuna ennyonyola y'obuweereza ey'ekyokulabirako).

6. Tegeka obweyamo bw'omusomesa eri abo abandyagadde okusomesa okussaako omukono. Kino kiwandiiko ekiraga okwewaayo kw'omusomesa. (Laba ekitundu "Okwongera Okusoma" ky'essomo lino).

OKUYINGIZA AB'OKUTENDEKEBWA

Gino gy'emitendera gy'okuwandiika abantu mu nteekateeka y'okutendeka abasomesa:

- Yita abasomesa abaliwo kati okutendekebwa.
- Okola ekirangiriro mu kusaba kw'ekkanisa ekikwata ku kutendekebwa. Buuza abayinza okuba abasomesa abaagala okukutuukirira.
- Kola enkolagana ey'obuntu n'abo b'omanyi oba b'olaba era b'okkiririzaamu abalina ekirabo eky'omwoyo eky'okuyigiriza.
- Weekenneenye abasaba abatasomesa okukakasa nti batuukana n'omulyango oguyingira ebyetaago by'oteekawo ku nteekateeka y'okutendeka abasomesa.
- Tegeeza bonna abalina ebisaanyizo ku lunaku, essaawa n'ekifo eky'olutuula olusooka.

OKUTENDEKA

Ebigobererwa ebikwata ku kukola emisomo gy'okutendeka abasomesa:

- Tandika buli ssomo mu budde.
- Tandika n'okusaba Omwoyo Omutukuvu asobozese abasomesa era aggule emitima n'ebirowoozo by'abayizi okuyiga.
- Wandiika olukalala lw'abetabyemu. Abayizi balina okwetaba mu bungi bw'amasomo agasaliddwawo okusobola okumaliriza olusoma.
- Kakasa nti buli muyizi alina kkopi y'ebiwandiiko byonna ebikwata ku ssomo erigenda okusomesebwa.

- Beera n'ebikozesebwa byonna ebyetaagisa okusomesa omusomo. Mu bino mulimu ebikozesebwa mu kulaba, ekitabo ky'okusomesa, n'ebintu ebifaananako bwe bityo. Kozesa enkola z'okusomesa z'oyize mu ssomo lino.

- Teekawo obudde okubuuza n'okuddamu ebikwata ku bintu by'osomye mu ssomo.

- Gaba emirimu abayizi gye balina okumaliriza ng'okusoma okuddako tekunnabaawo. Mu bino mulimu, okusoma, okuwandiika n'okusomesa.

- Okuggyako nga Omwoyo Omutukuvu akulungamiza mu ngeri ya njawulo, kuuma obudde, abayizi obatte mu budde.

OKUTEEKA ABASOMESA

Okutendeka abasomesa tekukola bulungi okuggyako ng'abo b'otendeka bakozesebwa mu kifo ky'obusomesa. Ebigobererwa ebikwata ku kuteeka abasomesa mu nteekateeka y'okusomesa mu kkanisa:

BUUZA OMUSUMBA:

Alina wa obwetaavu bw'abasomesa? Omusumba ye mukulembeze Katonda gw'atadde mu kkanisa. Avunaanyizibwa ku kuyigiriza mu kkanisa. Era avunaanyizibwa okulungamya ebirabo n'ebitone by'abo abali ekitundu ky'ekkanisa.

TEEKAWO OKUSINZIIRA KU KUYITIBWA N'OBUSOBOZI:

Lowooza ku busobozi bw'omuntu alondeddwa. Banaaba bakola bulungi mu kibinja kye balina okusomesa? Katonda abawadde okuyitibwa obw'enjawulo eri ekibinja kino? Okugeza, Omutume Pawulo yali mulungi nnyo n'abantu ab'amawanga olw'okuyitibwa Katonda kwe yamuwa, ensibuko n'obusobozi.

TEEKAWO OKUSINZIIRA KU BWETAAVU BW'EMYAKA:

Abantu abamu tebaagala kusomesa baana. Abalala tebalina mirembe na bantu bakulu. Emyaka gyonna gyeetaaga okusomesebwa, naye omusomesa alina okuba n'okwagala ne/oba okuyitibwa okukola eri ekibinja ky'emyaka ekimu.

KKIRIZA EMIKISA GY'OKWEGEZAAMU MU KUSOMESA:

Omusomesa omupya asooke aweerereze wansi w'omusomesa alina obumanyirivu, era alina okusomesa ng'omusomesa oyo taliiwo. Oluvannyuma leka basomese ng'omusomesa alina obumanyirivu yeetegereza. Oluvannyuma lw'omusomo, asobole okugabana mu kyama amagezi agayamba omusomesa omupya.

OKWEKENNEENYA ABASOMESA

Omusomesa bw'amala okuweereza mu kkanisa, obuweereza bwabwe bulina okwekenneenyezebwa buli luvannyuma lwa kiseera. Yesu kino yakikola eri abayigirizwa be oluvannyuma lw'okubasindika

okuweereza. Baaloopa byonna bye baali boogedde era ne bikolebwa (Makko 6:7 ne 30). Okwekenenya kuyamba okuzuula n'okutereeza ebizibu mu kusomesa. Kiwa omukisa eri abakulembeze b'ekkanisa mu by'omwoyo okuyamba abasomesa mu kwongera okukulaakulanya ekirabo eky'omwoyo eky'okuyigiriza.

Wammanga z'engeri z'okwekenneenyaamu omusomesa:

1. Omusomesa ayinza okwekenneenyezebwa ng'okozesa obukugu mu kwekenneenya obwayigiddwa mu Ssuula ey'Ekkumi n'emu ey'essomo. Buli musomesa yeekenneenye yekka, n'oluvannyuma weekennenye nabo ebyo ebivuddemu

2. Weekenneenye okusinziira ku nnyonyola y'obuweereza: Batuukiriza ebisaanyizo byennyonyola y'obuweereza ku kifo kyabwe eky'obusomesa?

3. Bakuuma obweyamo bw'omusomesa bwe bassaako omukono?

4. Weetegereze omusomesa ng'asomesa. Ekigambo kya Katonda bakigabana bulungi eri abayizi baabwe? Kiki kye bayinza okukola okulongoosa engeri gye bayanjula essomo? Bawe okulungamizibwa okulungi

5. Weekenneenye "ekibala". Baibuli egamba nti "ebibala" [ebiva mu buweereza] bisobola okulabibwa (Lukka 6:43-44).

   Jjukira: Okwekenenya n'okutereeza ebizibu bulijjo kulina okukolebwa mu kwagala.

OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

   ……
   ……
   ……..

2. Byetaago ki ebibiri ebikulu eby'okutendeka abasomesa?

   ……
   ……..

3. Funza emitendera gy'okuteekateeka okutendeka abasomesa.

   ……
   ……
   ……..

4. Oyinza otya okuwandiisa abayizi mu nteekateeka y'okutendeka abasomesa?

   ……
   ……
   ……
   .

5. Funza ebigobererwa mu ku kukola emisomo gy'okutendeka abasomesa.

   ……
   ……..

6. Funza ebiragiro forplacing abasomesa abatendeke mu kkanisa.

   ……
   ……

7. Laga engeri ttaano ez'okwekenneenya omusomesa.

   ……
   ……
   ……
   ……

(Eby'okuddamu biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

OKWEYONGERA OKUSOMA

Wammanga ky'ekifunza ku ebyo by'oyize mu ssomo lino. Osobola okugikozesa okuteekateeka okutendeka abasomesa:

1. Wandiika ebigendererwa by'enteekateeka yo ey'okutendekebwa:

_____

_____

_____

2. Teekawo ennaku, ebiseera, n'ebifo ku kalenda enkulu ey'omwaka. (Kozesa kalenda okukola kino).

3. Teekawo ebisaanyizo by'okuyingira mu pulogulaamu. Omuntu asaba alina okuba:

-Okubeera omukkiriza eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri.

-Agoberedde ekyokulabirako kya Kristo mu kubatiza mu mazzi.

-Nga ajjuziddwa Omwoyo Mutukuvu.

-Okwetaba mu kusaba kw'ekkanisa buli kiseera (era/oba okuba mmemba w'ekkanisa).

-Okubeera n'erinnya eddungi mu kkanisa ne mu kitundu.

-Okutuukiriza ebisaanyizo bya Baibuli eri abakulembeze.

-Okulaga ebibala by'Omwoyo Omutukuvu n'enneeyisa eringa eya Kristo mu bulamu obwa bulijjo.

4. Okuteekawo omutindo gw'okumaliriza pulogulaamu. Bino bye bimu ku biteeso:

Abasaba balina:

-Okwetaba mu kutendekebwa kwonna okuggyako nga waliwo obulwadde oba embeera ey'amangu ekkiriziddwa omukulembeze w'ekibiina.

-Okumaliriza emirimu gyonna egy'ekibiina.

-Okwegezaa mukusomesa waakiri essomo limu ng'omukulembeze yeetegereza.

5. Okusalawo engeri y'okutendeka abasomesa. Bino bye bimu ku biteeso:

-Okutendekebwa mu bufunze ng'ekitundu kukutendeka okwabulijjo: Singa abasomesa b'ekkanisa basisinkana bulijjo, kozesa ekitundu ku buli lukuŋŋaana okutendekebwa ng'oli mu buweereza.

-Mu ssaawa ya Sunday School: Ekkanisa yo bw'eba erina essaawa ya Sunday School, tendeka abasomesa mu kibiina eky'enjawulo ekyakolebwa mu kiseera kino.

-Okwesomesa: Wa abayinza okusomesa kkopi y'ekitabo kino era bakimalirize mu kwesomesa bokka na bokka.

-Okutendekebwa mu kiro ekimu: Musisinkane ekiro kimu mu wiiki okutendekebwa.

-Okusisinkana okuddiringana: Sisinkana mu nkiiko eziddiriŋŋana okutendekebwa. Okugeza, okuva ku Mmande okutuuka ku Lwokutaano buli wiiki.

-Okutendekebwa mu nkambi: Twala abasomesa mu nkambi okutendekebwa.

-Omu ku omu: Teeka omusomesa alina obumanyirivu okutendeka omusomesa omupya muntu ku muntu.

Okutendekebwa mu bumu: Mpozzi amakanisa agawerako mu kitundu gayinza okwagala okuteekateeka okutendeka okwawamu okwabasomesa bonna ab'eddiini yaabwe mwe bakwatagana olw'okukolagana n'okutendekebwa.

-Okutendekebwa mu maloboozi n'okulaba: Bw'oba olina ebifo eby'okuwulirwa oba vidiyo, kwata okutendekebwa n'okuleka abayizi okusoma nga beetongodde.

6. Londa abakulembeze abagenda okusomesa, ebitundu bye banaasomesa, ne ddi lwe banaasomesa.

Kola ekipande n'emitwe gino wammanga:

Erinnya **Ennaku z'omwezi** **Essomo**

7.Bikozesebwa ki eby'okutendekebwa by'onookozesa?

Erinnya ly'omusomo gw'okutendekebwa: _____

Erinnya/Endagiriro y'Omubuulizi:_____

(Tewerabira...Osobola okukozesa ekitabo kino ekya Harvestime okutendeka abasomesa.)

8. Tegeka embalirira:

Kinaatwala ssente mekka okulanga pulogulaamu eno? $_____

Ebikozesebwa mu kutendekebwa binaagula ssente mekka? $_____

Ensaasaanya endala: $_____

9. Tegeka ennyonyola y'obuweereza ku buvunaanyizibwa eri abasomesa abayinza okubeera abasomesa. Ekyokulabirako ky'oyinza okugoberera:

EKYOKULABIRAKO EKINNYONNYOLA OBUWEEREZA

Omusomesa w'ekibiina ky'abantu abakulu

Omutwe gw'Obuweereza: Omusomesa w'ekibiina ky'abantu abakulu.

Ennyonnyola y'Obuweereza: Omusomesa w'okuyiga Baibuli mu kibiina ky'abantu abakulu ajja kwetwalira obuvunaanyizibwa bwe eri:

-Okuteekateeka n'okusomesa olutuula buli wiiki.

Olunaku_____ Obudde_____ Ekifo_____

-Okuyingiza bammemba abapya okwegatta ku kibiina.

-Okutuukirira abayizi abataliiwo ne bammemba abatakola okuzuula ebizibu, abaweereza, n'okuzbazaawo nga bammemba abakola.

Okuwangula bammemba abatalokolebwa eri Mukama waffe Yesu Kristo.

-Okuweereza ku byetaago eby'omwoyo eby'abakkiriza edda, okubakulembera mu okukula n'okukulaakulana mu by'omwoyo, okubayamba okukola omulimu gw'obuweereza.

-Okukubiriza abayizi mu kibiina okufuuka ekitundu ekitali kya maanyi mu kibiina ky'ekkanisa kyonna.

-Okumaliriza ebiwandiiko by'ekkanisa byonna ebyetaagisa ebikwata ku kibiina kino, eky'okulabirako, okwetabamu mu kibiina, n'ebirala.

Ebyetaago by'omuntu:

-Eyayitibwa Katonda mu buweereza buno obw'enjawulo.

-Okutuukiriza ebisaanyizo by'obukulembeze mu Baibuli.

-Okumaliriza omusomo gw'okutendeka abasomesa oguweebwa ekkanisa eno.

-Obusobozi okuwuliziganya obulungi.

-Mmemba afaayo mu kibiina kino eky'ekkanisa.

-Akkiriziganya n'enjigiriza y'ekkanisa eno.

-Okuwagira era ng'akwatagana n'obukulembeze bw'ekkanisa.

Okwewaayo mu budde:

-Obudde obw'okwetegekera emisomo.

-Obudde bw'enkiiko z'ekibiina bulijjo: Ssaawa bbiri buli wiiki.

-Olukiiko lw'abakozi buli mwezi.

-Ekiseera ky’okukolagana n’abayizi, okukolagana, okugoberera, n’okuweereza abayizi.

10. Okuteekateeka obweyamo bw’omusomesa obw’okwewaayo. Kino kyekyokulabirako ky’olina okugoberera:

OKWEWAAYO KW'OMUSOMESA

Olw’okuba nnafuna Yesu Kristo ng’Omulokozi, nga kati ndi kussa ekimu naye, nkitegedde nti obuweereza obwa Kristo n’ekigambo kye eri abalala kuyitibwa kwa waggulu. Okusinziira ku kusindikibwa ng’omusomesa n’okwesigama ku buyambi n’okulungamizibwa bw’Omwoyo Omutukuvu, nneeyama nti:

- Nzikiriziganya n’ekigambo ky’enjigiriza ky’ekkanisa yange, era sijja kuyigiriza kintu kyonna kikontana nayo.

-Nja kuteekawo obudde buli lunaku okusaba n'okuyiga Baibuli.

-Nja kusaba nnyo abayizi bange okukyuka n’okukula mu by’omwoyo kw’abo abali Abakristaayo.

- Nja kumala ebiseera n’obwesigwa nga ntegeka buli ssomo, era nja kwetegekera mu by’omwoyo nga ntambuza amazima ge nsomesa.

-Nja kuba mwesigwa mu kifo kyange eky'obusomesa mu kkanisa.

-Nja kusomesa mu kibiina okuva mu kigambo kya Katonda, okutumbula okusoma Bayibuli kw'abayizi bange n'okukubiriza okwetaba mu kibiina

-Nja kwetaba n'obwesigwa n'okutumbula obuweereza bw’ekkanisa yaffe, era nja kuwagira ekkanisa mu by'ensimbi ne mu ssaala

-Nja kwetaba mu nkiiko zonna ez’ekkanisa, okuggyako nga nalemesebwa olw’ensonga ezimu.

-Singa olw’ensonga ezimu sisobola kutuukiriza buvunaanyizibwa bwange, nja kwebuuza ku bakulembeze bange era mpeeyo obuvunaanyizibwa obwo bwe kiba nga kyekyetaagisa.

Erinnya: …….. Olunaku:……

ESSUULA EY'EKKUMI N'ETTAANO

ENNYANJULA KU KUBUULIRA

EBIGENDERERWA:

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okunnyonnyola okubuulira.
- Okuzuula ensonga okubuulira kwa Baibuli kwe kulina okussa essira.
- Okunnyonnyola obukulu bw'okwolesa amaanyi ga Katonda ng'obuulira ekigambo.
- Okulaba ebirabula bya Baibuli omukaaga ebikwata ku kubuulira.

ENNYIRIRI ENKULU

> **Kale balikoowoola batya oyo gwe batakkiririzaamu? Era balikiriza batya oyo gwe batawulirangako? Era baliwulira batya awatali abuulira? Era balibuulira batya nga tebatumiddwa? (Abaruumi10:14-15a)**

ENNYANJULA

Essuula eno eyanjula ensonga ekwata ku kubuulira kwa Baibuli. Kinnyonnyola okubuulira, kiraga emitwe gy'okubuulira mu Baibuli, ennyonnyola obukulu bw'okwolesa amaanyi ga Katonda ng'obuulira, era eraga okulabula okuva mu Baibuli okukwata ku kubuulira. Mu ssuula eddako ojja kuyiga engeri y'okuteekateeka okubuulira mu Baibuli.

OKUSOMESA N'OKUBUULIRA

Oyize ennyinnyonyola "y'okusomesa" mu ssuula esooka ey'omusomo guno:

> Okuyigiriza kye kikolwa eky'okulagira abalala. Mulimu okulaga, okulaga, okumanyisa, okugaba okumanya, okutendeka, n'okulungamya emisomo gy'omulala.

Eno yennyinnyonyola "y'okubuulira:"

> Okubuulira kye kikolwa eky'okuwa emboozi [okubuulira oba okwekenneenya okutegekeddwa ku ssomo] ekiragirira abalala mu ngeri entongole.

Okubuulira n'okuyigiriza bifaanagana, mu ngeri nti byombi bibuulira amazima agali mu Kigambo kya Katonda eri abalala. Ojja kuyiga mu ssuula eddako nti okuteekateeka okubuulira kufaananako n'okuteekateeka essomo ly'okusomesa. Naye okubuulira n'okuyigiriza ebiseera ebisinga byawukana mu ngeri z'okuyigiriza ezikozesebwa n'engeri y'okutuusaamu obubaka.

OKUGATTA OKUBULIRA N'OKUSOMESA

Okubuulira Enjiri mu ngeri ennungi kugatta okubuulira n'okuyigiriza. Yesu yayigiriza era yabuulira:

> **Yesu n'atambula mu bibuga byonna n'ebyalo byonna ng'ayigiriza mu makuŋŋaaniro gaabwe. n'okubuulira Enjiri y'Obwakabaka, n'okuwonya buli bulwadde n'abakonzibye bonna. (Matayo 9:35)**

(Laba ne Matayo 4:17, 23; 9:35; 11:1,5; Makko 1:14,38-39; 2:2; Lukka 4:43-44; 9:6; 20:1; 1 Peetero 3:19; 4:6).

Ekimu ku mirimu gya Yesu emikulu kwe kubuulira:

> **Omwoyo wa Mukama ali ku nze, kubanga yanfukako amafuta okubuuliram enjiri eri abaavu...okubuulira okununulibwa eri abasibe...okubuulira... omwaka gwa Mukama ogukkirizibwa. (Lukka 4:18-19)**

Yesu yafa okusobola okubuulirwa okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi:

> **N'abagamba nti Bw'atyo bwe kyawandiikibwa, era bwe kityo bwe kyagwanidde Kristo okubonaabona: n'okuzuukira mu bafu ku lunaku olw'okusatu; Era nti okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi bisaana okubuulirwa mu linnya lye mu mawanga gonna, okutandika ne Yerusaalemi. (Lukka 24:46-47)**

OKUTUMIBWA OKUBUULIRA

Abayigirizwa abo Yesu yabawa obuvunaanyizibwa okubuulira:

> **Era n'ateekawo kkumi na babiri, babeere naye, era alyoke abasindike okubuulira. (Makko 3:14)**

> **Era bwe mugenda, mubuulire nga mugamba nti Obwakabaka obw'omu Ggulu busembedde. (Matayo**

> **10:7) (Laba ne Matayo 10:27; Lukka 9:2, 60).**

Ekigendererwa ky'ekkanisa eyasooka kyali kya kubuulira Njiri eri abo abaali tebannagiwulira:

> **Era n'okubuulira enjiri mu bifo ebiri ewala okusinga mmwe, era obuteenyumiriza mu nsalo ey'abalala olw'ebyeteeseteese. (2 Abakkolinso 10:16)**

Okufaananako n'okuyigiriza, okubuulira tekwakoma ku mbeera ya kkanisa entongole yokka:

> **Era buli lunaku mu yeekaalu ne mu buli nnyumba, tebaalekera awo kuyigiriza era okubuulira Yesu Kristo. (Ebikolwa 5:42)**

Okubuulira tekwakoma ku basumba oba baweereza abaweereza obudde bwabwe bwonna mu kkanisa. Abakkiriza mu kkanisa eyasooka basaasaana olw'okuyigganyizibwa.

...abo abaali basaasaanye ebweru baagenda buli wamu nga babuulira Ekigambo. (Ebikolwa 8:4) (Laba ne Ebikolwa 11:19-20).

Nga abakkiriza, era tuweereddwa omulimu gw'okubuulira Enjiri eri amawanga g'ensi:

Era Enjiri eno ey'Obwakabaka ejja kubuulirwa mu nsi yonna okuba obujulirwa eri amawanga gonna; awo enkomerero y'erijja. (Matayo 24:14)

Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri buli kitonde. (Makko 16:15)

ESSOMO LY'OKUBULIRA

Okufaananako n'okuyigiriza, bulijjo okubuulira kulina okwesigama ku Kigambo kya Katonda. Okugeza mu kubuulira kwa Peetero mu Bikolwa 2, 12 ku nnyiriri 23 zaali zijuliziddwa okuva mu Byawandiikibwa eby'Endagaano Enkadde.

Okubuulira kwa Baibuli kulina okussa essira ku:

OKWENNEENYA N'OKUSONYIYIBWA EBIBI:

Era nti okwenenya n'okusonyiyibwa ebibi bisaana okubuulirwa mu linnya lye mu mawanga gonna, okutandika ne Yerusaalemi. (Lukka 24:47)

Ne bafuluma, ne babuulira abantu okwenenya. (Makko 6:12) (Laba ne Ebikolwa 13:38; 14:15).

ENJIRI Y'OBWAKABAKA BWA KATONDA:

Era Enjiri eno ey'Obwakabaka ejja kubuulirwa mu nsi yonna okuba obujulirwa eri amawanga gonna; awo enkomerero y'erijja. (Matayo 24:14) (Laba ne Matayo 9:35; 11:5; Makko 1:14; 16:15; Lukka 4:18; Ebikolwa 8:12; 14:7,21; 16:10; 20:25; Abaruumi 1:15; 15:19-20; 1 Abakkolinso 15:1; 2 Abakkolinso 2:12; 10:14; 11:7; Abakkolosaayi 1:23; 1 Abasessaloniika 2:9).

OKUZUUKIRA KW'ABAFU

...yabuulira okuyita mu Yesu okuzuukira okuva mu bafu. (Ebikolwa 4:2) (Laba ne Ebikolwa 17:3, 18).

EKIGAMBO KYA KATONDA:

Amangwago bangi ne bakuŋŋaana, ne batabaawo ekifo eky'okubasembeza: N'abuulira Ekigambo gye bali. (Makko 2:2)

